EBY'OKUYIGA MU

SSOMERO LYA SSABBIITI

ERYA'BAKULU

Kasambula (July)

Muwakanya (August)

Mutunda (September) 2026

# 1 NE 2 BAKKOLINSO



Ettendo

www.ettendo.org

**EBY'OKUYIGA MU SSOMERO LYA SSABBIITI ERY'ABAKULU**

*Kasambula (July), Muwakanya (August), Mutunda (September) 2026*

# 1 NE 2 BAKKOLINSO

bya Adenilton T. de Aguiar

## Ebirimu


1 **Obuweereza bwa Pawulo mu Kkolinso**......................*(June) 27– (July) 3*

2 **Ekigambo ky'Omusaalaba**..........................*Kasambula (July) 4-10*

3 **Obumu mu Kristo**....................................*Kasambula (July) 11-17*

4 **Ekibi mu Kkanisa**....................................*Kasambula (July) 18-24*

5 **Byonna olw'Ekitiibwa kya Katonda**.............*Kasambula (July) 25-31*

6 **Ebirabo by'Omwoyo**..................................*Muwakanya (August) 1-7*

7 **Ekifaananyi ky'Okwagala**..........................*Muwakanya (August) 8-14*

8 **Amaanyi g'Okuzuukira kwa Kristo**..........*Muwakanya (August) 15-21*

9 **Obuweereza Obutambulira ku Kwagala**........*Muwakanya (Aug) 22-28*

10 **Obuweereza bw'Ekikristaayo Obutuufu**....................*Aug 29- Sept) 4*

11 **Obuwanika n'Omulimu**..........................*Mutunda (September) 5-11*

12 **Okwaŋŋanga Abayigiriza Ab'obulimba**................ *Mutunda 12-18*

13 **Ekisa, Okwagala, n'Okukuuŋaana**........ *Mutunda (September) 19-25*



**Abavvuunuzi:**
Kyebaatala John S. Kyewalyanga (JEV Language Translation)-0776381365
Ne Pr. Moses Tamukedde

**Ababifulumizza mu Kyapa:**
Upper Nile Press

## Ekinyusi ky'Obulamu Obukristaayo n'Okuweera Obujulirwa

Okuwandiika amabaluwa kimu ku bikolwa eby'edda ennyo ebitadibiziddwa [yadde nga emirembe gikyuse nnyo]. Tukyusizzaamu bukyusa mu ngeri amabaluwa gye tugawandiikamu. Kituufu. Emikutu emigatta bantu gyasukkulumako ku mpapula. Wabula, mu butuufu obubaka bw'oku mitimbagano (emails) n'engeri endala ez'amabaluwa ag'oku byuma bikalimagezi bikola omugaso gwe gumu: bigatta abantu nga bitambuza amawulire, enneewulira, awamu n'endowooza z'abantu.

Abantu lwaki bawandiika amabaluwa? Eky'okuddamu mpozzi kyandibadde nti-kubanga galina kye googera. Bwe kityo bwe kyali ne ku mutume Pawulo. Wadde yalina bingi nnyo eby'okwogera, ssi bulijjo nti yalina omukisa okulaba maaso ku maaso abo be yayagalanga okwogera nabo.

Bw'atyo kye yakola kwe kuwandiika amabaluwa—okugeza, eri Abakkolinso, agaalimu agamu ku mazima agasinga obukulu mu Byawandiikibwa byonna. Agamu ku go ge gano: "[2]Kubanga nnamalirira obutamanya kigambo mu mmwe, wabula Yesu Kristo era oyo eyakomererwa" *(1 Kol. 2:2)*, ne "[9]Kubanga mutegeera ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo, nti bwe yali omugagga, naye n'afuuka omwavu ku lwammwe, obwavu bwe bulyoke bubagaggawaze mmwe" *(2 Kol. 8:9)*. Yogera ne ku luyimba lw'omukwano olunyuvu oluli mu 1 Bakkolinso 13!

Ku mukono guli, buli asoma amabaluwa ga Pawulo ge yawandiikira Abakkolinso, awatali kubuusabuusa, ajja kusoberwa, ssi lwa bizibu ebinene ebyali mu kkanisa nga obwenzi—naye era n'olw'okwerumaaluma okwava mu kwesalaasalamu okwekisirusiru mu bammemba b'ekkanisa. Ggwe bw'obeera awo n'olowooza nti ekkanisa yo y'esinga okuba n'ebigisoomooza, weetegeke okulaba entuumu y'okukyokyolikana okwali mu Kkolinso Pawulo kwe yalina okukolako. Ob'oly'awo ebizibu by'ekkanisa y'ewammwe ssi binene nnyo nga bw'oyinza okubirowoozaako! Bw'etaabe ntaanya, bw'onoosoma ku miteeru egyali mu Kkolinso, ojja kulaba nga ggwe egigyo biwero.

Yadde ebizibu mu Kkolinso byali bibi ekyenkaniddde awo, amabaluwa agaawandiikirwa Abakkolinso gakwata obuwuffu bwaffe, ssi lwa kubeera bizibu byabwe naye wabula olw'engeri ey'essalira Pawulo gy'akwatamu ensonga zino. Ng'akubiriza bammemba b'ekkanisa okwekubamu ttooci mu nneeyisa yaabwe n'obuwangwa obwali bubeetoolodde,


mu musana gw'enjiri ya Yesu Kristo, asitula ekigambo ky'omusaalaba. Okukozesa ebigambo bya Pawulo byennyini [bye yakozesa] awalala, ekigera ekirala kyonna ekya wansi ko okusinga enjiri kya kutwalibwa nga "ekikolimo" *(Bag. 1:8, 9)*.

Mu biseera bya Pawulo, Kkolinso kyali kimanyiddwa olw'obugagga bwakyo n'obusuubuzi obw'amaanyi, na ddala olw'okuba nti kyali ku mwalo, [abatuuze baakyo] baalina obukugu mu kuzimba awamu n'okukola amaato, kw'ossa n'okubumba. Ekibuga kino kyali kifo kikulu nnyo mu by'enfuna. Kyokka wadde byali bityo, ekibuga kino kyamanyibwa nnyo olw'okwejabaata kw'abatuuze baakyo mu bikolwa eby'obwenzi, okukyokyolikana olw'eby'eddiini, ssaako amasabo ga balubaale ab'engeri ennyingi, [nga buli omu yazimbirwa eririye]. Mu butuufu, obulamu obwa bulijjo mu Kkolinso bwali bwajjula okusinza ebifaananyi okwekyeyonoonere. Ebyafaayo bino eby'obuwangwa bituyamba okutegeera ensonga za Pawulo ezisinga obukulu ku bulamu bw'Abakristaayo mu kibuga ekyo era, n'okukoowoola kwe gye bali.

*Kwota* eno, tugenda kwetegereza amabaluwa ga Pawulo eri Abakkolinso. Mu bitabo bino ebibiri ebikulu mu Ndagaano Empya, omutume aleeta obubaka bw'enjiri nga ekinyusi ky'obulamu obw'ekikristaayo n'okujulira okubeera minzaani entuufu epimirwako ebintu byonna. Ssi nsonga okusoomooza kutujjira kinnoomu oba ng'ekibiina mu lugendo lwaffe olw'omu ggulu, eky'okuddamu eri ensonga ezisinga okumeza kanzunzu mu kukola kwaffe ku lwa Kristo ky'ekimu nga bwe kyali n'eri Abakkolinso: "[2]...Yesu Kristo era oyo eyakomererwa"! *(1 Kol. 2:2)*.

Yesu akomawo mangu nnyo. Kino ky'ekiseera eky'okwongera okubeera obumu mu Kristo, eky'okubeera abaggule eri Omwoyo Omutukuvu nga bwe kitabangawo, eky'okukozesa ekinnawadda ebirabo by'Omwoyo Omutukuvu, weppo n'okwongera okulaba mu ngeri enzigumivu, Mukama waffe eyazuukira. Ky'ekiseera ky'omulimu gw'Ekikristaayo omwesimbu okukolebwa, nga twenyigira mu buwanika awamu n'obuweereza obulala, okulwanyisa enjigiriza enkyamu, okukula mu kwagala, awamu n'okukuuŋaana. Kino ky'ekiseera eky'okunywera n'okubeera abeesigwa eri obubaka bw'omusaalaba, era amabaluwa ga Pawulo eri Abakkolinso ekyo kye gatuyigiririza ddala okukola.

*Adenilton Tavares de Aguiar, PhD, pulofeesa w'Okutaputa Endagaano Empya ku Ttendekero li Northeast Adventist College mu kibuga Cachoeira, Bahia, eky'omu Brazil, eyo gy'aweererezza okuva mu 2010.*



# Obuweereza bwa Pawulo *mu* Kkolinso

SSABBIITI OLW'EGGULO

**Soma olw'Eky'okuyiga kya Wiiki Eno:** *1 Kol. 1:1, Bag. 1:1, Bik. 17:16 34, 1 Kol. 5:9–11, Bik. 18:4–10, 2 Kol. 2:4.*

**<u>Olunyiriri olw'Okujjukira:</u> "[9]Mukama waffe n'agamba Pawulo ekiro mu kwolesebwa nti, 'Totya naye yogeranga, tosirikanga, [10]kubanga nze ndi wamu naawe; so tewali muntu anaakulumbanga okukukola obubi: kubanga nnina abantu bangi mu kibuga muno' "** *(Bikolwa 18:9, 10).*

Omuminsani omukulu Omungereza, William Carey yakyogeranga lunye nti yalongoosanga ngatto okufuna ekigulira magala eddiba, naye nga omulimu gwe omukulu gwalinga gwa kuwangula myoyo. Mu ngeri y'emu, Pawulo naye yakolanga gwa buzimbi bwa zi weema mwe yaggyanga ejjamba *(Bik. 18:1–3)*, naye nga omulimu gwe omutuufu gwali gwa kuwangula bantu eri Kristo.

Wiiki eno, tugenda kubagulizibwako ku buweereza bwa Pawulo eri ekkanisa mu kibuga ky'e Kkolinso. Ekkanisa, nga bwe tunaalaba, yali ejjudde ebizibu, bingi ebitaali bya njawulo ku ebyo amakanisa gaffe bye geesangamu leero, kumpi oluvannyuma lw'emyaka enkumi bbiri nnambirira. Ekituufu kiri nti, omuntu yenna amaze akabanga mu ddiini ey'Ekikristaayo, oba eyali yeenyigiddeko mu buweereza bw'ekkanisa, ayinza okwebuuza ekibuuzo kino: Waliyo ekibiina ky'Abakristaayo kyonna ekitalina buzibu bwonna? Eky'okuddamu kya lwatu, era kyeyoleka bulungi.

Pawulo ayolekagana n'okusoomoozebwa mu Kkolinso, naye akikola n'ekigambo ky'Omusaalaba (1 Kol. 2:2). Obwesigwa eri ekigambo kino y'engeri era naffe gye tulina okwolekaganamu n'okusoomoozebwa kwe tufuna leero. Nga bwe tunaalaba wiiki eno, ne mu *kwota* yonna, obubaka bwa 1 ne 2 Abakkolinso bukwatira ddala ku bulamu bwaffe.

**Yiga eky'okuyiga kya wiiki eno weetegekere Ssabbiiti nga Kasambula 4.*

## Pawulo, Omutume wa Yesu Eyayitibwa Katonda

Pawulo atandika ebbaluwa ye eri Abakkolinso nga yeeyanjula nga omutume wa Yesu, eyayitibwa "olw'okwagala kwa Katonda" *(1 Kol. 1:1; geraageranya ne 2 Kol. 1:1)*. Okumatizibwa kwe okwa ki ky'ali mu kugeraageranya ne Yesu kunywevu nnyo nti, okuggyako mu bifo ebitonotono, bw'ati bw'atandika amabaluwa ge gonna.

**Soma 1 Bakkolinso 1:1 ne Baruumi 1:1. Bintu ki ebibiri mu buweereza bwa Pawulo ebikkaatirizibwa mu bitundu bino?** *(Laba ne Bag. 1:1.)* ______________________________

Pawulo ayogera ku kuyitibwa kwe n'obutume bwe nga okutuukiriza kw'ekyo Katonda ky'ayagala. Mumativu ddala nti okuyitibwa kwe tekwava mu bantu, wabula eri Katonda *(Bag. 1:1)*. Okufaananako Yeremiya, Pawulo yayitibwa Katonda okuviira ddala mu nda ya nnyina *(Yer. 1:5)* ng'ekikolwa ky'ekisa kya Katonda *(Bag. 1:15)*, abuulirenga enjiri ya Kristo eri Abaamawanga.

Mu 1 Bakkolinso 15:8, Pawulo yeetwalira mu abo Kristo be yalabikira oluvannyuma lw'okuzuukira *(1 Kol. 15:5–7)*. Ennyiriri nga ziizo oluvannyuma lw'awo, ategeeza nti okuyitibwa kwe okubeera omutume kwali mu nsisinkano ye ne Yesu *(1 Kol. 15:9–11)*.

Ekitiibwa "Omutume wa Yesu" kirimu emiramwa nkuyanja. Mu ngeri ennyangungu kirimu ensonga y'omuntu oyo Yesu gw'atuma. Wadde kiri kityo, Pawulo era akozesa ebigambno bino by'ebimu okweraga nga omuddu wa Kristo *(Bar. 1:1, Tito 1:1, Bag. 1:10)*, nga omubuulizi era omuyigiriza *(1 Tim. 2:7, 2 Tim. 1:11)*. Oba nga abuulira oba nga asomesa, bulijjo Kristo bwe bukakafu. Mu bumpimpi, Pawulo mutume wa Yesu.

Yesu si kyokka nti y'entabiro y'obutume bwa Pawulo; y'entabiro era ey'obulamu bwe bwonna. Ebirowoozo bya Pawulo awamu n'enneewulira ye byali byajjuzibwa okubeerawo kwa Yesu. Obukakafu bw'eky'amazima kino buli mu kubeera nti ajuliza Yesu omuddiriŋŋanwa mu kuggulawo, ne mu bitundu by'okwebaza ebya 1 Bakkolinso (emirundi Mwenda mu nnyiriri mwenda). Pawulo yayagala nnyo Yesu nti yali tayinza na kulekera awo kumulowoozaako yadde okumwogerako. Yayagalanga okugabana Yesu n'abo be yalabiriranga, okubeera nga nabo obulamu bwabwe bwetooloolera ku Yesu. Wadde yali yayitibwa kubeera mutume, [bali bbo] baali baayitibwa kubeera bagoberezi ba Yesu abeesigwa mu ngeri zaabwe zonna Mukama ze yabayitiramu.

**Pawulo yayitibwa kubeera mutume. Ggwe okuyitibwa kwo kwe kuli wa? Bw'oba olowooza nti ggwe tolinaayo na kumu, kiki ekiyinza okubeera ensonga mu kutambula kwo ne Katonda?**

## Okuva mu Asene Okudda mu Kkolinso

**Soma Bikolwa 17:16–34. Pawulo yali wa nga tannagenda Kkolinso, era kiki kye yakolayo?**

---

Bikolwa 17:16–34 woogera ku kubuulira kwa Pawulo eri Abaasene nga tannagenda Kkolinso. Eky'amazima kiri nti teyateekateeka kukyala mu Asene mu kiseera ekyo, wabula yagendayo ng'ayambibwako egimu ku mikwano gye olw'okuziyizibwa kwe yasisinkana e Bereya *(Bik. 17:13–15)*.

Abo abaagenda ne Pawulo mu Asene baakomawo e Bereya nga balina ekiragiro eri Timoseewo ne Siira okumwegattako bunnambiro *(Bik. 17:15)*. Bikolwa 17:16–34 wakwata ku ki Pawulo ky'akola ng'akyabalinda. Ng'ali mu Sinagooga, mu katale, awamu ne mu bisaawe ayogera ku Yesu. Mu butuufu nga tayinza kulekera awo kwogera ku Yesu era yakozesanga buli mukisa gwe yafunanga okukikola.

**Soma Bikolwa 18:1–11. Kiki Pawulo ky'akola ng'atuuse e Kkolinso era ne mu kiseera kyonna kye yamala mu kibuga ekyo?**

---

Pawulo yagenda e Kkolinso we yabeerera ku lugendo lwe olw'obuminsani olw'okubiri. Lukka atutegeeza nti Pawulo eno yamalayo omwaka mulamba n'ekitundu.

Nga bulijjo, Pawulo emirimu gye egy'obuminsani yagitandikira mu Sinagooga *(Bik. 18:4–6)*. Bikolwa 17:1, 2 wakikoonako nti eno y'eyali empisa ye. Yagobereranga enkola ya "okusookera ku Bayudaaya" *(Bar. 1:16, Bik. 13:46)*, nga Yesu bwe yalagira abatume be *(laba Bik. 1:8)*.

Oluvannyuma Siira ne Timoseewo nga bamaze okumwegattako e Kkolinso, "5...Pawulo n'awalirizibwa ekigambo, ng'ategeeza Abayudaaya nga Yesu ye Kristo" *(Bik. 18:5)*. Mu kiseera kye yamala e Kkolinso, yali *bbize* "11...ng'ayigirizanga ekigambo kya Katonda" *(Bik. 18:11)*. Mu mbeera bw'etyo mwe yayogerera ebigambo ebyo ebyatiikirivu nti yali mumalirivu "obutamanya kigambo" mu Bakkolinso, okuggyako "Yesu Kristo era oyo eyakomererwa" *(1 Kol. 2:2)*.

**Kiki kye tuyinza okuyigira ku mirimu gya Pawulo egy'obuminsani mu Asene ne Kkolinso ku nkozesa ya buli mukisa okugabana Yesu n'abalala? Tugikozesa tutya?**

# Ekibuga ky'e Kkolinso

**Soma Bikolwa 18:1–3, 1 Bakkolinso 5:9–11, ne 1 Bakkolinso 8:4. Kiki kye tuyinza okulaba ku bulamu bwa Kkolinso obw'eby'enfuna, enneeyisa awamu n'eby'eddiini?** ______________________

Kkolinso kyali kibuga kikulu nnyo mu nsi ey'edda era kyayatiikirira nnyo olw'eby'ensuubulagana ebyali bitinta. Ekibuga kino kyakubibwa Rooma mu 146 B.C. kyokka ne kizimbibwa buto Julio Kayisaali ne kifuuka kitundu ku ttwale lya Rooma mu mwaka 44 B.C. Kkolinso ono Omurooma y'ayogerwako mu Ndagaano Empya. Mu kiseera kya Pawulo, Kkolinso kyali kimu ku bivuganya ne Asene era nga kyali kikikira mu ngeri nnyingiko. Kkolinso kyalina emyalo ebiri emikulu ennyo ekyaleetera eby'ensuubulagana okubeera ebyangu; weewaawo n'okukulaakulana kw'obusuubuzi ne kuba nga kuseereza ligenda mugga.

Mu butuufu, Pawulo yalondawo Kkolinso olw'okubeera obukulu bwakyo weppo ekifo mwe kyali, ekyali eky'enkizo. "Omukisa bwe gutyo ne gulabibwa olw'okubunya enjiri. Nga enywezeddwa e Kkolinso, enjiri yandibadde nnyanguko okubuulirwa mu bitundu ebirala."—Ellen G. White, *Sketches From the Life of Paul*, omuko 99.

N'ekirala, obusuubuzi obwali butinta e Kkolinso bwali bwa kwanguyizaako Pawulo okweyambayamba ng'akola era nga atunda weema ze, ng'eno bw'abuulira enjiri mu kibuga ekyo *(Bik. 18:2, 3)*. Kya lwatu, omulimu gw'enjiri mu kibuga ekinene ekigagga tegubulamu bisoomooza. Kkolinso yali emanyiddwako amadiini aga buli kika *(1 Kol. 8:5)*, nga kisinga kulabirwa ku masabo amangi agaali mu kibuga kino, agaazimbibwa olw'okusinza balubaale nga Apollo, Asena, Afuloddito, n'abalala; ssaako ne balubaale b'Abamisiri nga Sarapisi ne Isis.

N'ekirala, okwongereza ku kutabukatabuka kuno okw'amadiini, Kkolinso era kyali kimanyiddwa nnyo olw'ebikolwa by'obwenzi ebyali eby'ekyeyonoonere. Strabo, munnajoogulaafiya era munnabyafaayo agamba nti [mu Kkolinso] mwalimu bamalaaya abawonge 1,000 nga baaweebwayo olw'okusinza Afuloddito mu yeekaalu ye [mu kibuga kino]. Wadde abayizi bangi kino bakiraba mu kusuubiriza era ne bakwataganya ekyogerebwa kino ku wolokoso wa Asene [gwe kyakolanga] ku Kkolinso, obwamalaaya obw'ekyere bwali baanabaliwo mu nsi eyo ey'edda. Obwenzi kyali kizibu kya maanyi mu Kkolinso, era nga bwe kiri n'awalala. Okusinza ebifaananyi n'obugwenyufu byali kitundu ku bulamu obwa buli lunaku era amazima gano ag'ennaku gannyonnyola kinene ku biwandiikiddwa mu Bakkolinso Ekisooka n'Eky'okubiri.

**Mu kukola kwe okw'obuminsani mu Kkolinso, Pawulo yasisinkana okusoomooza kw'ekitundu ekijjudde okusinza ebifaananyi awamu n'okwejabaata. Kusoomooza ki mu mbeera ya leero okuyinza okukifuula ekizibu okubuulira enjiri? Tuyinza tutya okukuwangula? Njawulo yenkana wa, bw'ebaawo, eri wakati wa Kkolinso n'ebibuga eby'ensangi zino?**

## "Bangi mu Kibuga Kino"

**Soma Bikolwa 18:4–8. Biki ebyava mu kubuulira kwa Pawulo?**

______________________________________________________________

Okukola kwa Pawulo mu Bayudaaya e Kkolinso tekwalaba bibala bingi nga bwe yali ayagadde. Yayolekagana n'okuziyizibwa [kungi] era yakyayibwa nkumu. Bayibuli egamba nti "[6]baamutangira ne bamuvuma" *(Bik. 18:6)*. Ekyo ekyogerwako mu kigambo [ekikolwa] eky'Oluyonaani *blasphçmeô* ("okuvuma") bw'abeera muntu, kitegeeza "kujolongwa" oba "okuttirwa erinnya." Mu bigambo ebirala, baagenderera okulinnyirira n'okusaaba erinnya lya Pawulo ettoomi bamulemese okuwangula mu kufuba kwe kwonna okw'ekiminsani.

Eky'omukisa omulungi, omulimu gwa Pawulo mu zi sinagooga z'e Kkolinso tegwagwa butaka. Okusooka kwa byonna, Katonda y'eyali mu mitambo gy'omulimu gwe. Yasuubiza nti, "[11]...ekigambo kyange ekiva mu kamwa kange: tekiridda gye ndi nga kyereere" *(Isa. 55:11)*. Abayudaaya abamu tebaasuubira nti Kirisipo, Omukungu mu sinagooga, awamu n'ab'enju ye baali basobola okukkiriza Yesu nga Masiya ne babatizibwa n'okubatizibwa *(Bik. 18:8)*. Ssi bano bokka, naye "n'Abakkolinso [abalala] bangi bwe baawulira ne bakkiriza ne babatizibwa" *(Bik. 18:8)*, okusingira ddala mpozzi olw'okulabira ku Kirisipo ono.

**Soma Bikolwa 18:9, 10. Kiki kye tuyinza okulaba mu nneewulira ya Pawulo mu maaso g'ebisoomooza mu Kkolinso? Katonda yazzaamu atya omuweereza we ono amaanyi?** ______________________

Amangu ddala nga Pawulo yaakafuluma mu sinagooga, waliwo ekyamubaako ekyamuzzaamu amaanyi ebitagambika. Kristo mwene yamweyoleka mu kwolesebwa ekiro ekyo, ng'ayogera ebigambo ebijjukiza Isaaya 41:10 nti: "[10]Totya, kubanga nze ndi wamu naawe." Mu butuufu, Pawulo akkiriza nti yali mu "[3]...bunafu ne mu kutya ne mu kukankana okungi" *(1 Kol. 2:3)*. Ekyali kyamubombya n'ayabulira Bbereya alyoke agende mu Asene byali bintu kumpi by'ebimu; kuwakanyizibwa ng'abakikola balumye n'ogw'engulu. Alabika ng'eyalowooza nti nate yali wa kwetegula Kkolinso olw'ensonga z'ezimu, anti munnange ssemusota gwali gukulumye bw'ogulaba odduka! Naye kino ssi bwe kyali eky'okubeera ku mulundi guno. Yesu yamugamba: "[10]...Nnina abantu bangi mu kibuga muno" *(Bik. 18:10)*. Era nga [Pawulo ono] y'eyali ekikozesebwa kye okutwala amawulire g'obulokozi gye bali.

**Soma Isaaya 41:10. Bisuubizo ki ebirungi okuzaama ebiweebwa mu kitundu kino ekimpimpi? Bino bigwanye kukola bitya ku bulamu bwo obwa buli lunaku?**

## Ebbaluwa za Pawulo eri Abakkolinso

**Soma 1 Bakkolinso 1:11–13; 1 Bakkolinso 4:14; 1 Bakkolinso 5:11; 1 Bakkolinso 7:1; ne 1 Bakkolinso 14:37, 40. Era soma ne 2 Bakkolinso 1:12, 2 Bakkolinso 2:9, 2 Bakkolinso 11:3, ne 2 Bakkolinso 13:10. Ebitundu bino byonna bituyamba bitya okutegeera lwaki Pawulo yawandiika ebbaluwa zino eri Abakkolinso?** ________

Pawulo yali mu Efeeso we yawandiikira 1 Bakkolinso *(1 Kol. 16:5–9)*. Ng'ali eno, ab'enju ya Kuloowe bajja qy'ali ne bagamufuuwa nti embeera eyali ewaboobwe, mu Kkolinso yali tewoomya nakabululu *(1 Kol. 1:11)*. Mu 1 Bakkolinso 1–6, Pawulo yakolerawo ku nsonga eno ab'ewa Kuloowe gye baamutegeezaako, anti k'onooweeka tokalinda kusaaba ttaka. Ebizibu byayo mwalimu okwesalaasalamu, obwenzi, okudwadwalikanira mu mbuga z'amateeka, awamu n'obwa *nneeko* [obwa malaaya]. Pawulo yafunayo ebbaluwa endala ng'erimu ebibuuzo eby'essalira *(1 Kol. 7:1)*. Okwanukula kwe kujjuza ekitundu kyonna okuva ku ssuula ey'omusanvu okweyongerayo. Ebibuuzo byali byekuusa ku bufumbo, okwawukana, obutawasa, eby'okulya ebiweereddwa eri ebifaananyi, ennecyisa mu kusinza, enkozesa y'ebirabo by'omwoyo, n'entegeera enkyamu ku kuzuukira. Ekkanisa y'e Kkolinso yalina ebizibu ssi bya kuno, era nga erimu *oluto* lungi. Mpozzi n'ekkanisa y'omu kitundu kyo nayo yandiba nga enjawulo kufaanagana! Naye ekituufu kiri nti, ekkanisa y'e Kkolinso yali bubi nnyo ekiteetaagisa!

Ebbaluwa ya Pawulo eyasooka nkulu nnyo ne mu kiseera kyaffe leero. Ndaba era, mu ngeri emu oba endala, twolekagana n'ensonga z'ezimu mu makanisa gaffe leero! Ebbaluwa eno erina bingi by'etubuulira. "Y'emu ku bbaluwa ze ezisinga okuba engagga, ezisingamu obulagirizi, era ezisinga okuba ez'omuzinzi."—Ellen G. White, *The Acts of the Apostles*, omuko 301.

Pawulo yandiba nga yawandiika amabaluwa asatu oba ana eri Abakkolinso *(geraageranya ne 2 Kol. 10:9)*. Alina ebbaluwa gye yasooka okuwandiika nga tannawandiika 1 Bakkolinso *(1 Kol. 5:9)*, naye eno yabula. Nga tannawandiika 2 Bakkolinso, era alina endala gye yawandiika abayizi [ba Bayibuli] gye boogerako nga "enkaawu" *(2 Kol. 2:3, 4, 9; 2 Kol. 7:8)*, kyokka eno nayo yabula. Abamu balowooza n'okulowooza nti abeera asonga ku 1 Bakkolinso, oba nti ebbaluwa eno (mu bitundu) eri mu 2 Bakkolinso.

Mu 2 Bakkolinso, tukiraba nti bammemba b'e Kkolinso baali batwalibwa nnyo obuwangwa obwali bubeetoolodde. Baasanyukiranga nnyo ebintu nga okusindana, obuyinza, n'obugagga; ebintu ebisobolera ddala okusoomooza ekkanisa yaffe n'olwa leero. Mu ngeri endala, Pawulo yanoonya okutondawo obuwangwa obwetooloolera ku Kristo, engeri y'okulabamu ensi nga bayita mu kirawuli ky'enjiri. Nga kya nsonga naffe okulaba ensi ey'ekiseera kino nga tukozesa gaalubindi z'enjiri!

**Ddamu osome 2 Bakkolinso 2:4 nate. Ekyo kitubuulira ki ku ngeri Pawulo gye yafangayo eri abantu bano? Mu kukontanya, emitima gyaffe giyinza kuba mibi gitya eri abalala?**

## Okwongera Okulowooza:

Ellen G. White, "Corinth," ku miko 243–254, mu *The Acts of the Apostles*.

"Ng'abuulira enjiri mu Kkolinso, omutume ono yagoberera engeri ey'enjawulo okuva kw'eyo eyayolesebwa mu kukola kwe mu Asene. . . . yamalirira okwewala enkaayana ez'okunnyonnyola awamu n'okukubagana empawa, era 'obutamanya kintu kirala kyonna' mu Bakkolinso 'wabula Yesu Kristo yekka, era oyo eyakomererwa.'"—Ellen G. White, *The Acts of the Apostles*, p. 244.

"Pawulo alina obuvanguzi bwe yatuukako kko," naye "yabuusabuusa amagezi g'okuzimba mu bikozesebwa bye yasangayo. Yalowooza ku Kkolinso ng'ennimiro eyaliko akabuuza akanene, era n'amalirira okujaamuka nti awannyu we waawo!

"Aba ateekateeka okwabulira ekibuga kino agende mu nnimiro esinga okulabika ng'eneevaamu akalungi, . . . Mukama kwe kumulabikirira mu kwolesebwa okw'ekiro n'amugamba nti 'Totya naye yogeranga,. . . "kubanga. . .nnina abantu bangi mu kibuga muno.' Pawulo yakitegeera nti kino kyali kiragiro gy'ali okusigala mu Kkolinso era bwali bukakafu nti Mukama yali wa kumuwa omukisa mu nsigo gye yali asize. . . .Ekkanisa ennene bw'etyo n'ewandiisibwa wansi wa bendera ya Yesu Kristo."—Ellen G. White, *Sketches from the Life of Paul*, emiko 106, 107.


"Kiri mu buwandiike nti Pawulo ono yakolera omwaka mulamba n'emyezi wagindaba mukaaga mu Kkolinso. Okufuba kwe, wabula, tekwali kwa mu kibuga ekyo mwokka. . . . yafuula bufuuzi Kkolinso ekitebe. . . . Amakanisa amalala mangi bwe gatyo bwe gaateekebwawo. . . . Okubulawo kwa Pawulo okuva eri amakanisa ge yalabiriranga kwaweweezebwako olw'empuliziganya ezaali ez'omuzinzi era nga za maanyi, ezaatwalibwanga okubeera Ekigambo kya Katonda. . . . amabaluwa gano ge gaasomwanga mu makanisa ago."—Ellen G. White, *Sketches from the Life of Paul*, omuko 109.

**Ebibuuzo eby'Okukubaganyaako Ebirowoozo**

**1. Pawulo yali mumativu nti yali mutume wa Yesu, era nti okuyitibwa kuno kwali kwava wa Katonda. Lwaki kikulu nnyo okumanya ffe b'ani era n'okuyitibwa kwaffe kwe kuli wa?**

**2. Okumala akaseera, Pawulo yawulira ng'ayagala okuva ku kukola kwe okw'ekiminsani mu Kkolinso era n'ekibuga akyabulire. Kiki ekyamuleetera okukyusa ebirowoozo bye? Kino kiyinza kutuyamba kitya bwe tuwulira ng'abaagala okuva ku mulimu gwonna ogw'ekiminsani? Naye abaffe, wayinza okubaayo ekiseera we tuyinza okugwanira okubivaako?**

**3. Bammemba b'omu kkanisa y'e Kkolinso baatwalibwanga nnyo obuwangwa obwalinga bubeetoolodde. Gano era mazima amazibu ne gye tuli leero. Tuyinza tutya okubeera mu nsi** *(Yok. 17:11, 15)* **naye ne tutatwalibwa ebyo "[16]ebiri mu nsi, okwegomba kw'omubiri, n'okwegomba kw'amaaso, n'okwegulumiza kw'obulamu okutaliimu"** *(1 Yok. 2:16)*? **Ngeri ki endala ekkanisa yaffe gy'etwalibwamu obuwangwa obujeetoolodde?**



# Ekigambo *ky*'Omusaalaba

SSABBIITI OLW'EGGULO

**Soma olw'Eky'okuyiga kya Wiiki Eno:** *1 Kol. 1:17–31. Bakol. 1:20. 1 Peet. 2:24. Bik. 13:16–47. 1 Kol. 2:1–5.*

**Olunyiriri olw'Okujjukira:** "[18]Kubanga ekigambo ky'omusaalaba bwe busirusiru eri abo ababula; naye eri ffe abalokolebwa ge maanyi ga Katonda" *(1 Bakkolinso 1:18).*

Cicero, Omurooma omukaafiiri Omuwandiisi era Omwogezi kayingo, yagamba abantu Abarooma okweggiramu ddala endowooza nti omusaalaba ngeri ya kibonerezo. Wadde Cicero yafa ebula emyaka nga 500 Yesu azaalibwe, ebigambo bye binnyonnyola okwekanasa Abarooma kwe baalina eri omusaalaba bwe kwali kwenkana. Gwali mubi nnyo nti tebaalina na kugulowoozaako yadde.

Mu kukontanya, Pawulo ajja awandiika nti: "[18]Kubanga ekigambo eky'omusaalaba...ge maanyi ga Katonda" *(1 Kol. 1:18).* Eri Pawulo, omusaalaba ky'ekikozesebwa mu kutabaganya wakati wa Katonda n'abantu *(Bef. 2:16, Bakol. 1:20)*, akabonero ak'oku ntikko ak'okwetoowaza kwa Yesu *(Baf. 2:8)*, era ekifo ebbanja lyaffe ezzito we lyasasulirwa *(Bakol. 2:14).*

Omusaalaba ky'eky'okuddamu kya Pawulo eri ebizibu ebiri mu Kkolinso. Teweetaaga kugenda wala nnyo mu 1 Bakkolinso okukiraba nti akwatibwako ensonga emu enkulu: okwesalaasalamu okuli mu kkanisa. Pawulo asoberwa nnyo era amangu ddala nga yaakamala ebiramuso, *(1 Kol. 1:1–3)* n'okusiima *(1 Kol. 1:4–9)*, guno gwe mulamwa gw'asookerako okwaŋŋanga *(1 Kol. 1:10–17).* Wiiki eno tujja kutunuulira obubaka obw'amaanyi obw'omusaalaba okubeera eky'okuddamu eri ekizibu kino n'eri ensonga endala ezibonyaabonya Abakkolinso.

**Yiga eky'okuyiga kya wiiki eno weetegekere Ssabbiiti nga Kasambula 11.*

## Enjiri y'Omusaalaba

Pawulo agamba nti ekigambo ky'omusaalaba ge maanyi ga Katonda gye tuli. Tekywewuunyisa nti "Yesu Kristo era oyo eyakomererwa" y'entabiro y'okubuulira kwe *(1 Kol. 2:2)*.

**Soma 1 Bakkolinso 1:17–31. Nsonga ki enkulu Pawulo gy'aggyayo wano?** ________________________________________

Mu 1 Bakkolinso 1:18–31, Pawulo ayolekagana n'embiranye eri wakati w'obusirusiru bw'obuntu n'amagezi g'eggulu. Omusaalaba gulina amaanyi okwolesa ekisingayo obubi ku muntu era ekisingayo obulungi ku Katonda. Akatundu kano aka 1 Bakkolinso kanjulwa n'ebigambo mu 1 Bakkolinso 1:17. Kubanga omusaalaba gwa Kristo teguteekeddwa kumalibwamu maanyi gaagwo *(1 Kol. 1:17)*, obubaka bw'omusaalaba buteekeddwa okubeera ku ntabwe y'okubuulira kwaffe *(laba ne 1 Kol. 2:2)*.

Pawulo agamba nti yaweerezebwa ssi kubatiza, wabula okubuulira enjiri y'omusaalaba. Ebigambo bino byetaagisa okwekenneenya kwa ngeri bbiri. Esooka, ekigambo ekikozi eky'Oluyonaani ekivvuunulwa nga "okutuma" kiri *apostellô*, ekisibuka mu kikolo ky'ekimu n'ekigambo *omutume*. Bwe kityo, omulimu gwa Pawulo omukulu gwali gwa kubuulira njiri. Eky'okubiri, ebigambo bya Pawulo ebikwata ku kubatiza tebyategeeza nti okubatiza tekwali kukulu, oba nti kwali tekwenkanankana na kubuulira. Ekitali ekyo, yali avumirira abo abaakifuula ensonga ennyo okutunuulira abo abaali bakola ogw'okubatiza mu kifo kya Yesu gwe baali bababatiza okuyingiramu.

Olwa "amagezi g'ebigambo" *(1 Kol. 1:17)*, Pawulo tategeeza nti okwogera n'ennyenje ne zikunkumuka ku bwakwo kubi. Ensonga eri nti amagezi g'obuntu tegasaanye kusiikiriza kigambo kya musaalaba. Ebigambo bino bisonga ku ngeri Abayonaani-Abaruumi gye baayogerangamu. Mu Asene, Pawulo yakozesa bwongo, ssaayansi, na lufirosoofo, naye kino kyavaamu ebibala bitono. Kale, bw'atyo "n'asalawo okugoberera enteekateeka endala ey'okukola mu Kkolinso mu kaweefube we okufuna obuufu bw'abo abataali beegendereza era abaali batasalawo. Yamalirira okwewala enkaayana ezaalimu okunnyonnyola ennyo era nga 'tayagala kumanya kirala kyonna' mu Bakkolinso 'wabula Yesu Kristo era oyo eyakomererwa' "—Ellen G. White, *The Acts of the Apostles*, omuko 244.

**Mu ngeri ki emboozi ennyunyuutivu gye ziyinza okusiikiriza ekigambo ky'omusaalaba? Lwaki okubuulira kwa Kristo era yekka eyakomererwa kwaleeta ebibala bingi mu Kkolinso okusinga okukozesa obwongo, ssaayansi, n'olufirosoofo bwe byakola mu Asene? Ye abaffe, wayinza okubaayo ebiseera okukozesa obwongo, ssaayansi n'olufirosoofo we kiyinza okuyambira mu kubuulira enjiri?**

## Obusirusiru eri Abo Abazikirira

Mu kukontanya obusirusiru bw'obuntu n'amagezi g'eggulu, Pawulo agamba nti ""ekigambo eky'omusaalaba bwe busirusiru eri abo ababula" *(1 Kol. 1:18)*. Guno gwe gusooka ku mirundi omukaaga obusirusiru oba okubeera omusiru gye kyogerwako mu 1 Bakkolinso 1:18–31.

**Soma 1 Bakkolinso 1:20, 21, 23, 25, ne 27. Okusonga kuno kwonna ku busirusiru kutuyamba kutya okutegeera Pawulo kye yali ategeeza bwe yagamba nti ekigambo ky'omusaalaba bwe busirusiru eri abo ababula?** ______

Ekigambo ky'Oluyonaani ekitegeeza *obusirusiru* mu 1 Bakkolinso 1:18 kiri *mōria*. Ekigambo kino kirabika emirundi etaano gyokka mu Ndagaano Empya, ate gyonna mu 1 Bakkolinso *(1 Kol. 1:18, 21, 23; 1 Kol. 2:14; 1 Kol. 3:19)*. Kino n'ebigambo ebirala okuva mu kika ky'ekimu, birabika emirundi mingi mu Ndagaano Empya, era ekitundu ku byo kiri mu bbaluwa za Pawulo. Bingi ku bigambo ebiva mu kika ky'ekimu ebirabikira mu Ndagaano Empya olw'ebigambo biri mu 1 Bakkolinso.

Obusirusiru Pawulo bw'ayogerako mu 1 Bakkolinso 1:18, 23 tebwekuusa nnyo ku kubulwa bwongo bumala, wabula bwekuusa ku mpisa ez'obugwenyufu awamu n'okulowooza, bwekuusa ku butaba na busobozi kwawula ekituufu ku kikyamu, era bwekuusa ku kujeemera Katonda. Kino ky'ekinnyonnyola lwaki ensonga eno yagisimbako nnyo amannyo okuyita mu 1 Bakkolinso yenna.

Lowooza ku mbeera ya Pawulo mu kibuga kino. Ajja mu kifo ekyenyumiriza mu kye yayita okumanya kwakyo, n'amagezi, ko n'obuwangwa obubi. Era, mu ngeri eno, ayogera ku Muyudaaya ow'e Ggaliraaya, Yesu Omunazaaleesi, eyakomererwa Abarooma, n'oluvannyuma n'azuukizibwa okuva mu bafu nga byonna bya kusasulira bibi; ssi ebibye, wabula eby'ensi. *Ono ssempala kiki ky'ategeeza? Ani gw'asaaga naye?* Kino tekyali kintu kipya eky'ebuziba ekyali kyetaagisa okulowooza okungi okuli awo oba nti kyali kyetaaga okwekkenneenyezebwa, mu ngeri ey'omutindo ennyo ey'ekifirosoofo; kyali kyeraga mu lwatu nti kano kazoole kennyini, akataliimu makulu, nga temuli kantu konna Omukkolinso omugezi eyayigirizibwa ke yandiyinze okutwala ng'ekikulu okuggyako nga yayita Ttembo!

Era nga obubaka bwa Pawulo bwe bwawulikika ng'obusirusiru eri abakaafiiri, eri bangi ku Bayudaaya, ekigambo ky'omusaalaba kyawulikika bubi nnyo ddala n'okukirawo. Muyudaaya ki eyandisuubidde Masiya okuttibwa Abarooma? Masiya yali ateekeddwa kubawamba, kubakooza kajiri, so ssi bbo kumukomerera.

Bwe kityo, okuviira ddala ku ntandikwa, Pawulo yalina bingi ebyamuwakanyisa mu Kkolinso muno era yabulako kuswanyuulwa kibooko. Kyokka wadde nga bino byonna byaliyo, emyoyo mingi—Emiyudaaya n'Eminamawanga-gyawangulwa eri enjiri.

Ekigambo kiri wa?

Mu kuwakanyizibwa okw'engeri yonna, Katonda aba n'abantu ababa balindiridde okuwulira amazima. Tuteekeddwa okubeera abeeteefuteefu okukozesebwa [Katonda] okutuuka ku bantu bano, yonna gye bali, ne mu bifo ebibi nga, oba n'okusinga ku Kkolinso.

# Ge Maanyi Eri Abalokebwa

Obubaka bwa 1 Bakkolinso 1:18 butangaavu nnyo nti omuntu yenna tasobola kusubwa kinyusi kibulimu. Omusaalaba kye gutegeeza kisinziira ku ngeri oli gy'agutunuuliramu. Busisirusiru eri abo abakyawa Katonda, kyokka ge maanyi eri abo abayaayaanira obulokozi bwe.

**Soma Bakolosaayi 1:20 ne 1 Peetero 2:24. Yesu kiki kye yatukolera ku musaalaba? ____________________**

Nga bwe tumaze okulaba, mu kubuulira enjiri, oli alina okwewala "...amagezi g'ebigambo, omusalaaba gwa Kristo gulemenga okuba ogw'obwereere" *(1 Kol. 1:17)*. Mu musana gwa 1 Bakkolinso 1:17, kifuuka kyangu ko okutegeera lwaki ekyolekagana n'obusirusiru ge maanyi ga Katonda, so si magezi ga buntu *(1 Kol. 1:18)*. Omusaalaba, ogukontanira ddala n'amagezi g'obuntu, gubikkula engeri amagezi gano [ag'obuntu] gye gali amasirusiru ddala.

Ekigambo ky'Oluyonaani ekya 1 Bakkolinso 1:18 kigamba nti "abo ababula" bafuna ebyo ebiviira ddala mu bikolwa byabwe. Olunyiriri luno luyinza okusoma luti: "Kubanga ekigambo ky'omusaalaba bwe busirusiru eri abo abeeyonoona." Ekigambo ekikozi eky'Oluyonaani *apollymi* ("okwonoona") era kiyinza okutegeeza "okuzikiriza" *(Yok. 10:10)*. Mu butuufu, *apollymi* kivvuunulwa nga "zikiriza" mu 1 Bakkolinso 1:19.

Kiki ekigenda mu maaso wano? Pawulo awa omusingi gwa Bayibuli ogw'ebigambo bino mu lunyiriri olwe 18, ku bantu bano abazikirira, nga asimbuliza ebigambo bya Katonda mu Isaaya 29:14. Mu lunyiriri 19, Katonda y'ali emabega w'okuzikirizibwa kuno, ekirabika nga ekikoonagana n'amalala ga bali ge beezikiriza nago agaakoogerwako emabega. Wabula, tewali kukoonagana. Ensonga nti Katonda ajja kuzikiriza ekyo kyonna ekyezikiriza kati.

Mu kukontanya n'abo abagenda mu maaso n'okwezikiriza, ebigambo "eri ffe abalokebwa" *(1 Kol. 1:18)* biraga nti obulokozi buva eri Katonda yekka. Pawulo agamba nti ffe tulokolebwa; kwe kugamba, tetwerokola ffekka. Ffe, ekituufu kiri nti tetusobola. Obulokozi bwaffe ensibuko yaabwo eri wabweru waffe. Wadde nga okuzikirizibwa ffe tukwetuusaako, obulokozi butuweebwa buweebwa, kirabo eri aboonoonyi. Nga bwe kiri ekitangaavu mu 1 Bakkolinso 1:21, Katonda y'alokola abo abakkiriza. Obusirusiru, mu makulu gano, ky'ekikolwa ky'okugaana ekyo Katonda kye yagabira abantu okuyita mu musaalaba gwa Kristo *(1 Kol. 1:30)*, era bw'atyo omuntu ne yeereetako okuzikirira.

**"[23]Kubanga empeera y'ekibi kwe kufa; naye ekirabo kya Katonda bwe bulamu obutaggwaavo mu Kristo Yesu Mukama waffe"** *(Bar. 6:23)*. **Mu ngeri ki olunyiriri luno gye luddamu okwogera ebyo Pawulo by'ayogera mu 1 Bakkolinso 1:18, 19?**

## Masiya Eyakomererwa

Pawulo yawandiika nti "[22]...Abayudaaya basaba obubonero, n'Abayonaani banoonya amagezi" *(1 Kol. 1:22)*. Omusaalaba—ekigambo nti Katonda, Masiya asobola okukomererwa—tekaali kabonero Abayudaaya ke baali basuubira. So era ssi y'engeri y'amagezi Abayonaani ge baayagala. Kino kyakoonaganira ddala n'okusuubira kwa buli omu.

Mu butuufu, ekintu kyokka oli ky'alina okukola kwe kusoma butya abayigirizwa bwe baayanukulira ensonga ya Yesu okukomererwa (laba *Makko 8:31, 32; Makko 9:30–32; ne Makko 10:32–34)* okutandika okulaba engeri ekigambo kino bwe kyali ekigwira era ekyogerwako nti kiddire eri, na ddala mu Bayudaaya. Nga bwe kyayogeddwako emabega, Abayudaaya baali basuubira Masiya okuwamba Abarooma; ekyo ssi ky'ekyaliwo, kale waakiri "okuwamba" okw'engeri ensi gy'emanyi, okw'ekinnamagye.

Okumala ebyasa n'ebyasa, omusaalaba gubadde, eri Abakristaayo, akabonero ak'okukkiriza. Kizibumu eri Abakristaayo b'ekyasa eky'abiri mw'ekimu okutegeera engeri gye kyali eky'obusiru Katonda okukomererwa nga bwe kyali mu birowoozo by'abaaliwo mu kyasa ekyasooka.

Wabula, ekyo kyali kityo kubanga buno bwali bubaka obukuba encukwe—ekibufuula eky'ensonga ffe okwongera okubulowoozaako ennyo. Ekifaananyi kya Masiya okukomererwa kikitangaaliza ddala eri obutonde bwonna wala wa Katonda gye yali omweteefuteefu okugenda, okutuukiriza enteekateeka y'obununuzi. Ensonga yennyini ey'omusaalaba, n'ekya Mukama okugufiirako kyesisiwaza! (Fumintirizaamu, kale, kye kiteekeddwa okuba nga kyategeeza eri ebitonde ebitaaliko kibi ebyamanya, ne bisinza, Mukama mu ggulu!)

**Soma Bikolwa 13:16–47 (na ddala ennyiriri 26, 38, ne 47). Ekitundu kino kituyigiriza ki ku makulu g'omusaalaba?**____________

Pawulo agamba nti Kristo yamutuma okugenda okubuulira enjiri. Era bw'atyo, Pawulo abuulira obubaka bwa Masiya eyakomererwa *(1 Kol. 1:23)*. Attukiza ensonga zino z'ezimu mu 1 Bakkolinso 2:1–5. Omutume ono yali mwesigwa eri okutumibwa kwe. Ng'abuulira enjiri, teyakozesa "[1]...bigambo oba amagezi" *(1 Kol. 2:1)*; wabula, ekitali ekyo, amakanda yagasimba ku "Yesu Kristo era oyo eyakomererwa" *(1 Kol. 2:2)*. Okwogera kwe awamu n'obubaka bwe "[4]...tebyabanga mu bigambo eby'amagezi ebisendasenda, wabula mu kutegeeza kw'Omwoyo n'amaanyi" *(1 Kol. 2:4)* kubanga mu butuufu, "amagezi g'abantu" gakontanira ddala ne "amaanyi ga Katonda" *(2 Kol. 2:5)*.

**Masiya eyakomererwa kyali kintu mu bulamba bwakyo ekyali kitasuubirwa yadde mu Bayudaaya ne mu Bayonaani. Kino kitubuulira ki ku ky'amazima nti Katonda bulijjo takolera mu ngeri gye tusuubira? Lwaki eno nsonga nkulu nnyo okukwata n'okunyweza, n'okusingira ddala nga ebintu tebigenda nga bwe twabisuubira?**

## Kristo, Amaanyi era Amagezi ga Katonda

Mu 1 Bakkolinso 1:19, 20, 30, ne 31, Pawulo ayogera ku ngeri amagezi ga Katonda n'amagezi g'obuntu bwe gaawukana mu ngeri eyanaamiriza, bwe gatalina we gakwataganira wonna. Weetegereze nti Pawulo tagaana magezi ku bwago, wabula agaana ekika ky'amagezi g'obuntu agagezaako okuvuganya ne Katonda. Amagezi g'obuntu tegalina busobozi bwa kununula bantu kuva mu kibi. Kristo yekka, amagezi ga Katonda, y'asobola okukola omulimu guno. Laba akameeza kano wansi.

| | |
|---|---|
| naye eri ffe abalokebwa Katonda | [ekigambo ky'omusaalaba] ge maanyi ga *1 Kol. 1:18* |
| naye eri abo abayite | Kristo [ge] maanyi ga Katonda *1 Kol. 1:24* |

Ennyiriri zombi, 1 Bakkolinso 1:18 ne 1 Bakkolinso 1:24 ziraga nti Kristo ge maanyi ga Katonda, mu makulu nti alina amaanyi [oba obusobozi] okulokola abantu [bonna] okuva mu bibi byabwe. Ekituufu kiri nti, "[21]...Katonda [yasiima] olw'obusirusiru
obw'okubuulira okwo okulokola abo abakkiriza" *(1 Kol. 1:21)*. Ebigambo "ffe abalokolebwa" *(1 Kol. 1:18)*, "abo abakkiriza" *(1 Kol. 1:21)*, ne "abo abayite" *(1 Kol. 1:24)* bisonga ku kibinja ky'ekimu, kwe kugamba, abantu ababeera mu bulamu obw'obulokozi okuyita mu kukkiriza. "[16]Kubanga enjiri ya Kristo...ge maanyi ga Katonda olw'okulokola eri buli akkiriza" *(Bar. 1:16)*.

Kristo ssi kyokka nti ge maanyi ga Katonda wabula era ge magezi ge. Kino kitegeeza nti okuyita mu Ye, Katonda yayolekagana era n'agonjoola ekizibu ky'ekibi, ekizibu amagezi g'obuntu kye gataalinako maanyi kumalawo. Amagezi g'ensi eno tegasobola kuleetera bantu kumanya Katonda *(1 Kol. 1:21)*. Ku ludda luli, okuyita mu Kristo tufuuka bagezi olw'obulokozi *(2 Tim. 3:15)*.

**Soma 1 Bakkolinso 1:24–29. Weetegereze ebigambo "obusirusiru," "obunafu," "amaanyi," ne "abagezi." Nsonga ki gy'aggyayo wano?** ____________________

Ng'asoma 1 Bakkolinso 1:24–29, omuntu yenna asaanye yeetegereze ebigambo *omusiru* (oba *obusirusiru*) ne *munafu* (oba *obunafu*). Ensonga wano eri nti amagezi g'obuntu gayinza okulowooza ku bubaka bw'Omusaalaba okubeera obusirusiru oba obunafu. Wabula, "[25]Kubanga obusirusiru bwa Katonda businga abantu amagezi; n'obunafu bwa Katonda businga abantu amaanyi" *(1 Kol. 1:25)*. Kino tekitegeeza nti Katonda munafu oba nti musirusiru, wabula njogera eraga engeri amaanyi ga Katonda n'amagezi ge gye bisukka ekintu kyonna eky'obuntu.

**Sigala ku bigambo "[26]...ng'ab'amagezi ag'omubiri si bangi abayitibwa, ab'amaanyi si bangi, ab'ekitiibwa si bangi"** *(1 Kol. 1:26)*. **Bubaka ki obuli wano gye tuli?**

## Okwongera Okulowooza:

Ellen G. White, "Calvary," emiko 741–757, mu *The Desire of Ages*.

"Mu bwongo bw'abantu nkuyanja abawangaalira mu kiseera kino, Omusaalaba gw'e Ggologoosa gwetoolooddwa ebijjukizo ebiwoomerevu okukamala, eby'ekitiibwa. Ensonga y'okukomererwa etunuulirwa mu birowoozo ebitukuvu. Naye mu biseera bya Pawulo, omusaalaba gwatunuulirwanga mu kwekanasa okw'entiisa. Okusigala ng'obuulira Omulokozi w'olulyo lw'omuntu eyamizibwa omusu ku musaalaba, mu butonde kyali 'balweggira ng'ennusu egula muwogo' kweggamba kwali kwereetera kabasa ak'okusekererwa awamu n'okuwakanyizibwa.

"Pawulo yali amanyi bulungi engeri obubaka bwe gye bwali obw'okutwalibwa Abayudaaya weppo n'Abayonaani b'e Kkolinso. . . . mu bawuliriza be Abayudaaya mwalimu bangi abaali ab'okunyiizibwa n'obubaka bwe yali anaatera okubuulira. Mu kupimaapima kw'Abayonaani, ebigambo bye byali bya busiru ekyennyamiza. Yali wa kutunuulirwa ng'ow'obwongo obunafu olw'okugezaako obugeza okulaga engeri omusaalaba gye gwalina akakwate n'okusitulibwa kw'olulyo lw'omuntu oba okulokolebwa kwalwo.

"Naye eri Pawulo omusaalaba y'eyali ensonga yokka ye gye yalinamu obwagazi. Okuva lwe yagombebwamu obwala bwe yali nga akola omulimu gwe ogw'okuyigganya abagoberezi b'Omunazaaleesi eyakomererwa, teyalekayo yadde n'akadakiika n'akamu okwenyumiriza mu musaalaba. Mu kiseera ekyo yabikkulirwa okwagala kwa Katonda okutakoma, nga bwe kulabisibwa mu kufa kwa Kristo; n'okukyuka okw'ekyewuunyo okwakolebwa mu bulamu bwe, ne kuleeta enteekateeka ze zonna awamu n'ebigendererwa bye okukwatagana obulungi n'eggulu. . . . Yakimanya olw'ebyo mwene bye yali yeerabiddeko nti omwonoonyi bw'alaba okwagala kwa Kitaawe bwe ppapa, nga bwe kirabikira mu saddaaka y'omwana we, era ne yeewaayo eri okukola kw'eggulu, okukyuka kw'omutima kujjirawo embagirawo, era okutanula kw'olwo, Kristo afuuka byonna mu byonna."—Ellen G. White, *The Acts of the Apostles*, emiko 245, 246.


## Ebibuuzo eby'Okukubaganyaako Ebirowoozo:

**1. Mu lusuku lw'e Gesusemaani, Yesu yagamba, "[39]...Ai Kitange, ekikompe kino kinveeko, oba kiyinzika"** *(Mat. 26:39)*. **Essaala eno eyogera ki ku muwendo omunene Yesu gwe yasasula ku musaalaba?**

**2. Pawulo agamba, "[25]...obusirusiru bwa Katonda businga abantu amagezi"** *(1 Kol. 1:25)*. **Mu ngeri ki amagezi ga Katonda gye gali ag'enjawulo ennyo ku magezi g'obuntu?**

**3. Obubaka bwa Kristo eyakomererwa gwali muziziko munene eri Abayudaaya ate obusirusiru eri Abayonaani. Miramwa ki egy'omu Bayibuli gye tubuulira olwa leero egiyinza okuggyayo embeera y'emu mu batuwuliriza ab'ensangi zino, era lwaki?**

**4. Pawulo agamba nti "[14]Naye omuntu ow'omukka obukka takkiriza bya Mwoyo gwa Katonda"** *(1 Kol. 2:14)*. **Kale, tuyinza kwogera tutya ku Yesu eri abantu bano mu ngeri eyinza okukwata ku mitima gyabwe? Oba ebikolwa byaffe byokka binaasobola okubatuukako?**



# Obumu *mu* Kristo

SSABBIITI OLW'EGGULO

**Soma olw'Eky'okuyiga kya Wiiki Eno:** *1 Kol. 1:12–17, Bar. 1:29, 1 Kol. 1:10, 1 Kol. 3:1–4, Baf. 2:5–8, 2 Kol. 11:23–28, Bakol. 1:24.*

**Olunyiriri olw'Okujjukira:** "'Naye mbeegayirira, ab'oluganda, olw'erinnya lya Mukama waffe Yesu Kristo, mwenna okwogeranga obumu, so okwawukana kulemenga okuba mu mmwe, naye mugattirwenga ddala mu magezi gamu ne mu kulowooza kumu" *(1 Bakkolinso 1:10).*

Abo abanyumirwa ebisolo by'omu nsiko bakimanyi nti ebisolo ebimu bibeera mu bibinja, mu magana, nga byonna bya bunene obw'enjawulo. Okuva ku misege (ddala), okutuuka ku zi *dolphins* n'entalumbwa, ebitonde bino byonna byekuumira wamu. Amazike okusingira ddala gamanyiddwa nnyo olw'okwekuumira kwago awamu obukuliri, nga n'oluusi bibeera mu bibinja ebitandikira ku mazike 15 okutuuka ku 150. Wabula, enkolagana zino ssi bulijjo nti zibeeramu okutabagana, era amazike gano oluusi gasowagana ne geekuba.

N'abantu nabo balina engeri gye bagafaanana mu; kwe kugamba, ssi kyokka nti batera okubeera mu bibinja, naye era nti ebiseera bingi bamanyi okwerumaaluma nga bali mu bibinja ebyo. Ate ago ge mazima ne mu makanisa gaffe! Obukuukuulu bujja, nga emirundi egisinga obungi bwetooloolera ku mukulembeze omu asikiriza. Era, n'okusingawo obubi, ebiseera ebimu nga akakuukuulu akamu tekakwatagana na kalala.

Ekyo tokirabangako mu kkanisa yo?

Bwe kiba weewaawo, kale obaguliziddwako kw'ekyo Pawulo kye yayolekagana nakyo mu Kkolinso. Wiiki eno tujja kutunuulira 1 Bakkolinso 1–4, eyo Omutume Pawulo gy'ayolekaganira n'ekizibu ky'ennyombo mu kkanisa n'engeri y'okuzivvuunuka, okugeza, okuyita mu bumu mu Kristo.

**Yiga eky'okuyiga kya wiiki eno weetegekere Ssabbiiti nga Kasambula 18.*

## Ekizibu ky'Obukuukuulu mu Kkanisa

Omulanga gwa Pawulo nti "¹⁰okwawukana kulemenga okuba mu mmwe, naye mugattirwenga ddala mu magezi gamu ne mu kulowooza kumu" *(1 Kol. 1:10)* gulabibwa wonna mu ssuula ennya ezisooka mu 1 Bakkolinso. Mu butuufu, abayizi [ba Bayibuli] bangi bakkaanya nti obumu gwe mulamwa ogwetooloola wonna, ogutaba ebitundu by'ebbaluwa eno byonna.

**Soma 1 Bakkolinso 1:12–17. Ekitundu kino kituyamba kitya okutegeera bwe kiri eky'omutawaana okukola obukuukuulu emabega w'omukulembeze w'omu kitundu kyo? Ekigonjoolo kya Pawulo ky'ekiri wa?** ______________________________

Pawulo akozesa ebigambo eby'amaanyi okuggyayo okwesalaasalamu kwa bammemba b'ekkanisa y'e Kkolinso. Akozesa ebigambo by'Oluyonaani *schisma* ("okweyawulayawula," *1 Kol. 1:10)* ne *eris* ("ennyombo," *1 Kol. 1:11)*. Ekigambo (erinnya-*noun*) *schisma* (awamu n'ekigambo ekikozi *schizô*, "okwawulayawula") bikozesebwa n'awalala mu Ndagaano Empya okwogera ku njawukana mu ndowooza ezivaako okwetemaatemamu obubondo. Gye bikyukira, ekigambo (erinnya-*noun*) *eris* ("ennyombo") emirundi mingi kirabika mu nkangaga z'emize egitateekeddwa kukolebwa Bakristaayo.

**Soma Baruumi 1:29, Baruumi 13:13, 1 Bakkolinso 3:3, 2 Bakkolinso 12:20, ne Baggalatiya 5:20. Bibi ki ebirala ebiwandiikibwa awamu ne *eris* ("ennyombo," "entalo")? Kino kitubuulira ki ku butya bwe kiri ekibi?** ______________________________

Obutakkaanya obwali mu kkanisa y'e Kkolinso bwavaayo ne budda ku ngulu—ne mu ngeri z'okwewerennembeza mu mbuga z'amateeka *(1 Kol. 6:1–3)*. "⁵Njogedde kubakwasa nsonyi," Pawulo bwe yabagamba *(1 Kol. 6:5)* ku nsonga y'emisango egyabanga wakati wa bammemba b'ekkanisa emu. Mu butuufu tebassa bbali njawukana zaabwe ne bwe baali ku Ky'eggulo kya Mukama *(1 Kol. 11:17–22)*.

Ekizibu ky'obutaba na bumu mu bammemba b'ekkanisa kitiisa nnyo, era Pawulo yeeraliikirira nnyo, nti eno y'ensonga gy'asookerako mu bbaluwa ye eri Abakkolinso.

**Ddamu osome nate 1 Bakkolinso 1:12–27. Oluvannyuma olowooze ku ngeri ekitundu kino gye kituyamba okutegeera lwaki obukuukuulu bwa mutawaana nnyo eri obumu bw'ekkanisa. Ekkanisa y'omu kitundu kyo eyinza kukola ki okwewala ekizibu kino?**

# Okwetooloolera ku Yesu

**Soma 1 Bakkolinso 1:10. Olowoooza kiki Pawulo kye yali ategeeza bwe yayogera nti "naye mugattirwenga ddala mu magezi gamu ne mu kulowooza kumu"? ________________________________________________________**

Okwesalamu obubinjabinja wano kutegeeza oli kwegaana buwulize bwe eri Kristo *(1 Kol. 1:10)*. Katonda yatuyita "[9]...okuyingira mu kusseekimu kw'Omwana we Yesu Kristo Mukama waffe" *(1 Kol. 1:9)*. Mukama waffe ye Kristo, era tuteekeddwa okumwebungulula. Bwe kityo, eky'okuddamu eri ebibuuzo eby'okusaagirira "[13]Kristo ayawuliddwamu? Pawulo y'eyakomererwa ku lwammwe? oba mwabatizibwa okuyingira mu linnya lya Pawulo?" *(1 Kol. 1:13)* ne kibeera "NEDDA!" enzigumivu. Kristo tagabanyizibwa. Kristo y'eyakomererwa ku lwaffe. Twabatizibwa "mu linnya lya Kitaffe n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu" *(Mat. 28:19)*.

Pawulo akikoonako nti ffe "[27]tuli mubiri gwa Kristo, n'ebitundu byagwo, *buli muntu" (1 Kol. 12:27; okuggumiza kuweereddwa)*. Wadde omubiri guliko ebitundu bingi—buli kitundu n'omulimu gwakyo—gusigala mubiri gumu. Omubiri gwonna okukola obulungi, buli kitundu kirina okukola omulimu gwakyo okusinziira ku busobozi bwakyo. Ekifaananyi kino kiraga nti Pawulo ky'anoonya kwe *kusseekimu/obumu*, so ssi *kufaanagana*. Anoonya bumu mu kwawukana. N'okusingawo, anoonya bumu awatali kufa ku bitwawula.

Wabula, ebirowoozo byonna awamu n'ebiteeso biteekeddwa kuweebwayo eri Kristo, Mukama waffe. Eky'amazima nti Kristo ye Mukama waffe nsonga nkulu ekyenkanidde awo eri Pawulo ky'ova olaba akiddiŋŋana enfunda eziwera, mu kwanjula kwa 1 Bakkolinso *(1 Kol. 1:2, 7, 8, 9, 10)*. Bwe kityo, nga Pawulo tannakola ku nsonga eno [ey'obukuukuulu] n'abakulembeze abantu, asooka kukkaatiriza nti ffenna tulina Yesu nga Mukama waffe. Ekkanisa teyeetooloolera ku bakulembeze abantu. Abakristaayo beetooloolera ku Yesu.

Okukkaatiriza okukolebwa ku bwa Mukama bwa Yesu mu nnyiriri ezisooka eza 1 Bakkolinso kutuyamba okutegeera Pawulo kye yategeeza mu bigambo bino: "[10]...Naye mugattirwenga ddala mu magezi gamu ne mu kulowooza kumu" *(1 Kol. 1:10)*. Ekigambo ky'Oluyonaani ekivvuunulwa nga "mugattirwenga" kiva mu kigambo ekikozi *katartizô*, ekiringa ekyogera ku kintu [ekimu] okuzzibwawo mu mbeera yaakyo entuufu. Obukuukuulu bwe bukolebwa nga bwetooloolera ku mukulembeze omuntu, enkolagana ez'omunda mu kkanisa ziba ziteekeddwa okuzzibwawo mu mbeera yaazo eya nnamaddala, era ekyo kiyinza kubaawo nga kiyita mu kusseekimu ne Kristo n'okufa ku kwerowoozaako kuno kwe kutegeereza ddala.

**Okumala emyaka nga giigyo egiyise, ebitundu ebimu eby'ekkanisa y'Abaadiventi bizzenga bikkaatiriza okuyiga kwa Bayibuli okw'obubiina obutonotono. Enjawulo eri wa wakati w'obukuukuulu n'obubiina buno obutonotono? Tuyinza kwegendereza tutya obubiina buno obutonotono obutafuukamu bukuukuulu?**

## Amagezi n'Obukulu

Okutwaliza awamu, obukuukuulu buva ku kulabira waggulu nnyo abakulembeze abantu. Kino nno kibi nnyo eri obumu bw'ekkanisa n'obulamu bw'omwoyo obwa bammemba baayo, kubanga ekifaananyi ekikyamu eky'obuweereza bw'ekikristaayo kiyinza okuleetera ekkanisa okuwa ekitiibwa ekisukkiridde abakulembeze abamu, nga ate kittattana abalala. Ekiva mu mpisa ng'eyo y'embeera ey'okuvuganya, eyinza okwasaayasa ekkanisa. Okusinga ne kw'ekyo, singa tutwala abakulembeze abantu nga abakulu ennyo mu kwawulibwa kwaffe ng'Abakristaayo, tussa obulamu bwaffe mu katyabaga ne twesanga nga tuggye ne Kristo mu kifo ekituufu [mu bulamu bwaffe].

**Soma 1 Bakkolinso 3:1–4. Pawulo wano ayogera atya ku buto bw'Abakkolinso obw'omwoyo? ______________________________**

Pawulo akitangaaza nti obukulu obw'eby'omwoyo buleetera omukkiriza okulaba amagezi ga Katonda *(1 Kol. 2:6, 7)*, agatutuusibwako okuyita mu Mwoyo *(1 Kol. 2:13)*, era ekikontanira ddala n'amagezi g'ensangi zino *(1 Kol. 2:6)*, ge magezi ag'obuntu *(1 Kol. 2:13)*. Amagezi ga Katonda gabikkulibwa mu musaalaba gwa Kristo *(1 Kol. 2:1–4)*. Mu ngeri ennyangu ddala, mu bufunze, amagezi ga Katonda galabisibwa okuyita mu kubonaabona kwa Kristo, okufa, awamu n'okuzuukira kwe. Bwe kityo, nga tannaddamu kubakubira mulanga gwa kubeera bumu *(1 Kol. 3:1–17)*, Pawulo ayagala abasomi be bategeere obwetaavu bwabwe okufuna amagezi amatuufu awamu n'okubeera abakulu mu Kristo.

Abakristaayo abagezi era abakulu babeera bantu ba mwoyo, so ssi ba mubiri, ssi nga abaana abato *(1 Kol. 3:1)*. Ebintu eby'omwoyo babigeraageranya na bya mwoyo, kubanga "[13] eby'omwoyo... bikeberwa na mwoyo" *(1 Kol. 2:13, 14)*. Abakristaayo abagezi era abakulu balya mmere enkalubo, tebanywa mata *(1 Kol. 3:2; geraageranya ne Beb. 5:12)*. Omukkiriza "[13]...anywa amata nga tannamanya kigambo kya butuukirivu; kubanga mwana muto. [14]Naye emmere enkalubo ya bakulu, abalina amagezi agayigirizibwa olw'okugakoza okwawulanga obulungi n'obubi" *(Beb. 5:13, 14)*. Abakristaayo abagezi era abakulu teboogera nti "Nze ndi wa Apolo, nze ndi wa gundi" *(1 Kol. 3:4)*, nga basonga ku bantu ab'enjawulo.

N'okusooka kwa byonna, abantu bano, okufaanana nga bbo, "[9]Katonda tuli bakozi banne" *(1 Kol. 3:9)*. Ffe, ng'ekkanisa, tuli nnimiro ya Katonda, ekizimbe, era yeekaalu *(1 Kol. 3:9, 16, 17)*. Ffenna tuli ba Katonda okuyita mu Kristo *(1 Kol. 3:11)*.

**Kyali kitya gy'oli bwe wayuyibwa omuntu yenna gwe wali weegomba ennyo? Kino bw'oba nga wali okibaddemu ko, bya kuyiga ki bye wakiggyamu?**

## Obuweereza Obufaanana obwa Kristo

**Soma 1 Bakkolinso 4:1, 2. Ekitundu kino kiyigiriza ki ku ndaba entuufu omuntu gy'asaanye okuba nayo ku bakulembeze abantu?**

---

Mu 1 Bakkolinso 3:1–4, Pawulo akikoonako nti obukuukuulu busibuka mu butaba bakulu mu by'omwoyo. Wabula, nga tannakola ku nsonga eno, akkaatiriza nti, "[16]Naye ffe tulina okulowooza kwa Kristo" *(1 Kol. 2:16)*. Ebigambo bino birabika nga ebisonga ku ngeri Ya Kristo ey'okulowooza n'okukola. Mu bigambo ebirala, omukkiriza abeera "n'okulowooza kwa Kristo" bw'alowooza era n'akola nga Kristo. Okussa ebirowoozo bino mu nsonga zonna ez'obulamu ssi kyangu, ssi weewaawo? Mu nsi y'Abayonaani-Abarooma, waalingayo okuvuganya okw'amaanyi mu bannabyabufuzi, abafirosoofo, abalowooza, ko n'abakulembeze b'eddiini. Okuyaayaanira okusiimibwa mu buwangwa kwaleetera ekkanisa y'e Kkolinso okugoberera emisingi egy'ensi. Kano kayinza okubeera akabi n'eri ekkanisa yaffe leero.

**Soma Bafiripi 2:5–8. Ekyawandiikibwa kino kituyamba kitya okutegeera ebigambo "okulowooza kwa Kristo"** *(1 Kol. 2:16)***?**

---

Nga bwe gwali mu Kkolinso, okwesalaasalamu kwabalukawo ne mu kkanisa y'e Firipi *(Baf. 2:1–4)*, mpozzi nga ssi kwa maanyi nnyo nga okw'e Kkolinso. Bafiripi 2:1–8 watuyigiriza nti obuweereza obufaanana obwa Kristo bwetaagisa kufa ku buntu bwaffe ne ku biruubirirwa eby'okwerowoozaako; mu kifo ky'ebyo, n'onoonya okulaba abalala nga ab'omugaso ennyo okukusinga ggwe, nga Yesu bwe yakolera ddala.

Obuweereza obufaanana obwa Kristo bw'ebwo {Paulo bwe yategeeza mu bigambo "baweereza ba Kristo" *(1 Kol. 4:1)*. Ebigambo bino bisobola okuleeta ekirowoozo nti baweereza Kristo nga abayambi be oba abaddu be. Kitangaavu nti endaba entuufu ey'abakulembeze abantu yeesigamizibwa ku ky'okulabirako kya Kristo eky'obukulembeze. Abaweereza bano bongera ne balabisibwa nga "abawanika" *(1 Kol. 4:1, 2)*. Omuwanika ye muntu eyeesigisibwa ogw'okuddukanya eby'obugagga by'omuntu omulala. Era buli kintu kye tulina kya Kristo.

**Mu kusaba, yongera osigale ku bubaka bwa Bafiripi 2:5–8. Tunyweza tutya kino kye kitugamba ku kwagala kwa Katonda okwegaanyisa ku lwaffe? Naffe, tusobola tutya okuyiga okufa ku kwerowoozaako, okulaba nti, mu mbeera yaffe yennyini, tusobola okukoppa era ne tulaga okwagala kuno?**

## Entambuza y'Obulamu Eggyayo Ekifaananyi ky'Omusaalaba

Eky'amazima nti tetulina kukola bukuukuulu, na ddala nga tubwetoolooleza ku bakulembeze abantu, tekitegeeza nti tetulina kuwagira bakulembeze baffe. Tuteekeddwa okusiima era tuyambe abo abatukulembera mu mulimu gw'ekkanisa. Katonda atuma abantu okukola omulimu gwe ku nsi. Abakulembeze b'ekkanisa abalaga enneeyisa y'okwewaayo-nga bw'erabisibwa mu musaalaba-bagwaniddc okuwulirwa era n'okugobererwa.

Era kino kiri kityo kubanga omusaalaba gwokka gwe gulina amaanyi okuddiriza engeri yonna ey'okufugiriza ne tufuna okwewaayo okutuufu eri Ekigambo kya Katonda. Abakulembeze abafaanana Kristo basonga ku Katonda yekka ng'asobozesa obuwanguzi bwabwe mu buweereza bwabwe. Mu buweereza bwe obw'oku nsi, Yesu ng'omuntu naye ekitiibwa yakiwa Katonda *(Yok. 17:4)*.

Okusinziira ku Pawulo, obuweereza bw'Ekikristaayo obwesigwa buteekeddwa kuzimbirwa kw'ekyo kye tuyinza okuyita eddiini y'omusaalaba. Omusaalaba kwe kubikkulibwa kwa Katonda okw'amagezi ge n'amaanyi agawonya. Mu kiseera ky'ekimu, guno era gulaga amagezi g'obuntu nga obusirusiru. Mu 1 Bakkolinso 4:1–13, Pawulo alaga bulungi enjigiriza y'eddiini ng'eyo ey'omusaalaba bw'eba efaanana. Okusooka, akiraga nti Katonda y'akola ebigera by'obukulembeze bw'Ekikristaayo *(1 Kol. 4:1–5)*. Eky'okubiri, asonga ku ky'amazima nti okubonaabona ke kabonero ak'obuweereza obukristaayo obutuufu *(1 Kol. 4:9, 11–13)*. Ensonga eno ey'okubiri esaana eyongere okuzimbibwa.

**Soma 2 Bakkolinso 11:23–28 ne Bakolosaayi 1:24. Kino kituyigiriza ki ku kye kitegeeza okubonaabona olw'okubeera Kristo?**

---

Abakulembeze Abakristaayo bagoberera mu kisinde kya Yesu nga bwe babeera abeeteefuteefu okubonaabonera baganda baabwe ne bannyinaabwe, era nga ne bwe kiba kyetaagisizza, bafe olw'okubeera obuweereza bwabwe. Pawulo yeesongako ye ne Apolo "[9]...ng'abataaleme kufa" *(1 Kol. 4:9)*. Balabisibwa nga abali mu mbeera y'okubulwa emmere n'amazz; era agamba nti "[11]tuba bwereere, era tukubibwa ebikonde, era tetuliiko waffe" *(1 Kol. 4:11)*. N'ekirala, baakyayibwa nnyo, ne bayigganyizibwa era ne batyoboolwa, mbu nga "twafuuka ng'ebisasiro eby'ensi; empitambi eza byonna, okutuusa kaakano *(4:12, 13)*. Ekirala, bw'ayogera ku Bakkolinso ng'abakiina mbu bagagga, bakabaka, bagezi, era ba bitiibwa *(1 Kol. 4:8, 10)*, Pawulo akiraga bulungi nti amalala tegateekeddwa kufuna kafo mu bukulembeze bwa Kikristaayo obutuufu, kubanga kino ky'ekikolo ky'okwesalaasalamu mu kkanisa *(1 Kol. 4:6)*.

**Obonyeebonye kyenkana wa olw'okubeera Kristo, omulimu gwo kye guli kyonna mu kkanisa? Bya kuyiga ki ebiyinza okubeera mu ky'okuddamu kyo?**

## Okwongera Okulowooza:

Ellen G. White, "The Training of the Twelve," emiko 17–24, mu *The Acts of the Apostles*.

"Obumu n'obwegaffu bw'abaasigalawo abakkiriza amazima butwala okusikiriza okw'amaanyi eri ensi nti balina amazima, era nti balonde ba Katonda ab'omuwendo omungi. Obumu buno awamu n'obwegaffu bukyankalanya omulabe n'atuula obufoofofo, era mumalirivu okubulemesa okubaawo. Amazima ag'ekiseera kino, nga gakkiriziddwa mu mutima era ne galabisibwa mu bulamu obwa bulijjo, galeetera abantu ba Katonda okubeera ekimu, era ne gabawa amaanyi agasikiriza."—Ellen G. White, *Testimonies for the Church*, vol. 1, omuko 327.

"Katonda agenda mu maaso n'okukulembera abantu okuyimirira mu bumu obutuukiridde ku musingi ogw'amazima agataggwaawo. Kristo yeewaayo eri ensi alyoke 'agyerongooseze ng'abantu ab'omuwendo, abakola ebikolwa ebirungi.' Bino eby'okulongoosa bigendereddwamu kulongoosa kkanisa okuva mu butali butuukirivu bwonna n'omwoyo ogw'okwesalamu awamu n'okuyombagana, balyoke bagizimbe mu kifo ky'okugiyuza, era amaanyi gaabwe gonna bagasse wamu mu mulimu omunene ogubalindiridde. Katonda ayagala abantu be bonna bajje mu bumu bw'okukkiriza. Kristo nga tannakomererwa yasabira abayigirizwa be babeere bumu, nga naye bwe yali omu ne Kitaawe, olwo ensi eryoke ekkirize nti Kitaawe y'eyamutuma. Essaala eno enzigumivu era ennungi okuzaama etuuka n'eno wansi mu Mirembe gyaffe; kubanga ebigambo bye byali: '[20]So sibasabira bano bokka, naye n'abo abanzikiriza olw'ekigambo kyabwe'"—Ellen G. White, *Testimonies for the Church*, vol. 4, omuko 17.

**Ebibuuzo eby'Okukubaganyaako Ebirowoozo**

**1. Ng'asemberedde enkomerero y'obuweereza bwe obw'oku nsi, Yesu yasabira obumu. "[21]Bonna babeerenga bumu...ensi ekkirize nga ggwe wantuma"** ***(Yok. 17:21–23)*****. Lwaki obumu mu Kristo nsonga nkulu nnyo eri amazima nti Katonda y'eyatuma Omwana we okujja okulokola ensi? Ekyekuusa ku kino, lwaki obutaba na bumu muziziko munene nnyo eri omulimu gw'ekkanisa?**

**2. Soma 1 Bakkolinso 4:9–13 era osseeyo nnyo omutima ku ngeri abatume gye balagibwamu mu kitundu kino. Enjoleka eno ey'abatume ekontana etya n'ebyo ebibeera ku bakulembeze ebitwalibwa ng'ebikulu mu nsi yaffe? Ekitundu kino kituyigiriza ki ku ngeri emisingi gya Katonda gye giri egy'enjawulo ku gy'ensi?**

**3. Mu 1 Bakkolinso 4:16, Pawulo akubiriza Abakkolinso okumulabirako. Wandibadde mweteefuteefu okulabira ku bakulembeze abantu? Okulabira ku mukulembeze kiyinza kubeera kitya eky'enjawulo ku kumugulumiza mu ngeri etasaana, era ey'obulabe?**



# Ekibi *mu* Kkanisa

**Ssabbiiti Olw'eggulo**

**Soma olw'Eky'okuyiga kya Wiiki Eno:** *1 Kol. 5:1–13, 2 Kol. 2:5–10, 1 Kol. 6:1–13, 1 Basess. 4:1–8, 1 Kol. 6:19–7:9.*

**Olunyiriri olw'Okujjukira:** "[19]Temumanyi ng'omubiri gwammwe ye yeekaalu y'Omwoyo Omutukuvu ali mu mmwe, gwe mulina eyava eri Katonda? Nammwe temuli ku bwammwe; [20]kubanga mwagulibwa na muwendo: kale mugulumizenga Katonda mu mubiri gwammwe" *(1 Bakkolinso 6:19, 20).*

Obwongo bwaffe bulinga byangwe: buli kimu ekibuteekebwamu okuyita mu busimu bwaffe, kisigala omwo. Tuyinza n'obutamanya ebisinga kw'ebyo ebiyingira (tetwandisobodde kulowooza bulungi tuba kujjukira buli kintu), naye byonna biri omwo, era mu ngeri emu oba endala, bino bikosa engeri gye tulowooza, gye twewuliramu, era ne gye tukola bye tukola.

Ky'ekyo lwaki kyangu nnyo gye tuli, wadde ng'Abakristaayo, okukosebwa ebintu ebibi byonna ebitwetoolodde. Ekkanisa y'Obukristaayo, okuviira ddala ku ntandikwa yaayo, ezze emeggana n'ekizibu kino. Okugeza, obukuumi bwa Sunday bwava wa? Ekkanisa yakiggya buggya mu bbanga? Mu butuufu ssi bwe gwali. Kyava mu buwangwa obwali bugyetoolodde.

Era omusingi guno gwe gumu tugulaba nga gweyoleka wano mu kkanisa y'e Kkolinso. Oluvannyuma lw'okuvumirira okwesalaasalamu *(1 Bakkolinso 1–4)*, Pawulo akyukira ensonga ezeekuusa ku bwenzi, okuwawaabiragana, obwa malaaya, obufumbo, n'obutawasa oba obutafumbirwa *(1 Bakkolinso 5–7).* Ebigera by'ensi byabikosa nnyo ebitagambika. Okwesalaasalamu okulabikira mu 1 Bakkolinso 1–4 kwaggulira oluggi empisa embi ezivumirirwa ennyo mu ssuula eziddako. Pawulo anoonya kwaŋŋanga atya ekibi kino mu kkanisa, era bya kuyiga ki bye tuyinza okuggya mw'ebyo bye yawandiika?

**Yiga eky'okuyiga kya wiiki eno weetegekere Ssabbiiti nga Kasambula 25.*

## Enjawulo Wakati w'Okukkiriza n'Okukola

Okuyita mu byafaayo by'Obukristaayo bwonna, bannaddiini, abasumba n'abantu aba bulijjo bazzenga bayiga Endagaano Empya nga banoonya okutegeera engeri ekkanisa gy'esaanye okufaananamu. Okugeza, twewuunya nnyo ekkanisa y'omu Bikolwa. Naye waliwo ekintu ekikulu, ate nnyo, kye tusubwa: abantu [bano] balina ebizibu! Ate nga naffe tusobola okusoma Endagaano Empya okulaba kiki Bayibuli ky'eyogera ku ekyo ekkanisa *ky'etalina* kufaanana. Amabaluwa ga Pawulo eri Abakkolinso ntandikwa nnungi.

**Soma 1 Bakkolinso 5:1–13. Mbeera ki ey'akasandali Pawulo gy'anyumyako mu kitundu kino, era lwaki enakuwaza nnyo? ________**

Ebigambo "mukazi wa kitaawe" *(1 Kol. 5:1)* biringa ebiraga nti Pawulo wano ayogera ku nkolagana abantu ebeerinako oluganda mwe beetabira mu kikolwa eky'okwegatta: omusajja omu ne nnyina, muka kitaawe. Embeera eno yandiba nga yamutegeezebwa "[11]ab'omu nnyumba ya Kuloowe" *(1 Kol. 1:11)*. Okwegatta wakati w'abeerinako oluganda kyatwalibwanga okuba ekivve eky'omutawaana era mbu ne mu bakaafiiri tekyabangayo *(soma 1 Kol. 5:1)*. Kyokka nga kiri mu kkanisa y'Obukristaayo, emu kw'ezo ezaasooka! Ebigambo bya Pawulo mu 1 Bakkolinso 5:1, 2 biraga nti yakubwa encukwe bwe yategeezebwa nti mmemba w'ekkanisa y'eyali akola kino.

kyokka embeera eno yayongera n'esajjuka. Pawulo ayongera okwesisiwala bw'akitegeera nti mu kifo ky'okwennyamira olw'embeera eno, Abakkolinso bo baali beenyumiriza n'okwenyumiriza olw'okubikkirira ekibi *mmoodulo* eyo *(1 Kol. 5:1, 2)*. Bw'atyo, agenderera kutereeza ssi musajja oli omugwenyufu yekka, wabula era n'ekkanisa yonna olw'okwekkiriranya kwayo okulabikira ddala wakati w'okukkiriza n'okussa mu nkola by'okkiriza. Mu butuufu, Pawulo akitangaaliza ddala nti omutima gw'ekkanisa ogw'okwekkiriranya eri omumpembe ono kalibuseegu gwali gwetaaga kutereezebwa. Naye lwaki kale baali beenyumiriza mu kasandali nga kano? *(soma 1 Kol. 5:2, 6)*. Kino Pawulo kyamusukkako musajja wattu. Mutawaana ki ogwali ku bantu bano?

Tetulinaawo kunnyonnyola kwonna lwaki ekkanisa y'e Kkolinso yazibiikiriza nnyo omusajja ono kaggwensonyi. Mpozzi yali mmemba mugagga nga ekkanisa emuganyulwamu? Oba, mpozzi nga bagamba nti "[12]...Byonna birungi gye ndi" *(1 Kol. 6:12)*, tebaakitwala mu ngeri gye baali balina okukikola? Mu butuufu tetuliiko kye tumanyi.

Ensonga zonna entuufu kye ziyinza okubeera, beefuula abazibe b'amaaso eri okutyoboola okw'omu lwatu kutyo Ebyawandiikibwa *(Baleevi 18:7, 8)*. Ate baali bakyenyumiriza namu ssebo!?

**Bintu ki mu butangaavu ddala ebivumirirwa mu Byawandiikibwa ffe, ng'ekkanisa, bye tuli mu katyabaga k'okuzibiikiriza, byonna mu linnya lya "okwagala" ne "okuguminkirizagana"?**

## Okwaŋŋanga Obusandali

Okwaŋŋanga ensonga z'obwenzi bulijjo kubeera kuzibu mu. Kyali kizibu eri Pawulo, era naffe kituzibuwalira, kkw'okuba. Mu mbeera ezifaananako bwe zityo, tuteekwa okubeera abeesigwa eri Ebyawandiikibwa era tukole ku nsonga zino mu kusaba ate mu kwagala. Tuteekeddwa obuteerabira nti ekigendererwa kyaffe kya kuzzaawo [muntu oyo].

**Soma nate 1 Bakkolinso 5:1–13. Ngeri ki Pawulo gy'abagamba okukwatamu embeera eno?** ________________________

Pawulo akitangaaza bulungi mu 1 Bakkolinso nti obusandali mu nsonga z'okwegatta bwetaaga kukangavvula ng'ekkanisa. Agamba nti omumpembe ono kaggwensonyi asaanye aggibwe mu makkati gaabwe *(1 Kol. 5:2)*, asalirwe omusango *(1 Kol. 5:3)*, era aweebweyo eri Setaani *(1 Kol. 5:5)*, era " 'aggibwe mu mmwe' " *(1 Kol. 5:13)*. Bammemba b'ekkanisa baagambibwa "obuteegattanga naye" *(1 Kol. 5:9, 11)*, nti "ali bw'atyo n'okulya temulyanga naye" *(1 Kol. 5:11)*. Pawulo akozesa olulimi olukambwemu oluyinza n'okuwulikika ng'olutanyuma mu matu g'ensangi zino, naye ebigambo bye biteekeddwa okutegeerwa mu makulu gaabyo ag'ebyafaayo. N'ekirala, oli ateekeddwa okujjukira nti ono ayogerwako musiiwuufu wa mpisa era mugwenyufu. Bulijjo, mu mbeera ezisusse zityo, olulimi olukambwe lwetaagisa, kubanga bulijjo *'ennungu enkalirize ekisa tewona'*. Mu ngeri yonna, okunnyonnyola okumpimpi okw'ebigambo ebimu kuyinza okuyambako.

**"[2]...aggibwe wakati mu mmwe"** *(1 Kol. 5:2; ne 1 Kol. 5:13)*. Kino kisonga ku 'kusiba' kwa kkanisa.

**"[5]...okuwaayo ali bw'atyo eri Setaani"** *(1 Kol. 5:5)*. Kubanga omusajja ono teyalondawo kubeera wansi wa bukuumi bwa Katonda ng'amugondera, yali olwo yeeyerulidde Setaani. Kale, ebigambo bino biyinza okutegeeza ekintu nga, "Mumuleke akungule ebibala by'okusalawo kwe."

**"[9]...Nnabawandiikira...obuteegattanga na muntu"** *(1 Kol. 5:9, 11)* **"ali bw'atyo n'okulya temulyanga naye"** *(1 Kol. 5:11)*. Okutabagana okw'oku lusegere n'abantu abenzi kyalowoozebwanga okubeera eky'omuteeru kubanga baali basobola okwonoona abalala abandikoppye empisa zaabwe. Mu biseera eby'edda, okuliira awamu emmere kyayinzanga okutegeeza okugabana empisa era. Ffenna tweruliddwa eri ebikosa ebyo ebitwetoolodde, era twetaaga okwekuuma mu ngeri yonna esoboka, na ddala mu ngeri gye tukwatamu ekintu nga kino.

**"[5]...Omwoyo gulyoke gulokoke"** *(1 Kol. 5:5)*. Okusiba kw'ekkanisa kuba kwa kuddaabiriza. Kugendererwamu kukomyawo mwonoonyi eri okutegeera okutuufu era kibaleetere okuva ku nneeyisa yaabwe ey'ekibi. Kino nno kyandiba nga Pawulo kye yali ategeeza mu bigambo, "omubiri okuzikirizibwa" *(1 Kol. 5:5)*. Kisoboka era, nti omusajja ono kalibuseegu owa 1 Bakkolinso 5 ye musajja oluvannyuma eyeenenya ayogerwako mu maaso *(laba 2 Kol. 2:5–10)*. Okusiba kw'ekkanisa kuba kutuukirizza ekigendererwa kyayo mmemba asobya bw'addamu n'atereera mu kkanisa.

## Okutaakiriza Ekifaananyi ky'Ekkanisa

Mu 1 bakkolinso 6:1–11, Pawulo yeeyongerayo n'ebigambo bye ku butya Abakristaayo gye basaanye okukwatamu ensonga ezirimu abantu abalala mu kkanisa.

**Soma 1 Bakkolinso 5:3, 12, 13 ne 1 Bakkolinso 6:1–13. Kiki Pawulo ky'agezaako okuyigiriza Abakkolinso, weewaawo naffe?**

---

Ekigambo ky'Oluyonaani *pragma* mu 1 Bakkolinso 6:1, ekivvuunulwa nga "ekigambo" mu kikyuse ekya kisosonkole, kigambo ekitegeeza "ekintu oba ensonga." Wano, kisonga ku nsonga ey'amateeka. Kikulu nnyo okujjukira nti 1 Bakkolinso 6:1–11 tewasonga ku musango guwaawabiddwa mu mbuga z'amateeka. Obuyinza bw'embuga z'amateeka bukakasibwa mu Baruumi 13:1–5. Pawulo ayogera ku nsonga ya kutabaganya oluvannyuma lw'obwenzi, mu ngeri y'emu nga ne Musa bwe yakola mu Kyamateeka 22:22-24. Kino kiraga nno engeri empisa ya Pawulo mu kukola ku bizibu by'omu kkanisa bwe yeesigamizibwa ddala ku Byawandiikibwa.

Eky'amazima nti ensonga ey'omu 1 bakkolinso 6:1–11 esabikiddwa ebitundu ebyogera ku kwenda *(1 Bakkolinso 5 ne 1 Kol. 6:12–20)* luyinza okutegeeza nti "ekigambo" mu 1 Bakkolinso 6:1 nakyo kikwata ku kwenda. Tetumanyidde ddala kkw'okuba ensonga ky'eri, oba kasangosango akatonotono, gamba nga okutabukamu mu by'ettaka, oba mu nsonga z'obufumbo.

Kyonna *pragma* ono kye yali, Pawulo teyali musanyufu kulaba bammemba ba kkanisa nga bakitwala mu mbuga z'amateeka. Baali tebasobola, nga ab'oluganda, kukikolako, mu kifo ky'okukitwala mu maaso ga "abatali batuukirivu" *(1 Kol. 6:1)?*

Era kisoboka, nga abamu bwe bakirowooza, nti abaawaaba mu 1 bakkolinso 6:1 be ba taata n'omwana ow'obulenzi owa 1 Bakkolinso 5:1. Mu mbeera yonna, tekyetaagisa nnyo kusooka kutegeera nsonga bwe yali okusobola okutegeera ekinyusi. Pawulo ye yali afa ku kifaananyi kya kkanisa ng'ekibiina Ekikristaayo bwe kyalabibwanga ab'ebweru. Abakristaayo tebasaana kwanika buziina bwabwe mu lujjudde lw'abantu *(1 Kol. 6:6)*. Era tebagwana kukozesa ngeri za nsi mu kulamula ensonga ez'omunda. Mu nsi y'Abarooma, abantu ab'ekitiibwa ekya waggulu mu bugagga oba olw'ebifo byabwe eby'obufuzi baateranga nnyo okuttirwa ku liiso mu mbuga z'amateeka. Ku ludda luli, Abakristaayo bateekeddwa okusala omusango mu ngeri efaanana n'eya Kristo, era bwe batyo beeyawule ku bigera by'ensi.

**Lowooza ku lukalala lwa Pawulo olw'emize mu 1 Bakkolinso 5:10, 11 ne 1 Bakkolinso 6:9, 10. Lwaki amenyera wamu ebibi by'obwenzi n'ebibi ebirala nga okusinza ebifaananyi, obunyazi, omululu, n'obukenuzi?**

## Eddagala Erivumula Obwenzi

**Soma 1 Basessaloniika 4:1–8. Ekitundu kino kyogera ki ku nkwatagana eri wakati w'okutukuzibwa n'okulekayo okweyonoona mu by'okwegatta?** ______

Newankubadde Pawulo yali awandiikira muntu mulala nnyo mu nnyiriri ezo waggulu, omusingi gusobola okukozesebwa awalala wonna, eri Abakristaayo bonna.

Newankubadde era kino kireetawo ekibuuzo: Kiki ekyali kigenda mu maaso mu Kkolinso? Lwaki ebizibu bino byonna?

Abamu mu Kkolinso baali bakkiriza nti okuva bwe kiri nti enjiri yabawa eddembe, baalina ebbeetu ery'okukola ekintu kyonna. Baateranga okwogera nti ng'olubuto bwe lwatondebwa okulya emmere, omubiri gwakolebwa lwa kwegatta, era okwegatta kwa mubiri *(1 Kol. 6:13)*. Pawulo ayanukula nti kuno kutegeera bubi ddembe lya Bukristaayo. Okubulwa empisa mu nsonga z'okwegatta ssi kya Bukristaayo era kwe kukozesa obubi eddembe eriweebwa omuntu okuyita mu njiri *(Bar. 8:2, Bag. 5:13)*. Twaweebwa eddembe okuva mu kibi, so ssi "kuteebwa" kukikola ate *(Bar. 8:2; Bar. 6:18, 22)*. Mu butuufu, "[13]...omubiri...gwa Mukama waffe; ne Mukama waffe avunaana omubiri" *(1 Kol. 6:13)*. Tuli ba Kristo *(1 Kol. 6:15)*, era ekyo kye tuli kiteekwa okulagirira ekyo kye tukola. Ekintu ekimu kikwataganyizibwa nnyo n'ekirala. Kiggibwayo nnyo Bakkolinso 6 mu ngeri ez'enjawulo.

Okusooka, twogerwako nga ***abaanaazibwa***, ***abaatukuzibwa, era abaaweebwa obutuukirivu*** "[11]...olw'erinnya lya Mukama waffe Yesu Kristo, n'olw'Omwoyo gwa Katonda waffe" *(1 Kol. 6:11)*. Ebibi ebimenyeddwa mu 1 Bakkolinso 6:9, 10, nga mwe muli n'okwonooneka mu by'okwegatta, ekivumirirwa ennyo mu 1 Bakkolinso 6:12–20, tebirina kafo mu bulamu bw'abo abaanaazibwa, abaatukuzibwa era abaaweebwa obutuukirivu.

Eky'okubiri, tuli ***bitundu bya Kristo*** *(1 Kol. 6:15)*. Kino kitegeeza nti tuteekeddwa okwegattira awamu ne Kristo *(1 Kol. 6:17)*. Okugwenyuka kwe kumenya obwegaffu obwo *(1 Kol. 6:13, 15)*. Buli yeegatta n'omuntu omulala mu kikolwa eky'omukwano wabweru w'obufumbo afuuka "omubiri gumu" naye *(1 Kol. 6:16)*. Obwegaffu ne Kristo okuyita mu Mwoyo buteekeddwa okusalawo empisa z'Ekikristaayo mu nsonga z'okwegatta.

Eky'okusatu, emibiri gyaffe "***ye yeekaalu y'Omwoyo Omutukuvu***" *(1 Kol. 6:19, 20)*. Engeri yokka ey'okubeera mu bulamu obutukuvu mu kitiibwa mu nsonga z'okwegatta eri mu kubeera na nkolagana ennyunyuutivu ne Kristo okuyita mu Mwoyo Omutukuvu. Awalala, Pawulo asonga ku mbeera y'okubeera yeekaalu ya Mwoyo mu bigambo by'okuwaayo omubiri nga "...ssaddaaka ennamu, entukuvu, esanyusa Katonda" *(Bar. 12:1)*.

**Lowooza ku kukosa ebibi by'obwenzi kwe bireese eri omwana w'omuntu. Kino kigwanye kutubuulira ki ku ngeri ensonga eno gy'erina okutwalibwa nga nkulu nnyo eri Omukristaayo?**

## Obufumbo n'*Obuyisi bw'Omu*

Okukkaatiriza kwa Pawulo nti omubiri gwaffe "ye yeekaalu y'Omwoyo Omutukuvu" *(1 Kol. 6:19)* kubaawo mu makulu ga kulabula eri obwenzi. Okubeera yeekaalu ya Mwoyo y'engeri yokka ey'okubeera mu bulamu obutukuvu. Ekkanisa kibiina kya Bukristaayo ekyeyawula ku bikyetoolodde. Okubeerawo kwa Mwoyo Mutukuvu kwe kukisobozesa.

**Soma 1 Bakkolinso 6:19–7:9. Ekitundu kino kimulisa kitya omuntu bw'ayinza okugondera ddala ekiragiro kya "mwewalenga obwenzi"** *(1 Kol. 6:18)*? ______________________

Waliwo eby'okuyiga ebikulu bingi ddala ebikwata ku nsonga z'omukwano mu 1 Bakkolinso 7. Mu kwogera okwangungu, essuula eno esobola okugabanyizibwamu abitundu bibiri: (1) endagiriro ezikwata ku bufumbo *(1 Kol. 7:1–24)* ne (2) endagiriro ezikwata ku kubeera obw'omu *(1 Kol. 7:25–40)*. Bakkolinso Ekisooka 7 etuyamba okutegeera nti okwogera ku by'okwegatta kikulu nnyo era kyetaagisa.

Wabula, nga tusoma 1 Bakkolinso 7, tuteekeddwa okujjukira nti Pawulo ayanukula ebibuuzo nnantimba ebyekuusa ku nsonga ezaali mu kkanisa y'e Kkolinso. Kubanga, ebigambo ebimu byandireetera oli okulowooza nti tawa bufumbo kitiibwa, ekitali kituufu *(1 Tim. 4:1–3, 1 Tim. 5:14; ne Beb. 13:4)*.

Mu ngeri ennundiivu, ekiragiro "mwewalenga obwenzi" mu 1 Bakkolinso 6:18 kisabikiddwa n'ensonga y'okwegattira awamu ne Kristo *(1 Kol. 6:17)* n'okubeera yeekaalu ya Mwoyo *(1 Kol. 6:19)*. Waliyo engeri endala ey'okuddukamu obwenzi? Mazima teriiyo.

N'ekirala, Katonda y'eyakola okwegatta, naye kuno kulina kunyumirwa mu bufumbo mwokka. Ekikolwa ky'okwegatta kirabo eri omwami n'omukyala abali mu bufumbo, engeri yokka ekkirizibwa mu Bayibuli.

Ng'ayogera nti, "Mwewalenga obwenzi," Pawulo ayinza okuba nga alina mu bwongo bwe emboozi ya Yusufu *(Lub. 39:6–18)*. Bayibuli egamba nti mu maaso g'okusabiriza kwa muka Potifaali, Yusufu "yadduka n'avaawo" *(Lub. 39:18)*. Kino kyogerwa emirundi egitakka wansi w'ena mu Lubereberye 39:6–18. Bayibuli tekyogera butereevu, naye kitegeezebwa nti Yusufu yalindako okwegatta okutuusa bwe yatuuka mu bufumbo *(Lub. 41:45)*. Yali musajja eyajjula Omwoyo Omutukuvu *(Lub. 41:38)* era eyayagalanga ennyo okukola ekyali ekituufu mu maaso ga Katonda.

**Tuyinza tutya, ng'ekkanisa, okwekuuma okuva eri endaba y'eby'okwegatta enkyamu ebuutikidde obuwangwa mwe tuwangaalira?**

## Okwongera Okulowooza:

Ellen G. White, "A Message of Warning and Entreaty," emiko 298–308, mu *The Acts of the Apostles*.

Ekyewuunyisa, mu lukalala lw'emize oluli mu 1 Bakkolinso 5:10, 11 ne 1 Bakkolinso 6:9, 10, okusinza ebifaananyi n'obutamiivu biwandiikirwa wamu n'obwenzi. Nga Pawulo bw'ajjukiza mu 1 Bakkolinso 10:7 *(geraageranya ne Kuva 32:1–6)*, emikolo egy'okusinza ebifaananyi bulijjo gyateranga okufumbekeramu okulya n'okunywa mu ngeri ey'ekyeyonoonere, eyagguliranga okwejabaatira mu bwenzi *(1 Kol. 10:8)*. Ellen G. White agamba:

"Teri muntu n'omu asobola kunyumirwa mikisa gya kutukuzibwa so nga yeerowoozaako yekka era nga wa mululu. . . . amaanyi g'omuntu okwewala okusobezebwa agatuweebwa ga nsusso, naye emize egy'olutetenzi mu kulya obuteebalira awamu ne mu kunywa bituuka ne gifeebya buli kukola kwa mubiri. Mu kukulaakulanya omululu awamu n'ejjakirizi, n'abakristaayo abasingayo obugundiivu baziŋŋamya obutonde mu kukola kwabwo era ne bakendeereza ddala amaanyi g'omubiri, obwongo, n'empisa."—Ellen G. White, *The Sanctified Life*, emiko 25, 26.

"Oli bwe yeefukumula n'aggwaamu okwerowoozaako, buli katonda wa bulimba n'afulumizibwa mu mmeeme ye, ebifo ebyo bijjuzibwa omuyiika ogwa Mwoyo wa Kristo. Omuntu bw'atyo abeera n'okukkiriza okukolera ddala olw'okwagala era okulongoosa emmeeme ye okuva mu kusobezebwa kwonna okw'empisa, ne mu mwoyo."—Ellen G. White, *The Home Missionary*, November, 1889.


"Katonda anoonya okutuyimusa ku mutendera gwe ogwa waggulu, omulongoofu, ogw'eggulu. Olw'ekigendererwa kino Omwoyo we olutata alwanagana naffe. . . . okwesulika kwaffe okw'obutonde, okuggyako nga kutereezeddwa Omwoyo wa Katonda, kulina mu kwo ensigo z'okufa kw'empisa."—Ellen G. White, Manuscript 12, 1888.

**Ebibuuzo eby'Okukubaganyaako Ebirowoozo**

**1. Abakkiriza bangi mu Kkolinso baalaga okwegomba okufuna okusiimibwa mu buwangwa. Lwaki ekyo kya bulabe nnyo eri Obukristaayo? Kiki kye tuyinza okukola okweziyiza okukola ensobi y'emu?**

**2. Ekibuuzo kya Pawulo "Oba temumanyi ng'omubiri gwammwe ye yeekaalu y'Omwoyo Omutukuvu?"** *(1 Kol. 6:19)* **kiggalawo olufulube lw'ebibuuzo omusanvu mu 1 Bakkolinso 5–6 ebirimu ennyingo "Temumamnyi nga...?"** *(1 Kol. 5:6; 1 Kol. 6:2, 3, 9, 15, 16, 19)*. **Byonna nga bibanja eky'okuddamu ekituukiridde era ekiggumivu—ekintu nga, "Mazima ddala mukimanyi." Ebibuuzo bino bituyamba bitya okutegeera okufaayo kwa Paawulo eri ekkanisa? Lwaki naffe tusaanye tukwatibweko ensonga zino zennyini olwa leero?**

**3. Obufumbo buva wa Katonda** *(Luk. 1:27, 28; Luk. 2:18-24)* **era buteekeddwa okussibwamu ekitiibwa** *(Beb. 13:4)*. **Mu kiseera nga bangi babulowoozaako ng'obutakyakola makulu, obw'ekiseera eky'edda, tuyinza kulaga tutya ensi nti obufumbo mazima ky'ekirabo ekyava ewa [illegible] i?**



# Byonna *olw'*Ekitiibwa *kya* Katonda

SSABBIITI OLW'EGGULO

**Soma olw'Eky'okuyiga kya Wiiki Eno:** *1 Bakkolinso 8; Bik. 15:20; 1 Kol. 9:1–6; 1 Kol. 10:5–22; Ma. 6:4, 5; Makko 12:28–31.*

**<u>Olunyiriri olw'Okujjukira</u> "[31]Kale oba nga mulya, oba nga munywa, oba nga mukola ekigambo kyonna kyonna, mukolenga byonna olw'ekitiibwa kya Katonda"** *(1 Bakkolinso 10:31).*

Bakkolinso Ekisooka 8–10 zifundikira ensonga z'obwenzi (ez'omu ssuula 5–6) mu kiseera ky'ekimu ne zireeta okwanukula kwa Pawulo eri ebibuuzo nnantimba ebyamubuuzibwa okuyita mu bbaluwa emu *(1 Kol. 7:1)* eyava mu Bakkolinso. Eby'okuddamu bino bijja kwefuga ekitundu kyonna ekisigadde ku 1 Bakkolinso.

Engeri 1 Bakkolinso 7 gy'ekyusaamu ebintu eraga nti obwenzi *(essuula 5–7)* n'okusinza ebifaananyi *(essuula 8–10)* nsonga ezikwatagana. Mu butuufu, emirundi mingi zoogerwako wamu mu Ndagaano Empya *(laba Bik. 15:20, 29; Bik. 21:25; 1 Kol. 6:9; Bef. 5:5; Bakol. 3:5; Kubik. 21:8; Kubik. 22:15).*

Okutwalira awamu, mu 1 Bakkolinso 5–7 Pawulo akola ku kizibu kya bwenzi, mu 1 Bakkolinso 8–10 obuufu bwe okusinga buli ku nsonga ya kusinza bifaananyi. Agamba nti Abakristaayo bateekeddwa okwewala ebintu bino byombi *(1 Kol. 6:18, 1 Kol. 10:14).*

Wiiki ewedde twalaba nti mu kubeera yeekaalu ya Mwoyo Mutukuvu *(1 Kol. 6:19, 20)*, omuntu asobola okwewala okuseeguuka. Wiiki eno, tujja kulaba nti omuntu yenna asobola okwewala okusinza ebifaananyi ng'akola "byonna olw'ekitiibwa kya Katonda" *(1 Kol. 10:31).*

**Yiga eky'okuyiga kya wiiki eno weetegekere Ssabbiiti nga Muwakanya 1.*

## Okumanya n'Okwagala

**Soma 1 Bakkolinso 8:1–13. Lwaki Pawulo akontanya okumanya n'okwagala, era amakulu ga wano ge gali wa? Nsonga ki gy'aggyayo?**

---

Pawulo akozesa ensonga y'eby'okulya ebiweebwa eri ebifaananyi okusobola okukola ku nsonga ey'ebuziba okusingako awo: obutayagala bantu balala *(1 Bakkolinso 8)*. Ensonga y'eby'okulya ebiweebwa eri ebifaananyi yayabuluzaamu ekkanisa y'e Kkolinso mu bibinja bibiri. Abamu bakkiriza nti okumanya kwabwe ku ky'obutabeerayo bwa bakatonda balala kyali kibawa olukusa okweriira buli kintu *(1 Kol. 8:4)*. Bano boogerwako nga "ab'amaanyi" *(1 Kol. 4:10)*. Abo abaawakanya empisa eno bayitibwa "abanafu" *(1 Kol. 8:9–12)*. Pawulo akozesa ekigambo ekyo kubanga tebaawangula nzikiriza ezimu enkyamu ezaali mu mbeera yaabwe ey'ekikaafiiri ey'emabega. Bwe balaba "ab'amaanyi" nga balya eby'okulya ebiweereddwayo eri ebifaananyi, bayinza okukkiriza nti Obukristaayo n'okusinza ebifaananyi bitambulira wamu. Bw'atyo, Pawulo teyayagala bali "ab'amaanyi" kwesittaza "abanafu."

Bayibuli eraba ekikolwa ky'okulya eby'okulya ebiweereddwayo eri ebifaananyi mu ngeri mbi nnyo *(Bik. 15:20, 29; Bik. 21:25; geraageranya ne Kubik. 2:14, 20)*. Wabula, Pawulo tafulumya bigambo bikakali nga bw'oyinza okukiraba mu bitundu by'Ebyawandiikibwa bino. Kino kiri kityo kubanga ekigendererwa kye ekikulu kiri ku butaba na bumu okukozesa obubi okumanya bwe kwandireese. Pawulo tavumirira kumanya nti kubi ku bwakwo; wabula, ekitali ekyo, avumirira kika kya kumanya ekireetera omuntu okufuna ettitimbuli awamu n'okwesalaasalamu mu kkanisa. Okumanya okutaliimu kwagala si kumanya kutuufu yadde n'akatono *(1 Kol. 8:2)*. Okumanya okutuufu kubaawo awo wokka nga oli ayagala Katonda era nga ne Katonda amumanyi bulungi *(1 Cor. 8:3)*.

Ng'asimbula okuva mu Kyamateeka 6:4, Pawulo alaga nti abakkiriza bateekeddwa okumanya nti waliyo Katonda omu yekka *(1 Kol. 8:4–6)*. Ekinyuma, agoberera ensonga y'emu, erabibwa mu Kyamateeka 6:4, 5, eyo ebigambo nti Katonda waffe ali omu yekka gye bigoberezebwa ekiragiro "Yagalanga MUKAMA Katonda wo." Eri bombi Pawulo ne Musa, okumanya okutaliimu kwagala tekubaamu nsa.

Nga bakakafu mu kumanya kwabwe, "ab'amaanyi" baali bakkiriza nti okulya ebyo ebiweereddwa eri ebifaananyi tekwalimu mutawaana gwonna. Nga bwe tunaalaba ku lwa Mukasa ne ku lwa Kiwanuka, Pawulo yagira n'abawa olukusa olwo naye ku bukwakkulizo bwe yalambika. Nga singa ekyo kimala ne kibeera ekyesittaza eri "abanafu" *(1 Kol. 8:9)*, kyalina okwewalibwa. Abakristaayo bateekeddwa okukola ekigambo ky'okwegaanyisa mu kwagala Kristo n'abalala.

**Pawulo agamba nti, awatali kwagala, okumanya kuyinza okufuukamu ekintu ekibi** ***(1 Bakkolinso 8)*****. Mu mbeera ki okumanya okutaliimu kwagala gye kuyinza mu butuufu okubeera okubi?**

## Okwagala Okuteerowoozaako

**Soma 1 Bakkolinso 9:1–6. Ekitundu kino kituwa kitya eky'okulabirako ekirabwako eky'ekyo okwegaanyisa olw'okwagala kye kutegeeza?** ____________________

Mu kusooka okulaba, kirabika nga Pawulo awolereza obutume bwe, mu 1 Bakkolinso 9, kubanga tewali kakwate ku byasoose okwogerebwako ku ky'okumanya n'okwagala. Wabula, oli tasobola kwerabira nti Bayibuli ku ntandikwa teyawandiikibwa mu ssuula. Ekyo Pawulo ky'ayigiriza mu 1 Bakkolinso 9 tekyeyawula ku byogeddwako emabega. Mu butuufu, 1 Bakkolinsio 9 etuwa eky'okulabirako ekirabikira ddala eky'okwagala okuteerowoozaako eri Kristo n'eri ab'oluganda. Olw'okubeera okwagala, Pawulo addirizaamu n'agabayo olukusa mu ngeri entonotono.

**"Okulyanga n'okunywanga"** *(1 Kol. 9:4)*. Wano eby'okulya n'eby'okunywa biraga buvujjirizi bwa nsimbi okutwaliza awamu. Ng'omutume, Pawulo yalina olukusa okufuna obuvujjirizi obw'engeri yonna okuva eri abo be yaweererezangamu. Abakulembeze b'eddiini abalala mu kiseera kye baakoleranga ddala ekyo. Wabula ye teyakikola: ekitali ekyo, yeeyambayambanga okuva mu kukola zi weema *(Bik. 18:3)*.

**"Okutwalanga omukazi ow'oluganda awamu naffe"** *(1 Kol. 9:5)*. Omutume omufumbo yali akkirizibwa okugenda ku ŋŋendo ze ez'obuminsani ne mukazi we nga ekkanisa y'ebavujjirira. Eby'okulabirako by'abafumbo abaminsani mulimu Pulisika ne Akula *(Bar. 16:3)*. Anduloniiko ne Yuniya *(Bar. 16:7)*. Naye Pawulo teyali mufumbo *(1 Kol. 7:8)*. Yandiyinze okuwasa era bw'atyo n'aganyulwa mu ky'okubeera nga awerekerwako mukazi we, ate nga bombi baweereddwa obuvujjirizi bw'ensimbi.

**"Obutakolanga mirimu" olw'okweyimirizaawo** *(1 Kol. 9:6)*. Pawulo ne Balunabba baalina obuyinza okugabana empeera olw'okukola kwabwe okw'ekiminsani *(1 Kol. 9:4–6)*. Pawulo yali mukozi wa weema era nga mw'aggya ekigulira magala eddiba *(Bik. 18:3)*, naye tetumanyi mulimu gwa Balunabba gwali ki. Tumanyi kimu nti yali mugabi nnyo *(Bik. 4:36, 37)*, era bw'atyo yali asobola bulungi okweyimirizaawo.

Mu 1 Bakkolinso 9:7–11, Pawulo akulaakulanya ekirowoozo kya 1 Bakkolinso 9:6 okusobola okulaga nti kya buntu ye ne Balunabba okufuna obuvujjirizi okuva eri ekkanisa *(1 Kol. 9:11, 12)*. Mukama mwene yalagira nti, "[14]ababuuiira enjiri baliisibwenga olw'enjiri" *(1 Kol. 9:14; geraageranya ne 1 Tim. 5:18)*. Wadde biri bityo, Pawulo agamba, "[12]Naye tetwakoza buyinza obwo" *(1 Kol. 9:12)*. Bw'atyo, Pawulo yeeraga nga eky'okulabirako eky'okwegaanyisa *(1 Kol. 9:1–18)* era agamba nti kino kyagasa okubuulirwa kw'enjiri mu Kkolinso *(1 Kol. 9:19–23)*.

**Bintu ki, nti newankubadde bikugwanidde, nga osobola okubeera omulungiko okubirekayo okusobola okubeera omujulirwa wa Mukama?**

# Okuyigira ku Byayita

Oluvannyuma lw'okulaga eky'okulabirako ky'okwegaanyisa nga kuli ku ye mwene, Pawulo akyukira okusingira ddala ensonga y'okusinza ebifaananyi. Mu makulu agamu, 1 Bakkolinso 10 ezimba ekirowoozo ekiri mu 1 Bakkolinso 9:27, eyo Pawulo gy'akyogererako nti yeebonereza ssi kulwa nga abeera atasaanira. Ayagala Abakkolinso bagoberere eky'okulabirako kye, kyokka nga Yesu ky'eky'okulabirako eky'oku ntikko *(1 Kol. 11:1)*.

**Soma 1 Bakkolinso 10:7–11. Bibi ki Isiraeri bye yakola mu ddungu, era lwaki emikisa egyali egyabwe gifuula ebibi byabwe okubeera ebibi ennyo n'okusingawo?** ___

Mu 1 Bakkolinso 10:1–5, Pawulo ajuliza ebyafaayo eby'abantu ba Katonda bwe baali mu ddungu. Okusonga ku kire n'ennyanja kireeta okukulembera kwa Katonda, okubeerawo kwe, n'obutaakirizi bwe okujjukirwa. Oluvannyuma, emmere n'eby'okunywa biyimirirawo olw'obugabirizi bwa Katonda. Pawulo asonga ku mbeera ya Isiraeri mu kire nga okubatizibwa, okuggyayo ekifaananyi ky'okubatiza kw'Ekikristaayo. Mu ngeri y'emu, bw'asonga ku mmere n'eby'okunywa, Pawulo ajuliza Eky'eggulo kya Mukama.

Mu bigambo ebirala, 1 Bakkolinso 10 eyigiriza nti, mu ngeri emu oba endala, Abakristaayo balaba ebintu by'ebimu nga Isiraeri ow'edda bwe yalaba. Wabula, Pawulo ajjukiza ebyafaayo bya Isiraeri kubanga tayagala ebyafaayo ebyo kweddamu. Awatali kufa ku mikisa gyonna Isiraeri gye yalina, abantu bangi, era, baasigala beegomba ebintu ebibi *(1 Kol. 10:6)*, okugeza nga okusinza ebifaananyi *(1 Kol. 10:7)* awamu n'okukabawala *(1 Kol. 10:8)*. Kye kiva kiteewuunyisa kale, nti "bangi ku bo Katonda teyabasiima" *(1 Kol. 10:5)*.

Kyangu nnyo okusonga olunwe ku Isiraeri ow'edda n'oyogera nti baakola ebibi ebinene ebizibu. Wabula, Pawulo agamba nti Abakristaayo nabo balina omukisa gwe gumu ogw'okukola ebibi by'ebimu ebyo newankubadde balina emikisa nkumu egy'okumanya ku byafaayo bya Kristo. Kino kitangaavu mu kulabula: "[12]Kale alowooza
ng'ayimiridde yeekuumenga aleme okugwa" *(1 Kol. 10:12)*. Ekigambo "alowooza" kiringa ekigamba nti abamu mu kkanisa eno baali tebakitegeera nti baali mu kabi ak'okugwa mu bibi byennyini ebyo. Naffe tuli mu katyabaga ke kamu olwa leero?

"[12]Kale alowooza ng'ayimiridde yeekuumenga aleme okugwa." Ani ku ffe atalabanga butuufu bwa kulabula okwo?

**Bayibuli egamba nti Katonda tajja kutuleka kukemebwa kusinga kye tuyinza okugumira, "[13]...naye awamu n'okukemebwa era anassangawo n'obuddukiro"** *(1 KOl. 10:13)*. **Lwaki, kale, tukyakisanga nga kyangu nnyo okugwa mu kibi?**

## Okulabulwa ku Kusinza Ebifaananyi

**Soma 1 Bakkolinso 10:5–22. Lwaki tuteekeddwa okwewala okusinza ebifaananyi?** ____________________

Mu 1 bakkolinso 10:14–22, Pawulo addira nate ensonga y'eby'okulya ebiweereddwa eri ebifaananyi. Okuwaayo eby'okulya eri ebifaananyi kiyinza okubeera ekitali kya bulijjo mu buwangwa bungi olwa leero, naye kino kyali baana baliwo mu biseera bya Bayibuli. Ebisolo bwe byasaddaakibwanga eri balubaale mu zi yeekaalu z'abakaafiiri, ekitundu ku nsolo eyo kyaweebwanga bakabona abeekebakkeba eddimu eryo, era oluvannyuma baatundanga ennyama eyo. Emu ku nnyama eno yeesanganga etuuse mu butale obw'olukale. Kubanga ennyama eno teyaterekebwa wa njawulo okuva ku nnyama endala eyalinga ey'okutundibwa mu katale nayo, Omukristaayo nga, mu butamanya, asobola okuguliramu ennyama eno eyali yaweebwa eri ebifaananyi. Okubuulirira kw'Omutume ono kwali: ennyama ng'eyo esobola okugulibwa mu ddembe Abakristaayo.

Wadde nga ebyo biri bityo, yadde nga ennyama emabega eri eyali esaddaakiddwa mu yeekaalu yakkirizibwanĝa okuliibwa Abakristaayo eka, *(1 Kol. 8:1–13)*, ekikolwa ky'okugenda mu yeekaalu enkaafiiri n'okwetaba mu mikolo gyabwe kyali kizirira ddala eri Abakristaayo. Enkola ntangaavu nnyo: Abakristaayo bakkirizibwa okulya ennyama eyo awaka kubanga ebifanaanyi tebirina kye biri *(1 Kol. 8:4)*; wabula, [Abakristaayo] bateekeddwa obuteetaba mu mikolo gy'abakaafiiri kubanga kino kikwatagana n'okusinza baddayimooni *(1 Kol. 10:20, 21)*. Okwetaba mu mikolo egy'ekikaafiiri kyenkanankana n'okussa ekimu ne baddayimooni *(1 Kol. 10:20)*, mu ngeri y'emu nga okwetaba ku kusembera bwe kyenkanankana n'okussa ekimu ne Kristo *(1 Kol. 10:16)*.

Bw'atyo, Pawulo agamba, "[21]Temuyinza kunywa ku kikompe kya Mukama waffe ne ku kikompe kya balubaale: temuyinza kugabana ku mmeeza ya Mukama waffe ne ku mmeeza ya balubaale" *(1 Kol. 10:21)*. Nga Yesu bwe yayogera: "[24]Tewali muntu ayinza kuweereza baami babiri" *(Mat. 6:24)*

Pawulo ayigiriza nti Katonda ayagala tumwewe n'omutima gwonna mu bulambirira. Ategeeza wano nti mu kusinza ebifaananyi "[22]Mukama waffe tumukwasa obuggya" *(1 Kol. 10:22)*. Ekyo obutabaawo, Pawulo mu 1 Bakkolinso 8:4–6, awa etteeka eritanyenyezeka mu ngeri yonna eri okusinza ebifaananyi, ng'ajuliza Ekyamateeka 6:4, 5, "[4]Wulira, ggwe Isiraeri: Mukama Katonda waffe ye Mukama omu: [5]era onooyagalanga Mukama Katonda wo *n'omutima gwo gwonna, n'emmeeme yo yonna, n'amaanyi go gonna*" *(Ma. 6:4, 5; okukkaatiriza kuweereddwa)*. Ku nsonga eno ey'okwagala Katonda okusinga ebintu ebirala byonna mu Kyamateeka 6:5, Yesu yagattako, " ' "[18]Onooyagalanga muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka" ' " *(Makko 12:31: laba ne Baleevi 19:18)*.

**Ekifaananyi tekirina kusooka kubeera kibumbe eky'ejjinja. Tusobola okukola ekifaananyi okuva kumpi mu buli kintu. Bifaananyi ki, bwe bibaayo, bye weetaaga okwewala mu bulamu bwo bwennyini?**

## Okuwangula Okusinza Ebifaananyi

Mu 1 Bakkolinso 8:1–3, Pawulo agamba nti okwagala kukuuma omuntu ne yeewala okusinza ebifaananyi. Ebigambo bino biddamu ne byogerwa ate mu ngeri esingako mu 1 Bakkolinso 10:23–11:1. Mu 1 Bakkolinso 8:3, ayogera ku kwagala kwaffe eri Katonda. Agamba, "[24]Omuntu yenna tanoonyanga bibye yekka, wabula ebya munne" *(1 Kol. 10:24)*. Kuno kwe kwagala abalala.

**Soma Makko 10:17–22 ne Makko 12:28–31. Ebitundu bino biki ebibifaananya, era bikola bitya mu mbeera ya 1 Bakkolinso 10?**

---

Pawulo agenda mu maaso n'okukola mu 1 Bakkolinso 10 ekyo kyennyini Yesu kye yakola mu Makko 12:28–31; kye kino; agatta wamu ebiragiro ebibiri ebisinga obukulu: okwagala Katonda okusinga ekintu ekirala kyonna, n'okwagala abantu abalala. Mu lugero lwa omufuzi omugagga omuto *(Makko 10:17–22)*, Yesu agatta ebika bino ebibiri eby'okwagala, era kino akikola ajuliza Kyamateeka 6:4 *(laba Makko 10:18)* era ekipande eky'okubiri mu Mateeka Ekkumi *(laba Makko 10:19)*. Ekizibu ky'omuvukuba oyo omufuzi omugagga kiri nti yayagala nnyo eby'obugagga bye okusinga bwe yayagala Katonda ne baliraanwa be *(Makko 10:22)*. Yalaba amakulu mangi mu by'obugagga bye ku nsi okusinga eby'obugagga eby'omu ggulu. Yalaba omuwendo mungi nnyo mu ssente ze okusinga mu baavu *(Makko 10:21)*. Yali musinza wa bifaananyi.

Ng'agoberera okuyigiriza kwa Yesu, Pawulo akikoonako nti omusingi gw'okwagala Katonda okusinga byonna ne muliraanwa nga bwe weeyagala wekka kya kukozesebwa mu mbeera eziri awo z'akoonako mu 1 Bakkolinso 10:27, 28. Kino kitegeeza nti n'ebintu ebiri mu mateeka biyinza obutayamba oba yadde okugasa engeri gye bisobola okunyiiza oba okwesittaza omulala *(1 Kol. 10:23)*. Omusingi guno gunywezebwa nnyo mu bigambo "Mukolenga byonna olw'ekitiibwa kya Katonda" *(1 Kol. 10:31)*. Ng'ayogera nti byonna biteekeddwa kukolebwa olw'ekitiibwa kya Katonda, Pawulo alaga nti okusinza ebifaananyi kuyinza okweraga mu ngeri ez'enjawulo, kubanga ekintu kyonna ekiwamba ekitiibwa ekirina okuba ekya Katonda yekka kibeera kifaananyi *(Isa. 42:8)*.

Ebigambo bya Pawulo mu 1 Bakkolinso 10:31–11:1 bikola ng'enfundikira y'essuula 8–10. Bikitangaaza bulungi nti teyanoonya kwesanyusa yekka, "wabula abangi balyoke balokoke" *(1 Kol. 10:33)*. Bw'atyo bwe yagoberera Kristo *(1 Kol. 11:1)*.

**Oyinza kuyiga otya okwagala muliraanwa wo nga bwe weeyagala?**

## Okwongera Okulowooza:

Ellen G. White, "Idolatry at Sinai," ku miko 315–330, mu *Patriarchs and Prophets*.

"Bulungi bwenkana wa obuyinza okukolebwa singa tukozesa bulungi enkwatagana zaffe n'abalala! Buli omu alabye ku birungi by'eggulu avunaanyizibwa okwasa omusana mu kkubo ly'abalala. . . . Oluvannyuma abo bonna mu mazima abaagala Katonda bajja kukomya ebifaananyi byabwe, nga n'oluusi bbo bennyini by'ebifaananyi."—Ellen G. White, in *The Advent Review and Sabbath Herald*, November 18, 1884, omuko 730.

"Pawulo yategeeza baganda be okwebuuza kukosa kwenkana wa ebigambo byabwe awamu n'ebikolwa byabwe kwe byandibadde nakwo ku balala n'obutakola kintu kyonna, ne bwe kiba nga ku bwakyo tekiriiko musango, ekyo ekyandirabise nga abakkaanya n'okusinza ebifaananyi oba okwesittaza obusomyo bw'abo abayinza okuba abanafu mu kukkiriza. '31 Kale oba nga mulya, oba nga munywa, oba nga mukola ekigambo kyonna kyonna, mukolenga byonna olw'ekitiibwa kya Katonda.'

"Ebigambo by'omutume ono eby'okulabula eri ekkanisa y'e Kkolinso bikozesebwa mu kiseera kyonna era mu ngeri ey'enjawulo bikwataganyizibwa n'embeera yaffe leero. Bw'ayogera ku bifaananyi ky'ategeeza ssi kusinza bifaananyi kwokka, wabula n'okweweereza, okwagala ebyangu, okusanyusa obwetaavu bw'okulya awamu n'okwakirira."—Ellen G. White, *The Acts of the Apostles*, emiko 316, 317.

"Bw'olaba nga mu kukola ebintu ebimu by'olinako ddala olukisa olutaliiko agamba, nga oziyiza okugenda mu maaso kw'omulimu gwa Katonda, lekera awo okukola ebintu ebyo. Tokola kintu kyonna ekinaazibira ebirowoozo by'abalala eri amazima. . . . Ebintu byonna biyinza okuba nga bituukiridde mu mateeka, naye ssi byonna nti bigwanye."—Ellen G. White, *Testimonies for the Church,* vol. 9, omuko 215.


**Ebibuuzo eby'Okukubaganyaako Ebirowoozo**

**1. Okusinziira ku Pawulo, enneeyisa y'Omukristaayo omukulu oluusi esobola okuziyiza okukula kw'oyo omuto. Lowooza ku mbeera kino mwe kisobolera okubaawo. Lwaki etteeka ly'okwagala Katonda okusinga byonna, n'abalala nga bwe weeyagala, y'engeri yokka ey'okukwatamu okusoomooza kuno?**

**2. Bifaananyi ki n'Abakristaayo bye bayinza okufundikira nga basinza, bwe bataba beegendereza? Bintu ki n'ebyo ebirungi ebiyinza okufuukamu ebifaananyi? N'ekirala, omanya otya oba nga ekintu ky'ofaako ennyo kifuuse kifaananyi?**

**3. Pawulo agamba nti yeebonereza omubiri gwe era n'aguleetera okugonda alyoke aleme okuba atasaanira ng'abuulira enjiri *(1 Kol. 9:27)*. Nga weesigama ku ky'okuyiga kya wiiki eno, lowooza ku kiyinza obutasaanyiza muntu nga omubuulizi w'enjiri.**

**4. Mu 1 Bakkolinso 10, Pawulo akola ku mitawaana egiri mu kusinza ebifaananyi era agamba nti, "muddukenga okusinza ebifaananyi" *(1 Kol. 10:14)*. Lwaki okusinza ebifaananyi kubi nnyo?**



# Ebirabo *by'*Omwoyo

Ssabbiiti olw'Eggulo

**Soma olw'Eky'okuyiga kya Wiiki Eno:** *1 Bakkolinso 12, Bef. 4:11–13, 1 Bakkolinso 13, 1 Peet. 4:8–11, 1 Kol. 14:27, Amosi 3:7.*

**Olunyiriri olw'Okujjukira:** "<sup></sup>1Mugobererenga okwagala; naye mwegombenga ebirabo eby'omwoyo, naye ekisinga mubuulirenga" *(1 Bakkolinso 14:1).*

Okufaananako n'omubiri gw'omuntu, ekkanisa eri emu naye erina ebitundu by'omubiri bingi, nga buli kimu kirina omulimu gwakyo, emigaso, awamu n'ebirabo. Nga bikozeseddwa mu kwagala, ebirabo by'omwoyo bireetawo engeri y'obumu eggyayo empisa ya Katonda nnabasatwe.

Wiiki eno tujja kwetegereza 1 Bakkolinso 12–14 n'okuyigiriza kwazo ku birabo by'omwoyo. Akanyomero kano kitundu ku ttundutundu eddeneko Pawulo mw'ayolekaganira n'enneeyisa esuubirwa ku Mukristaayo mu mbeera y'eddiini *(1 Bakkolinso 11–14)*. Ensonga ya Pawulo esookera ddala eri ku kizibu eky'enkuuŋaana ezitali nteeketeeke. Okwanukula kwe eri ekizibu kino kuli nti ekkanisa mubiri nga ebitundu byagwo birina emigaso egy'enjawulo kyokka nga gyonna gigasa "olw'okuzimba omubiri gwa Kristo" *(Bef. 4:12)*. Mu bimpimpi, Katonda yawa ekkanisa ebirabo eby'omwoyo okusobola okutwala mu maaso obumu yadde nga tuli ba njawulo.

Kya mazima nti Pawulo akyalina mu birowoozo bye ekizibu ky'obubondobondo kye yakolako mu ssuula ennya ezisooka eza 1 Bakkolinso, eyo eky'okuddamu eri obutakwatagana mu bammemba b'ekkanisa gye kiri okusseekimu ne Kristo/[okubeera obumu mu Kristo]. Kaakano azimba ensonga eyo y'emu nga alaga okutegeera kwe okw'omugaso gw'ebirabo eby'omwoyo. Okusinziira ku Pawulo, obumu mu Kristo n'Omwoyo y'engeri yokka ey'okwewalamu obubondobondo.

**Yiga eky'okuyiga kya wiiki eno weetegekere Ssabbiiti nga Muwakanya 8.*

## Ebirabo Eby'Enjawulo

Pawulo ayanjula omulamwa omuggya mu 1 Bakkolinso 12:1, ng'akozesa ebigambo "kale nno…[ebikwata ku]." Abayizi ba Bayibuli baakubaganya ebirowoozo oba nga ayogera ku "birabo eby'omwoyo" oba "abantu ab'omwoyo" kubanga ebigambo eby'Oluyonaani *tôn pneumatikôn* bikkiriza entaputa zombi. "Ebirabo eby'omwoyo" ky'ekisingako bw'obirabira mu musana gwa 1 Bakkolinso 12:4, eyo Pawulo mu butangaavu gy'asongera ku birabo eby'omwoyo. Mu 1 Bakkolinso 12:2, 3, Pawulo akikoonako nti ekirabo ky'Omwoyo ekisookera ddala kwe kwatula okw'obuvumu nti Yesu ye Mukama *(1 Kol. 12:2, 3)*. Mu biseera by'Endagaano Empya, okwogera nti Yesu ye Mukama kwalinga kwogera nti Kayisaali ssi Mukama *(Bik. 17:7; ne Yok. 19:12, 15)*. Kino kyalabibwanga ng'okuyeekera obuyinza obwali mu mitambo, era bwe kityo, nga omusobya abonerezebwa na kuttibwa.

Yesu ne Pawulo bakikkaatiriza nti okukkiriza mu Katonda—ne mu maaso g'okuyigganyizibwa ko n'okutiisibwa kw'okufa—kirabo kya Mwoyo. Mu butuufu, okukkiriza ky'ekirabo ekisookera ddala. Kye kiva kiteewuunyisa nti okukkiriza kwe kusookera ddala ku lukalala lwa 1 Bakkolinso 13:13. Nti okukkiriza kirabo kya mwoyo kitangaavu nnyo mu bigambo bya Pawulo mu 1 Bakkolinso 12:9. Wabula, waliyo ebirabo ebirala bingi. Eky'amazima nti Omwoyo Omutukuvu agaba ebirabo eby'enjawulo "'/ng'agabira buli muntu kinnoomu nga ye bw'ayagala" *(1 Kol. 12:11)* kikakasa nti byonna byetaagisa.

**Soma 1 Bakkolinso 12:1–6. Essira liri ku ki mu kitundu kino?**

______________________________________________

Okuddiŋŋana ekigambo "eby'enjawulo" kikkaatiriza obungi bw'ebirabo bino. Pawulo by'ayita "ebirabo eby'omwoyo" mu 1 Bakkolinso 12:1 byogerwako mu nnyiriri 4–6, okuyita mu nsonda ssatu ez'enjawulo: "ebirabo" (*charisma*), "obuweereza" (*diakonia*), ne "amakatala" (*energçma*). Wadde nga ebigambo bino bitegeeza ebintu bya njawulo, kikulu nnyo obutassaawo njawulo ya lwatu wakati waabyo kubanga obubaka obubirimu bwonna busonga ku kimu. Oli yeetaaga era okwetegereza nti ebirabo by'omwoyo byawundibwa kuleetawo bumu nga bwesigamizibwa ku mpisa ya Katonda mu busatu *(laba ne Bef. 4:8–11)*. Wadde omwoyo agabira abakkiriza ebirabo, Katonda y'abawa amaanyi okuweereza Kristo mu bitundu abakkiriza gye babeera *(1 Kol. 12:5, 6)*. Buli mukkiriza aweebwa ebirabo mu ngeri ye nga ye *(1 Kol. 12:11)*, wabula byonna bigasiza wamu abakkiriza.

**Weetegereze nate okukkaatiriza kwa Pawulo ku nsonga y'obumu. Lwaki kino kikulu nnyo eri ekkanisa?**

## Obumu Okuyita mu Njawulo Zaffe

Olulimi lw'obumu lusooka kwanjulwa mu 1 Bakkolinso 12:4–6 ("omwoyo ali omu," "Mukama waffe ali omu," ne "Katonda ali omu") lukulaakulaanyizibwa okusingawo mu 1 Bakkolinso 12. Kino kikakasibwa mu kukozesa kwa Pawulo ebigambo nga "[11]Omwoyo oyo omu" *(1 Kol. 12:11)*, "omubiri gwe gumu" *(1 Kol. 12:12)*, "omubiri gumu" *(1 Kol. 12:12, 13, 20)*, "Omwoyo omu" *(1 Kol. 12:13 [emiruñdi ebiri])*, "[25]naye ebitundu biyambaganenga bumu byokka na byokka" *(1 Kol. 12:25)*.

Awamu n'ensonga y'obumu, Pawulo atangaaza obwawufu bwa bammemba mu mubiri gwa Kristo okuyita mu bigambo nga "ebitundu bingi" *(1 Kol. 12:12, 20)*, "[13]...fenna twabatizibwa" *(1 Kol. 12:13)*, "[14]si kitundu kimu, naye bingi" *(1 Kol. 12:14)*, "Omubiri gwonna" *(1 Kol. 12:17)*, "buli kinnakimu mu mubiri" *(1 Kol. 12:18)*, "ebitundu bino eby'omubiri" *(1 Kol. 12:22, 23)*, "ebitundu byonna" *(1 Kol. 12:26)*. Okukkaatiriza kuno ku byombi obumu n'okubeera ab'enjawulo kulaga nti ebirabo by'omwoyo bigenderera kukulaakulanya bumu *okuyita mu* kubeera ab'enjawulo.

Obumu buno wakati mu bwawufu buteekeddwa okulaga empisa ya Katonda. Kitaffe muntu omu, Omwana muntu mulala, ne Mwoyo Mutukuvu naye mulala. Abasatu bano beekuumira ebibaawula so nga bakolera wamu okuyamba ekkanisa era n'okugiwa amaanyi olw'omulimu *(1 Kol. 12:4–6, Bef. 4:11–13)*.

**Soma 1 Bakkolinso 12:12–31. Lwaki ekyogerebwa ku mubiri n'ebitundu byagwo ebingi kikola okuggyayo ekkanisa ne bammemba baayo?** ______________________________________

______________________________________

Ekirowoozo ekimu ekikulu ennyo mu 1 Bakkolinso 12 kiri nti wadde ebitundu by'omubiri buli kimu kya njawulo ku kinnaakyo *(1 Kol. 12:15–20)*, byonna byesigamaganako *(1 Kol. 12:21–26)*. Ebigere byesigama ku maaso okulaba we bigenda okutambulira; ate n'amaaso nago tegasobola kukwata kintu kyonna—mikono gyokka gy'egisobola. N'ekirala, ensonga nti ebitundu ebimu binafu ku binnaabyo *(1 Kol. 12:22)* oba nti si bya kitiibwa nnyo *(1 Kol. 12:23)* okwenkana ebirala kya kwogera bwogezi, kubanga ekituufu kiri nti byonna byetaagisa *(1 Kol. 12:22)*.

Eky'ennaku, waaliwo embeerabeera mu Bakkolinso okuwa ekitiibwa ebirabo ebimu ne basuulirira ebirala. Okutangira abantu bano okugenda mu maaso n'ensobi eno, Pawulo ayita obuwuffu bwabwe eri okwagala, nga kuno lye "ekkubo erisinga ennyo obulungi" *(1 Kol. 12:31)*. Mu bigambo ebirala, ssi nsonga ekirabo kiri ki, bwe kikozesebwa mu magezi, kisobola okusanyusa Katonda.

**Laba enkalala z'ebirabo mu 1 Bakkolinso 12:8–10, 28; Baruumi 12:6–8; ne Befeeso 4:11. Ekirabo kyo ky'ekiri wa? Oyinza kukikozesa otya okugasa omubiri gwa Kristo?**

## "Ekkubo Erisinga Ennyo Obulungi"

"Okwagala ssi kirabo kimu mu bingi. Ly'ekkubo biri byonna ebirala mwe biyita okutuuka ku bigendererwa byabyo."—Carl P. Cosaert, "1 Bakkolinso," *Andrews Bible Commentary: New Testament* (Berrien Springs, MI: Andrews University Press, 2022), omuko 1643.

**Soma 1 Bakkolinso 13:1–7 ne 1 Peetero 4:8–11. Omulimu gw'Okwagala gwe guli wa bwe twogera ku birabo by'omwoyo?** ________

Bakkolinso Ekisooka 13 eyigiriza nti okuyita mu kwagala kwokka ebirabo eby'omwoyo mwe biyinza okukozesebwa mu butuufu bwabyo. Pawulo atandika 1 Bakkolinso 13 ng'ajuliza ebirabo ebimenyeddwa mu 1 Bakkolinso 12, nga akkaatiriza obutaba bwabyo na makulu bwe bitatambulira ku kwagala. Bwe kityo, okumanya *(1 Kol. 12:8)* n'okukkiriza *(1 Kol. 12:9)*, "n'okuggyawo ne nzigyawo ensozi" *(1 Kol. 13:2)*, tebiba kintu bwe bitabaamu kwagala *(1 Kol. 13:2)*. Awatali kwagala, obusobozi bw'okwogera mu nnimi *(1 Kol. 12:10, 28, 30)* bukendeezebwa "nga nfuuse ekikomo ekivuga n'ebitaasa ebisaala" *(1 Kol. 13:1)*. Mu ngeri y'emu, n'ekirabo eky'omugaso eky'okulagula tekiba na makulu bwe watabaawo kwagala *(1 Kol. 13:2)*.

Mu 1 Bakkolinso 13:4–7, Pawulo amakanda agassa ku ki okwagala kye kuli n'ekyo kye kutali; n'okusingira ddala, ekyo [okwagala] kye kukola ne kye kutakola. Ebigambo ebikozi bye yalonda okulambika obulungi okwagala biraga nti okwagala ssi nnyo nti ky'ekintu kye tukola. Bwe kityo, Pawulo akikoonako nti okwagala (1) kugumiikiriza; (2) kulina ekisa; (3) kusanyukira amazima; (4) kuzibiikiriza ebintu byonna; (5) kukkiriza byonna; (6) kusuubira byonna; (7) kugumiikiriza byonna. Ku ludda luli, okwagala (1) tekuba na buggya; (2) tekwekulumbaza; (3) tekwegulumiza; (4) tekukola bitasaana; (5) tekunoonya byakwo; (6) tekunyiiga mangu; (7) tekusiba bubi ku mwoyo; (8) tekusanyukira bitali bya butuukirivu.

Omugatte guno ogw'ebigambo ebikozi 15 gutuluŋŋamya mu ngeri eŋŋundiivu olw'enneeyisa esaanidde nga tukozesa ebirabo bino. Okugeza, okukubaganya ebirowoozo kuno ku kikula ekituufu eky'okwagala kuli ddala wakati wa 1 Bakkolinso 12 ne 14, eyo Pawulo gy'ayolekaganira n'entalo ezikwata ku birabo by'omwoyo. Mu butuufu, okwagala kwe kutulagirira mu nkozesa ey'amagezi ebirabo eby'omwoyo. Okwagala era kuliraanyizibwa okukkiriza awamu n'okusuubira, "[13]...naye ku ebyo ekisinga obukulu kwagala" *(1 Kol. 13:13)*..

**Lwaki okwagala kukulu nnyo eri okukkiriza kwaffe? Ngeri ki esinga obulungi ey'okulega ku kwagala kwa Katonda okusinga okunoonya okulaga okwagala okwo kwennyini eri abalala?**

## Okuyigira ku Byayita

Oluvannyuma lw'okulaga eky'okulabirako ky'okwegaanyisa nga kuli ku ye mwene, Pawulo akyukira okusingira ddala ensonga y'okusinza ebifaananyi. Mu makulu agamu, 1 Bakkolinso 10 ezimba ekirowoozo ekiri mu 1 Bakkolinso 9:27, eyo Pawulo gy'akyogererako nti yeebonereza ssi kulwa nga abeera atasaanira. Ayagala Abakkolinso bagoberere eky'okulabirako kye, kyokka nga Yesu ky'eky'okulabirako eky'oku ntikko *(1 Kol. 11:1)*.

**Soma 1 Bakkolinso 10:7–11. Bibi ki Isiraeri bye yakola mu ddungu, era lwaki emikisa egyali egyabwe gifuula ebibi byabwe okubeera ebibi ennyo n'okusingawo?** ________________________________

Mu 1 Bakkolinso 10:1–5, Pawulo ajuliza ebyafaayo eby'abantu ba Katonda bwe baali mu ddungu. Okusonga ku kire n'ennyanja kireeta okukulembera kwa Katonda, okubeerawo kwe, n'obutaakirizi bwe okujjukirwa. Oluvannyuma, emmere n'eby'okunywa biyimirirawo olw'obugabirizi bwa Katonda. Pawulo asonga ku mbeera ya Isiraeri mu kire nga okubatizibwa, okuggyayo ekifaananyi ky'okubatiza kw'Ekikristaayo. Mu ngeri y'emu, bw'asonga ku mmere n'eby'okunywa, Pawulo ajuliza Eky'eggulo kya Mukama.

Mu bigambo ebirala, 1 Bakkolinso 10 eyigiriza nti, mu ngeri emu oba endala, Abakristaayo balaba ebintu by'ebimu nga Isiraeri ow'edda bwe yalaba. Wabula, Pawulo ajjukiza ebyafaayo bya Isiraeri kubanga tayagala ebyafaayo ebyo kweddamu. Awatali kufa ku mikisa gyonna Isiraeri gye yalina, abantu bangi, era, baasigala beegomba ebintu ebibi *(1 Kol. 10:6)*, okugeza nga okusinza ebifaananyi *(1 Kol. 10:7)* awamu n'okukabawala *(1 Kol. 10:8)*. Kye kiva kiteewuunyisa kale, nti "bangi ku bo Katonda teyabasiima" *(1 Kol. 10:5)*.

Kyangu nnyo okusonga olunwe ku Isiraeri ow'edda n'oyogera nti baakola ebibi ebinene ebizibu. Wabula, Pawulo agamba nti Abakristaayo nabo balina omukisa gwe gumu ogw'okukola ebibi by'ebimu ebyo newankubadde balina emikisa nkumu egy'okumanya ku byafaayo bya Kristo. Kino kitangaavu mu kulabula: "*12*Kale alowooza ng'ayimiridde yeekuumenga aleme okugwa" *(1 Kol. 10:12)*. Ekigambo "alowooza" kiringa ekigamba nti abamu mu kkanisa eno baali tebakitegeera nti baali mu kabi ak'okugwa mu bibi byennyini ebyo. Naffe tuli mu katyabaga ke kamu olwa leero?

"*12*Kale alowooza ng'ayimiridde yeekuumenga aleme okugwa." Ani ku ffe atalabanga butuufu bwa kulabula okwo?

**Bayibuli egamba nti Katonda tajja kutuleka kukemebwa kusinga kye tuyinza okugumira, "*13*...naye awamu n'okukemebwa era anassangawo n'obuddukiro"** *(1 KOl. 10:13)*. **Lwaki, kale, tukyakisanga nga kyangu nnyo okugwa mu kibi?**

## Okulabulwa ku Kusinza Ebifaananyi

**Soma 1 Bakkolinso 10:5–22. Lwaki tuteekeddwa okwewala okusinza ebifaananyi?** ________________

Mu 1 bakkolinso 10:14–22, Pawulo addira nate ensonga y'eby'okulya ebiweereddwa eri ebifaananyi. Okuwaayo eby'okulya eri ebifaananyi kiyinza okubeera ekitali kya bulijjo mu buwangwa bungi olwa leero, naye kino kyali baana baliwo mu biseera bya Bayibuli. Ebisolo bwe byasaddaakibwanga eri balubaale mu zi yeekaalu z'abakaafiiri, ekitundu ku nsolo eyo kyaweebwanga bakabona abeekebakkeba eddimu eryo, era oluvannyuma baatundanga ennyama eyo. Emu ku nnyama eno yeesanganga etuuse mu butale obw'olukale. Kubanga ennyama eno teyaterekebwa wa njawulo okuva ku nnyama endala eyalinga ey'okutundibwa mu katale nayo, Omukristaayo nga, mu butamanya, asobola okuguliramu ennyama eno eyali yaweebwa eri ebifaananyi. Okubuulirira kw'Omutume ono kwali: ennyama ng'eyo esobola okugulibwa mu ddembe Abakristaayo.

Wadde nga ebyo biri bityo, yadde nga ennyama emabega eri eyali esaddaakiddwa mu yeekaalu yakkirizibwanga okuliibwa Abakristaayo eka, *(1 Kol. 8:1–13)*, ekikolwa ky'okugenda mu yeekaalu enkaafiiri n'okwetaba mu mikolo gyabwe kyali kizirira ddala eri Abakristaayo. Enkola ntangaavu nnyo: Abakristaayo bakkirizibwa okulya ennyama eyo awaka kubanga ebifanaanyi tebirina kye biri *(1 Kol. 8:4)*; wabula, [Abakristaayo] bateekeddwa obuteetaba mu mikolo gy'abakaafiiri kubanga kino kikwatagana n'okusinza baddayimooni *(1 Kol. 10:20, 21)*. Okwetaba mu mikolo egy'ekikaafiiri kyenkanankana n'okussa ekimu ne baddayimooni *(1 Kol. 10:20)*, mu ngeri y'emu nga okwetaba ku kusembera bwe kyenkanankana n'okussa ekimu ne Kristo *(1 Kol. 10:16)*.

Bw'atyo, Pawulo agamba, "[21]Temuyinza kunywa ku kikompe kya Mukama waffe ne ku kikompe kya balubaale: temuyinza kugabana ku mmeeza ya Mukama waffe ne ku mmeeza ya balubaale" *(1 Kol. 10:21)*. Nga Yesu bwe yayogera: "[24]Tewali muntu ayinza kuweereza baami babiri" *(Mat. 6:24)*

Pawulo ayigiriza nti Katonda ayagala tumwewe n'omutima gwonna mu bulambirira. Ategeeza wano nti mu kusinza ebifaananyi "[22]Mukama waffe tumukwasa obuggya" *(1 Kol. 10:22)*. Ekyo obutabaawo, Pawulo mu 1 Bakkolinso 8:4–6, awa etteeka eritanyenyezeka mu ngeri yonna eri okusinza ebifaananyi, ng'ajuliza Ekyamateeka 6:4, 5, "[4]Wulira, ggwe Isiraeri: Mukama Katonda waffe ye Mukama omu: [5]era onooyagalanga Mukama Katonda wo *n'omutima gwo gwonna, n'emmeeme yo yonna, n'amaanyi go gonna*" *(Ma. 6:4, 5; okukkaatiriza kuweereddwa)*. Ku nsonga eno ey'okwagala Katonda okusinga ebintu ebirala byonna mu Kyamateeka 6:5, Yesu yagattako, " ' "[18]Onooyagalanga muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka" ' " *(Makko 12:31; laba ne Baleevi 19:18)*.

**Ekifaananyi tekirina kusooka kubeera kibumbe eky'ejjinja. Tusobola okukola ekifaananyi okuva kumpi mu buli kintu. Bifaananyi ki, bwe bibaayo, bye weetaaga okwewala mu bulamu bwo bwennyini?**

## Okuwangula Okusinza Ebifaananyi

Mu 1 Bakkolinso 8:1–3, Pawulo agamba nti okwagala kukuuma omuntu ne yeewala okusinza ebifaananyi. Ebigambo bino biddamu ne byogerwa ate mu ngeri esingako mu 1 Bakkolinso 10:23–11:1. Mu 1 Bakkolinso 8:3, ayogera ku kwagala kwaffe eri Katonda. Agamba, "[24]Omuntu yenna tanoonyanga bibye yekka, wabula ebya munne" *(1 Kol. 10:24)*. Kuno kwe kwagala abalala.

**Soma Makko 10:17–22 ne Makko 12:28–31. Ebitundu bino biki ebibifaananya, era bikola bitya mu mbeera ya 1 Bakkolinso 10?**

---

Pawulo agenda mu maaso n'okukola mu 1 Bakkolinso 10 ekyo kyennyini Yesu kye yakola mu Makko 12:28–31; kye kino; agatta wamu ebiragiro ebibiri ebisinga obukulu: okwagala Katonda okusinga ekintu ekirala kyonna, n'okwagala abantu abalala. Mu lugero lwa omufuzi omugagga omuto *(Makko 10:17–22)*, Yesu agatta ebika bino ebibiri eby'okwagala, era kino akikola ajuliza Kyamateeka 6:4 *(laba Makko 10:18)* era ekipande eky'okubiri mu Mateeka Ekkumi *(laba Makko 10:19)*. Ekizibu ky'omuvukuba oyo omufuzi omugagga kiri nti yayagala nnyo eby'obugagga bye okusinga bwe yayagala Katonda ne baliraanwa be *(Makko 10:22)*. Yalaba amakulu mangi mu by'obugagga bye ku nsi okusinga eby'obugagga eby'omu ggulu. Yalaba omuwendo mungi nnyo mu ssente ze okusinga mu baavu *(Makko 10:21)*. Yali musinza wa bifaananyi.

Ng'agoberera okuyigiriza kwa Yesu, Pawulo akikoonako nti omusingi gw'okwagala Katonda okusinga byonna ne muliraanwa nga bwe weeyagala wekka kya kukozesebwa mu mbeera eziri awo z'akoonako mu 1 Bakkolinso 10:27, 28. Kino kitegeeza nti n'ebintu ebiri mu mateeka biyinza obutayamba oba yadde okugasa engeri gye bisobola okunyiiza oba okwesittaza omulala *(1 Kol. 10:23)*. Omusingi guno gunywezebwa nnyo mu bigambo "Mukolenga byonna olw'ekitiibwa kya Katonda" *(1 Kol. 10:31)*. Ng'ayogera nti byonna biteekeddwa kukolebwa olw'ekitiibwa kya Katonda, Pawulo alaga nti okusinza ebifaananyi kuyinza okweraga mu ngeri ez'enjawulo, kubanga ekintu kyonna ekiwamba ekitiibwa ekirina okuba ekya Katonda yekka kibeera kifaananyi *(Isa. 42:8)*.

Ebigambo bya Pawulo mu 1 Bakkolinso 10:31–11:1 bikola ng'enfundikira y'essuula 8–10. Bikitangaaza bulungi nti teyanoonya kwesanyusa yekka, "wabula abangi balyoke balokoke" *(1 Kol. 10:33)*. Bw'atyo bwe yageegeenya Kristo *(1 Kol. 11:1)*.

**Oyinza kuyiga otya okwagala muliraanwa wo nga bwe weeyagala?**

## Okwongera Okulowooza:

Ellen G. White, "Idolatry at Sinai," ku miko 315–330, mu *Patriarchs and Prophets.*

"Bulungi bwenkana wa obuyinza okukolebwa singa tukozesa bulungi enkwatagana zaffe n'abalala! Buli omu alabye ku birungi by'eggulu avunaanyizibwa okwasa omusana mu kkubo ly'abalala. . . . Oluvannyuma abo bonna mu mazima abaagala Katonda bajja kukomya ebifaananyi byabwe, nga n'oluusi bbo bennyini by'ebifaananyi."—Ellen G. White, in *The Advent Review and Sabbath Herald,* November 18, 1884, omuko 730.

"Pawulo yategeeza baganda be okwebuuza kukosa kwenkana wa ebigambo byabwe awamu n'ebikolwa byabwe kwe byandibadde nakwo ku balala n'obutakola kintu kyonna, ne bwe kiba nga ku bwakyo tekiriiko musango, ekyo ekyandirabise nga abakkaanya n'okusinza ebifaananyi oba okwesittaza obusomyo bw'abo abayinza okuba abanafu mu kukkiriza. '31Kale oba nga mulya, oba nga munywa, oba nga mukola ekigambo kyonna kyonna, mukolenga byonna olw'ekitiibwa kya Katonda.'

"Ebigambo by'omutume ono eby'okulabula eri ekkanisa y'e Kkolinso bikozesebwa mu kiseera kyonna era mu ngeri ey'enjawulo bikwataganyizibwa n'embeera yaffe leero. Bw'ayogera ku bifaananyi ky'ategeeza ssi kusinza bifaananyi kwokka, wabula n'okwewcereza, okwagala ebyangu, okusanyusa obwetaavu bw'okulya awamu n'okwakirira."—Ellen G. White, *The Acts of the Apostles*, emiko 316, 317.

"Bw'olaba nga mu kukola ebintu ebimu by'olinako ddala olukisa olutaliiko agamba, nga oziyiza okugenda mu maaso kw'omulimu gwa Katonda, lekera awo okukola ebintu ebyo. Tokola kintu kyonna ekinaazibira ebirowoozo by'abalala eri amazima. . . . Ebintu byonna biyinza okuba nga bituukiridde mu mateeka, naye ssi byonna nti bigwanye."—Ellen G. White, *Testimonies for the Church,* vol. 9, omuko 215.


**Ebibuuzo eby'Okukubaganyaako Ebirowoozo**

**1. Okusinziira ku Pawulo, enneeyisa y'Omukristaayo omukulu oluusi esobola okuziyiza okukula kw'oyo omuto. Lowooza ku mbeera kino mwe kisobolera okubaawo. Lwaki etteeka ly'okwagala Katonda okusinga byonna, n'abalala nga bwe weeyagala, y'engeri yokka ey'okukwatamu okusoomooza kuno?**

**2. Bifaananyi ki n'Abakristaayo bye bayinza okufundikira nga basinza, bwe bataba beegendereza? Bintu ki n'ebyo ebirungi ebiyinza okufuukamu ebifaananyi? N'ekirala, omanya otya oba nga ekintu ky'ofaako ennyo kifuuse kifaananyi?**

**3. Pawulo agamba nti yeebonereza omubiri gwe era n'aguleetera okugonda alyoke aleme okuba atasaanira ng'abuulira enjiri *(1 Kol. 9:27)*. Nga weesigama ku ky'okuyiga kya wiiki eno, lowooza ku kiyinza obutasaanyiza muntu nga omubuulizi w'enjiri.**

**4. Mu 1 Bakkolinso 10, Pawulo akola ku mitawaana egiri mu kusinza ebifaananyi era agamba nti, "muddukenga okusinza ebifaananyi" *(1 Kol. 10:14)*. Lwaki okusinza ebifaananyi kubi nnyo?**



# Ebirabo *by'*Omwoyo

Ssabbiiti olw'Eggulo

**Soma olw'Eky'okuyiga kya Wiiki Eno:** *1 Bakkolinso 12, Bef. 4:11–13, 1 Bakkolinso 13, 1 Peet. 4:8–11, 1 Kol. 14:27, Amosi 3:7.*

**Olunyiriri olw'Okujjukira:** "[1]Mugobererenga okwagala; naye mwegombenga ebirabo eby'omwoyo, naye ekisinga mubuulirenga" *(1 Bakkolinso 14:1).*

Okufaananako n'omubiri gw'omuntu, ekkanisa eri emu naye erina ebitundu by'omubiri bingi, nga buli kimu kirina omulimu gwakyo, emigaso, awamu n'ebirabo. Nga bikozeseddwa mu kwagala, ebirabo by'omwoyo bireetawo engeri y'obumu eggyayo empisa ya Katonda nnabasatwe.

Wiiki eno tujja kwetegereza 1 Bakkolinso 12–14 n'okuyigiriza kwazo ku birabo by'omwoyo. Akanyomero kano kitundu ku ttundutundu eddeneko Pawulo mw'ayolekaganira n'enneeyisa esuubirwa ku Mukristaayo mu mbeera y'eddiini *(1 Bakkolinso 11–14)*. Ensonga ya Pawulo esookera ddala eri ku kizibu eky'enkuuŋaana ezitali nteeketeeke. Okwanukula kwe eri ekizibu kino kuli nti ekkanisa mubiri nga ebitundu byagwo birina emigaso egy'enjawulo kyokka nga gyonna gigasa "olw'okuzimba omubiri gwa Kristo" *(Bef. 4:12)*. Mu bimpimpi, Katonda yawa ekkanisa ebirabo eby'omwoyo okusobola okutwala mu maaso obumu yadde nga tuli ba njawulo.

Kya mazima nti Pawulo akyalina mu birowoozo bye ekizibu ky'obubondobondo kye yakolako mu ssuula ennya ezisooka eza 1 Bakkolinso, eyo eky'okuddamu eri obutakwatagana mu bammemba b'ekkanisa gye kiri okusseekimu ne Kristo/[okubeera obumu mu Kristo]. Kaakano azimba ensonga eyo y'emu nga alaga okutegeera kwe okw'omugaso gw'ebirabo eby'omwoyo. Okusinziira ku Pawulo, obumu mu Kristo n'Omwoyo y'engeri yokka ey'okwewalamu obubondobondo.

**Yiga eky'okuyiga kya wiiki eno weetegekere Ssabbiiti nga Muwakanya 8.*

## Ebirabo Eby'Enjawulo

Pawulo ayanjula omulamwa omuggya mu 1 Bakkolinso 12:1, ng'akozesa ebigambo "kale nno…[ebikwata ku]." Abayizi ba Bayibuli baakubaganya ebirowoozo oba nga ayogera ku "birabo eby'omwoyo" oba "abantu ab'omwoyo" kubanga ebigambo eby'Oluyonaani *tôn pneumatikôn* bikkiriza entaputa zombi. "Ebirabo eby'omwoyo" ky'ekisingako bw'obirabira mu musana gwa 1 Bakkolinso 12:4, eyo Pawulo mu butangaavu gy'asongera ku birabo eby'omwoyo. Mu 1 Bakkolinso 12:2, 3, Pawulo akikoonako nti ekirabo ky'Omwoyo ekisookera ddala kwe kwatula okw'obuvumu nti Yesu ye Mukama *(1 Kol. 12:2, 3)*. Mu biseera by'Endagaano Empya, okwogera nti Yesu ye Mukama kwalinga kwogera nti Kayisaali ssi Mukama *(Bik. 17:7; ne Yok. 19:12, 15)*. Kino kyalabibwanga ng'okuyeekera obuyinza obwali mu mitambo, era bwe kityo, nga omusobya abonerezebwa na kuttibwa.

Yesu ne Pawulo bakikkaatiriza nti okukkiriza mu Katonda—ne mu maaso g'okuyigganyizibwa ko n'okutiisibwa kw'okufa—kirabo kya Mwoyo. Mu butuufu, okukkiriza ky'ekirabo ekisookera ddala. Kye kiva kiteewuunyisa nti okukkiriza kwe kusookera ddala ku lukalala lwa 1 Bakkolinso 13:13. Nti okukkiriza kirabo kya mwoyo kitangaavu nnyo mu bigambo bya Pawulo mu 1 Bakkolinso 12:9. Wabula, waliyo ebirabo ebirala bingi. Eky'amazima nti Omwoyo Omutukuvu agaba ebirabo eby'enjawulo "ng'agabira buli muntu kinnoomu nga ye bw'ayagala" *(1 Kol. 12:11)* kikakasa nti byonna byetaagisa.

**Soma 1 Bakkolinso 12:1–6. Essira liri ku ki mu kitundu kino?**

---

Okuddiŋŋana ekigambo "eby'enjawulo" kikkaatiriza obungi bw'ebirabo bino. Pawulo by'ayita "ebirabo eby'omwoyo" mu 1 Bakkolinso 12:1 byogerwako mu nnyiriri 4–6, okuyita mu nsonda ssatu ez'enjawulo: "ebirabo" (*charisma*), "obuweereza" (*diakonia*), ne "amakatala" (*energçma*). Wadde nga ebigambo bino bitegeeza ebintu bya njawulo, kikulu nnyo obutassaawo njawulo ya lwatu wakati waabyo kubanga obubaka obubirimu bwonna busonga ku kimu. Oli yeetaaga era okwetegereza nti ebirabo by'omwoyo byawundibwa kuleetawo bumu nga bwesigamizibwa ku mpisa ya Katonda mu busatu *(laba ne Bef. 4:8–11)*. Wadde omwoyo agabira abakkiriza ebirabo, Katonda y'abawa amaanyi okuweereza Kristo mu bitundu abakkiriza gye babeera *(1 Kol. 12:5, 6)*. Buli mukkiriza aweebwa ebirabo mu ngeri ye nga ye *(1 Kol. 12:11)*, wabula byonna bigasiza wamu abakkiriza.

**Weetegereze nate okukkaatiriza kwa Pawulo ku nsonga y'obumu. Lwaki kino kikulu nnyo eri ekkanisa?**

## Obumu Okuyita mu Njawulo Zaffe

Olulimi lw'obumu lusooka kwanjulwa mu 1 Bakkolinso 12:4–6 ("omwoyo ali omu," "Mukama waffe ali omu," ne "Katonda ali omu") lukulaakulaanyizibwa okusingawo mu 1 Bakkolinso 12. Kino kikakasibwa mu kukozesa kwa Pawulo ebigambo nga "[11]Omwoyo oyo omu" *(1 Kol. 12:11)*, "omubiri gwe gumu" *(1 Kol. 12:12)*, "omubiri gumu" *(1 Kol. 12:12, 13, 20)*, "Omwoyo omu" *(1 Kol. 12:13 [emiruhdi ebiri])*, "[25]naye ebitundu biyambaganenga bumu byokka na byokka" *(1 Kol. 12:25)*.

Awamu n'ensonga y'obumu, Pawulo atangaaza obwawufu bwa bammemba mu mubiri gwa Kristo okuyita mu bigambo nga "ebitundu bingi" *(1 Kol. 12:12, 20)*, "[13]...fenna twabatizibwa" *(1 Kol. 12:13)*, "[14]si kitundu kimu, naye bingi" *(1 Kol. 12:14)*, "Omubiri gwonna" *(1 Kol. 12:17)*, "buli kinnakimu mu mubiri" *(1 Kol. 12:18)*, "ebitundu bino eby'omubiri" *(1 Kol. 12:22, 23)*, "ebitundu byonna" *(1 Kol. 12:26)*. Okukkaatiriza kuno ku byombi obumu n'okubeera ab'enjawulo kulaga nti ebirabo by'omwoyo bigenderera kukulaakulanya bumu *okuyita mu* kubeera ab'enjawulo.

Obumu buno wakati mu bwawufu buteekeddwa okulaga empisa ya Katonda. Kitaffe muntu omu, Omwana muntu mulala, ne Mwoyo Mutukuvu naye mulala. Abasatu bano beekuumira ebibaawula so nga bakolera wamu okuyamba ekkanisa era n'okugiwa amaanyi olw'omulimu *(1 Kol. 12:4–6, Bef. 4:11–13)*.

**Soma 1 Bakkolinso 12:12–31. Lwaki ekyogerebwa ku mubiri n'ebitundu byagwo ebingi kikola okuggyayo ekkanisa ne bammemba baayo?** ________________________________

________________________________________

Ekirowoozo ekimu ekikulu ennyo mu 1 Bakkolinso 12 kiri nti wadde ebitundu by'omubiri buli kimu kya njawulo ku kinnaakyo *(1 Kol. 12:15–20)*, byonna byesigamaganako *(1 Kol. 12:21–26)*. Ebigere byesigama ku maaso okulaba we bigenda okutambulira; ate n'amaaso nago tegasobola kukwata kintu kyonna—mikono gyokka gy'egisobola. N'ekirala, ensonga nti ebitundu ebimu binafu ku binnaabyo *(1 Kol. 12:22)* oba nti si bya kitiibwa nnyo *(1 Kol. 12:23)* okwenkana ebirala kya kwogera bwogezi, kubanga ekituufu kiri nti byonna byetaagisa *(1 Kol. 12:22)*.

Eky'ennaku, waaliwo embeerabeera mu Bakkolinso okuwa ekitiibwa ebirabo ebimu ne basuulirira ebirala. Okutangira abantu bano okugenda mu maaso n'ensobi eno, Pawulo ayita obuwuffu bwabwe eri okwagala, nga kuno lye "ekkubo erisinga ennyo obulungi" *(1 Kol. 12:31)*. Mu bigambo ebirala, ssi nsonga ekirabo kiri ki, bwe kikozesebwa mu magezi, kisobola okusanyusa Katonda.

**Laba enkalala z'ebirabo mu 1 Bakkolinso 12:8–10, 28; Baruumi 12:6–8; ne Befeeso 4:11. Ekirabo kyo ky'ekiri wa? Oyinza kukikozesa otya okugasa omubiri gwa Kristo?**

## "Ekkubo Erisinga Ennyo Obulungi"

"Okwagala ssi kirabo kimu mu bingi. Ly'ekkubo biri byonna ebirala mwe biyita okutuuka ku bigendererwa byabyo."—Carl P. Cosaert, "1 Bakkolinso," *Andrews Bible Commentary: New Testament* (Berrien Springs, MI: Andrews University Press, 2022), omuko 1643.

**Soma 1 Bakkolinso 13:1–7 ne 1 Peetero 4:8–11. Omulimu gw'Okwagala gwe guli wa bwe twogera ku birabo by'omwoyo?** _______

Bakkolinso Ekisooka 13 eyigiriza nti okuyita mu kwagala kwokka ebirabo eby'omwoyo mwe biyinza okukozesebwa mu butuufu bwabyo. Pawulo atandika 1 Bakkolinso 13 ng'ajuliza ebirabo ebimenyeddwa mu 1 Bakkolinso 12, nga akkaatiriza obutaba bwabyo na makulu bwe bitatambulira ku kwagala. Bwe kityo, okumanya *(1 Kol. 12:8)* n'okukkiriza *(1 Kol. 12:9)*, "n'okuggyawo ne nzigyawo ensozi" *(1 Kol. 13:2)*, tebiba kintu bwe bitabaamu kwagala *(1 Kol. 13:2)*. Awatali kwagala, obusobozi bw'okwogera mu nnimi *(1 Kol. 12:10, 28, 30)* bukendeezebwa "nga nfuuse ekikomo ekivuga n'ebitaasa ebisaala" *(1 Kol. 13:1)*. Mu ngeri y'emu, n'ekirabo eky'omugaso eky'okulagula tekiba na makulu bwe watabaawo kwagala *(1 Kol. 13:2)*.

Mu 1 Bakkolinso 13:4–7, Pawulo amakanda agassa ku ki okwagala kye kuli n'ekyo kye kutali; n'okusingira ddala, ekyo [okwagala] kye kukola ne kye kutakola. Ebigambo ebikozi bye yalonda okulambika obulungi okwagala biraga nti okwagala ssi nnyo nti ky'ekintu kye tukola. Bwe kityo, Pawulo akikoonako nti okwagala (1) kugumiikiriza; (2) kulina ekisa; (3) kusanyukira amazima; (4) kuzibiikiriza ebintu byonna; (5) kukkiriza byonna; (6) kusuubira byonna; (7) kugumiikiriza byonna. Ku ludda luli, okwagala (1) tekuba na buggya; (2) tekwekulumbaza; (3) tekwegulumiza; (4) tekukola bitasaana; (5) tekunoonya byakwo; (6) tekunyiiga mangu; (7) tekusiba bubi ku mwoyo; (8) tekusanyukira bitali bya butuukirivu.

Omugatte guno ogw'ebigambo ebikozi 15 gutuluŋŋamya mu ngeri eŋŋundiivu olw'enneeyisa esaanidde nga tukozesa ebirabo bino. Okugeza, okukubaganya ebirowoozo kuno ku kikula ekituufu eky'okwagala kuli ddala wakati wa 1 Bakkolinso 12 ne 14, eyo Pawulo gy'ayolekaganira n'entalo ezikwata ku birabo by'omwoyo. Mu butuufu, okwagala kwe kutulagirira mu nkozesa ey'amagezi ebirabo eby'omwoyo. Okwagala era kuliraanyizibwa okukkiriza awamu n'okusuubira, "[13]...naye ku ebyo ekisinga obukulu kwagala" *(1 Kol. 13:13)*..

**Lwaki okwagala kukulu nnyo eri okukkiriza kwaffe? Ngeri ki esinga obulungi ey'okulega ku kwagala kwa Katonda okusinga okunoonya okulaga okwagala okwo kwennyini eri abalala?**

## Ekirabo ky'Ennimi

Ate ekirabo ky'ennimi? Mu kkowe ly'erimu ery'ekirabo kino awalala mu Bayibuli *(Makko 16:17, Bik. 2:1–13, Bik. 10:44–48, Bik. 19:6)*, ekirabo ky'ennimi mu 1 Bakkolinso kyandiba nga bwe busobozi obukuweebwa Omwoyo okusobola okwogera ennimi engwira.

Pawulo amenya ekirabo ky'ennimi mu lukalala lw'ebirabo mu 1 Bakkolinso 12:8–10 *(laba ne 1 Kol. 12:28, 30; 1 Kol. 13:1, 8)*. Wabula, agenda mu maaso nga akisongako emirundi n'emirundi mu 1 Bakkolinso 14. Mu butuufu, ekigambo ky'Oluyonaani *glôssa* ("olulimi") kikozesebwa emirundi egisoba mu makumi abiri mu 1 Bakkolinso 12–14, era nga kirabika emirundi kkumi n'etaano mu 1 Bakkolinso 14 mwokka. Ng'oggyeeko bino, ekigambo ky'Oluyonaani *heteroglôssos* ("olulimi olulala") nakyo kirabika, mu 1 Bakkolinso 14:21. Omuwendo guno omuwanvu guti ogw'okusonga ku kirabo ky'ennimi gulinga ogugamba nti ensonga eno nkulu nnyo eri Pawulo. Enkozesa embi n'okufutyanka ekirabo kino mu kkanisa y'e Kkolinso kyaleetawo obutabanguko n'okutabulwatabulwa mu kusinza okw'omu lujjudde *(1 Kol. 14:23, 27, 33, 40)*.

**Soma 1 Bakkolinso 14:5, 13, 26, 27 ne 1 Bakkolinso 12:10, 30. Kulagirira ki okulala nnantimba Pawulo kwe yawa ku nsonga y'ekirabo ky'ennimi?** ____________________________________________

Ensonga lwaki ekirabo ky'okwogera mu nnimi kiteekeddwa okugendera awamu bukolokkolo n'eky'okuzitaputa eri nti ennimi ziteekeddwa okutegeerwa *(1 Kol. 14:9)*; bwe kitaba kityo, okukozesa ekirabo kino tekubaamu makulu *(1 Kol. 14:6)*. Kino ky'ekinnyonnyola lwaki Pawulo yassa nnyo essira ku kutaputa n'okutegeera. Kya lwatu, takolokota kirabo kya nnimi nga kyo, naye nga bwe tunaalaba enkya, wabula ejjakirizi eryakiteekebwako mu abantu b'e Kkolinso, ekyabaviirako n'okusuulirira ekirabo ky'okulagula [obunnabbi].

Mu kiseera kino, kikulu okwetegereza nti wadde Pawulo yeegomba nnyo okulaba nga Abakkolinso bonna boogera ennimi endala *(1 Kol. 14:5)*, teyakisuubira kubaawo bunnambiro *(1 Kol. 12:10)*. Bwe kityo, ekirowoozo nti "bonna bateekwa okwogera ennimi nga tebannayogera ku kubatizibwa na Mwoyo Mutukuvu kuba kunyoola njigiriza ya Pawulo mu 1 Bakkolinso 12 ne 14."— Raoul Dederen, *Handbook of Seventh-day Adventist Theology*, electronic ed., vol. 12 of Commentary Reference Series (Hagerstown, MD: Review and Herald Publishing Association, 2001), omuko 620.

**Waliyo abantu mu kkanisa yo aboogera ennimi endala? Basobola batya okukozesa obusobozi buno okutuusa abantu eri Kristo? Eky'amazima kino kiyinza kutuyamba kitya okutegeera ekikula ekituufu eky'ennimi Pawulo ky'ayogerako wano?**

## Ekirabo ky'Obunnabbi

Ekirabo ky'obunnabbi kitwala ekifo kya ku mwanjo nnyo mu kwogera kwa Pawulo ku nsonga y'ebirabo by'omwoyo. Ekinyuma, ekirabo ky'obunnabbi entakera kyogerwako nga ekirabo ky'ennimi tekinnaba *(1 Kol. 12:10, 28; 1 Kol. 13:8)*. Ekirabo ky'ennimi bwe kisooka okwogerwako, kino kya kukkaatiriza bukkaatiriza obutatuukana bwakyo mu mugaso n'ekirabo ky'obunnabbi *(1 Kol. 14:4, 5, 6, 22)*.

**Soma Befeeso 4:11–13 ne 1 Bakkolinso 14:3, 4. Ebitundu bino byogera ki ku mugaso gw'ebrabo by'omwoyo okutwaliza awamu ko n'ekirabo ky'obunnabbi, na ddala?** ______________________

Ekirabo ky'okubuulira kigenderereddwamu kuwa kujjuzibwa, kukubiriza, na kubudaabuda *(1 Kol. 14:3; geraageranya ne Bik. 15:32)*. Kino kiringa ekigamba nti okubuulira/obunnabbi tebuli nnyo ku kulagula bya mu maaso nga bwe kuli ku kubeerawo mu kiseera ekiriko. Ekigambo ekikozi eky'Oluyonaani *prophçteuô* kiyinza okutegeeza ekimu ku bino: "okwogera ekintu nga tekinnabaawo" oba "okwogera ekintu ku lw'omulala." Okugeza, amakulu agasooka galabibwa mu Bikolwa 2:29–31 *(geraageranya ne Amosi 3:7)*, eyo ekigambo nti Dawudi yali nnabbi gye kyogerebwako nga "okulagula." Amakulu ag'okubiri galabibwa mu Bikolwa 15:32, eyo Yuda ne Siira gye boogerwako nga bannabbi. Obunnabbi" bwabwe, wabula, bwagenderangamu kuzzaamu maanyi na kugumya "ab'oluganda mu bigambo ebingi."

Mu Befeeso 4:11–13, tuyiga nti ebirabo eby'omwoyo tebyakoma ku mulembe gwa batume. Bigwanye okusigalawo okutuusa ku nkomerero *(Bik. 2:39)*. Wabula, oli bw'ayogera nti ye nabbi ateekeddwa okupimibwa okusinziira ku Byawandiikibwa. Nga twogera okutwaliza awamu, amateeka ga mirundi ena agateekeddwa okugobererwa. Erisooka, obunnabbi obwo bulina okutuukirira *(Ma. 18:22; Yer. 28:8, 9)*. Ery'okubiri, obubaka bukwatagana n'obwa bannabbi abaasooka *(Ma. 13:1–3, Isa. 8:20)*. Ery'okusatu, obulamu bwabwe obwa buli lunaku bulaga okwewaayo eri Kristo *(1 Yok. 4:1–3)*. Ery'okuna, Yesu yagamba nti bannabbi ab'obulimba baali ba kumanyirwa ku bibala byabwe *(Mat. 7:15–20)*. Kino era kikola ne ku bannabbi abatuufu.

Ekitabo kya Kubikkulirwa kiraga nti ekirabo ky'obunnabbi mpisa ya njawulo nnyo eri ekkanisa eyasigalawo *(Kubik. 12:17, Kubik. 19:10)*. Ffe Abaseveniside Abaadiventi, tukkiriza nti ekirabo ky'obunnabbi kyaweebwa Ellen G. White era kirabikira mu biwandiiko bye.

**Nsonga ki zonna ze tulina olw'okukkiriza kwaffe mu kirabo kya Ellen G. White? Bibuuzo ki ebikyaliwo ku mulimu gwe awamu n'obuyinza bwe?**

## Okwongera Okulowooza:

Roswell F. Cottrell, "Spiritual Gifts," ku miko 5–16, mu Ellen G. White, *Spiritual Gifts*, vol. 1.

"Abantu bwe bagenda mu maaso nga bakola, nga beesiga Katonda, naye ajja kugenda nabo, nga alumiriza n'okukyusa emyoyo. Omukozi omu asobola okuba nga mwogezi mulungi nga bw'ayogera n'ennyenje zikunkumuka, ate omulala nga muwandiisi kayingo, omulala ayinza okubeera n'ekirabo ky'okusaba okuggumivu era okwesimbu, okw'amaanyi, okunnyikivu, ate nga omundi bw'alya mu ndago wamma ggwe okkiriza. Omulala ayinza okuba n'amaanyi ag'enjawulo okunnyonnyola ekigambo kya Katonda mu ngeri entangaavu. Buli kirabo ge maanyi eri Katonda kubanga akolaganira wamu n'abakozi be. Katonda omu amuwa amagezi, omulala okumanya, omulala okukkiriza. Naye nga bonna bakolera wansi wa mutwe gumu. Ebirabo bino okubeera eby'enjawulo kisobozesa ebikolębwa okubeera ebingi, '6...naye Katonda ali omu, akola byonna' *(1 Kol. 12:6)*.

"Waleme kubaawo muntu yenna anyooma ebirabo ebyo ebirowoozebwa okuba ebiyabayaba. Bonna bagende bakole. Waleme kubaawo n'omu alera engalo obunani mu butakkiriza kubanga alowooza nti tasobola kukola mulimu gwa maanyi. Lekera awo okwetunuulira. Tunuulira Omukulembeze wo. Mu buwombeefu, obwesimbu n'okwagala, kola kyonna ky'osobola okukola."—Ellen G. White, mu *The Advent Review and Sabbath Herald*, April 12, 1906.

"Buli kinnoomu ku ffe yetaaga obuyambi bwe tuyinza okufuna okuva mu birowoozo ebirala. Katonda ayinza okukolera mu bwongo obulala okusinga ku bwaffe. Ebirabo eby'enjawulo ebiweebwa abantu ab'enjawulo bya kukwataganira wamu '12olw'okutuukiriza abatukuvu, olw'omulimu ogw'okuweereza, olw'okuzimba omubiri gwa Kristo' (Eph. 4:12)....

"Wajja kubeerangawo emiziziko bulijjo mu maaso gaffe, naye tulina okugoberera Omukulembeze waffe, era twaŋŋange ebizibu byaffe nga tuli bumu, nga tetweta mikono."—Ellen G. White, *The Upward Look*, omuko 141.


**Ebibuuzo eby'Okukubaganyaako Ebirowoozo**

**1. Yongera olowoozeeko okusingawo katono ku kirabo ky'obunnabbi. Lwaki obunnabbi bwa mugaso nnyo okusinga ennimi naddala bwe zitataputibwa? Bwe kiba kyetaagisizza, soma 1 Bakkolinso 14 nate oddemu olabe Pawulo by'agamba.**

**2. Mu kibiina, mwogere ku bulamu n'obuweereza bwa Ellen G. White na lwaki ffe, ng'ekkanisa tukkiriza nti mu butuufu yayolesa ekirabo ky'obunnabbi. Mikisa ki eminene ekkanisa gy'erina okuyita mu kirabo kino? Era kusoomooza ki okuli mu kumanya engeri esinga obulungi ey'okukozesaamu ekirabo kino?**

**3. Lowooza ku bantu wakati w'abasatu n'abataano abakwagala ebya ddala. Omanya otya nti okwagala kwabwe kwa ddala? Kino kikubuulira ki ku lwaki Pawulo yayogera nnyo ku kwagala mu kwogera kwe ku birabo eby'omwoyo?**

**4. Wadde nga okwagala kwa mugaso kutya, lwaki ekyo ssi ky'ekiteekeddwa okubeera engeri yokka mu kulamula oba nga oli ayogera mazima era nga agwanidde okuwulirizibwa?**



# Ekifaananyi *ky'*Okwagala

SSABBIITI OLW'EGGULO

**Soma olw'Eky'okuyiga kya Wiiki Eno:** *1 Bakkolinso 13; Mat. 24:12; Bag. 5:22, 23; 1 Tim. 1:14; 1 Yok. 4:8.*

**Olunyiriri olw'Okujjukira:** "[13]Naye kaakano waliwo okukkiriza, okusuubira, okwagala, ebyo byonsatule; naye ku ebyo ekisinga obukulu kwagala" *(1 Bakkolinso 13:13).*

Okwagala kusobola okuwangula byonna. Ky'ekyo lwaki Pawulo yakwogerako bingi. Ekikolo ky'ekigambo *agapaô*—ekigambo ky'Oluyonaani ekisinga okulabika mu Ndagaano Empya ekiggyayo ensonga y'okwagala—kirabika emirundi egisoba mu 135 mu bbaluwa za Pawulo. Kino kikiikirira kumpi kimu kya kubiri eky'emirundi gyonna gye kirabikira mu Ndagaano Empya. Kino kigwanye kibeeko kye kitubuulira ku mulamwa omukulu guti mu bbaluwa eno eyawandiikirwa ekkanisa y'e Kkolinso.

Waliwo ebitundu bingi ebitayisibwako maaso ebikwkata ku kwagala mu Ndagaano Empya—okugeza nga Baruumi 8:35–39, 1 Bakkolinso 2:9, 1 Bakkolinso 8:3, Baggalatiya 2:20, Bakolosaayi 1:13, 1 Basessaloniika 3:12, n'ebirala.

Naye tewali na kimu kyegeraageranya ku 1 Bakkolinso 13.

Wiiki ewedde, twalaba nti awatali kwagala, ebintu byonna, nga mw'otwalidde n'ebirabo by'omwoyo, tebibaamu kantu. Wiiki eno, tujja kwongera okutunula mu buziba ku 1 Bakkolinso 13 n'ekifaananyi kyayo eky'okwagala.

Nga bwe tunaalaba, okwagala ssi kintu ekibeera awo ky'owulira obuwulizi muli wabula embeera, embeera eteekeddwa okulagibwa mu bulamu, mu bikolwa ne mu bigambo; bwe kitaba kityo, nga tekulina kye kutegeeza.

Okwagala kye kuli era kye kukola kiragibwa mu bujjuvu ddala mu bulamu bwa Yesu Kristo.

**Yiga eky'okuyiga kya wiiki eno weetegekere Ssabbiiti nga Muwakanya 15.*

## Obukulu bw'Okwagala

Wiiki ewedde twakwata ku mulamwa gw'okwagala, nga bwe gulagibwa mu 1 Bakkolinso 13. Twetaaga okwetegereza ebigambo bya Pawulo wano mu buziba obusingako.

**Soma 1 Bakkolinso 13. Funza ekyo ky'atugamba ku kwagala.**

---

Pawulo tagamba nti ennimi *(1 Kol. 13:1)*, obunnabbi, okutegeera, okumanya, okukkiriza *(1 Kol. 13:2)*, awamu n'ekisa *(1 Kol. 13:3)* byo tebirina mugaso. Tebiba nagwo singa biba tebivugibwa kwagala.

Ekika ky'okwagala Pawulo ky'ayogerako tekiragibwa mu bigambo nga, "Njagala nnyo enkenene" oba "Njagala mikwano gyange" oba na kino; "Njagala nnyo omubeezi wange n'abaana bange." Ate era tayogera ku kika kya kwagala oli ky'alaba mu firimu. Nedda, ssi kwagala kwa kwegatta [okw'abafumbo], newankubadde ekitundu kino kikozesebwa nnyo mu bubaka obubuulirwa nga bagatta abagole.

Okwagala kuno tekuyinza kufeebezebwa kutuuka ku ssa lya kuwulira mukwano, oba okuyamba, oba ensa, oba ekisa. Kyokka byonna bino [nabyo] biraga okwagala kulaga mu ngeri eya wansi. Okwagala kuno kisa eky'enjawulo ekituweebwa olwa Mwoyo Mutukuvu. Mu butuufu, okwagala mu 1 Bakkolinso 13 kwe kukubirizibwa okutuweebwa Omwoyo okubaako kye tukola mu mukwano, mu kwerekereza, mu mpisa, mu kuyamba, awamu n'okusaasira. Kwe kweweerayo ddala mu bujjuvu, mu bikolwa byaffe, enneewulira, n'ebirowoozo eri Kristo n'eri baliraanwa baffe.

**Soma Matayo 24:12. Kulabula ki Yesu kw'atuwa wano?**

---

Ky'ekyo lwaki *agapę* wa mugaso nnyo era yeetaagisa. Mu maanyi ga Kristo, tetuyinza kuleka kwagala kuwola mu maka gaffe, mu makanisa gaffe, awamu ne ku miriraano. Tulina eky'okulabirako kya Kristo ku musaalaba, ng'atufiirira. Ndaga ki ey'okwagala eyandisinze eno? Newankubadde, mu butuufu, tetuyinza n'omulundi n'ogumu kulaga kika kya kwagala ng'ekyo, olw'ekisa kya Katonda tugwanye tufunvubire okukiraga mu bulamu bwaffe bwennyini mu ngeri yonna esoboka.

**Biseera ki ebimu, mazima, nga okulaga ekika ky'okwagala nga kino kwandikoze ebirungi bingi ku muntu eyeetaaga okwagala nga kuno okusinga ekintu ekirala kyonna?**

## Okwagala bye Kukola

Bakkolinso Ekisooka 13:4–7 gwe mutima gw'essuula yonna. Pawulo amakanda agassa ku bibeera mu kwagala—ng'alaga okwagala kye kuli ne kye kutali, oba okwagala kye kukola ne kye kutakola. Awuntuwaza okwagala n'alyoka atubagulizaako ku ngeri omuntu ajjuziddwa okwagala okuwugibwa Omwoyo bwe yeeyisa. Mu kifaananyi ky'asiiga ku kwagala, Pawulo akozesa ebigambo ebikozi ebiwerako. Ku ye, okwagala kusingira ddala kubeera mu bikolwa so ssi mu nneewulira oba endowooza.

Kale olwo okwagala kukola ki?

**1. *Kugumiikiriza (makrothymeô).*** *Makrothymeô* kitegeeza kulaga bugumiikiriza, ne mu mbeera ezisoomooza. Obugumiikiriza nabwo bulaga obusobozi bw'okwegumiikirizagana ne bantu bannaffe *(Bef. 4:2)*.

**2. *Kulina ekisa (chrçsteuomai).*** *Chrçsteuomai* kirabikira wano wokka mu Ndagaano Empya, wabula ebigambo ebirala ebisibuka mu kikolo ky'ekimu birabikira wangi awalala. Mu ebiyitibwa *Septuagint* (Ekikyuse ky'Oluyonaani eky'Endagaano Enkadde), ebigambo ebiva mu kikolo kino birabika emirundi mingi mu Zabbuli okusonga ku kusaasira kwa Katonda okwekuusa ku kisa kye *(Zab. 145:9)*. Mu kwogera nti okwagala kulaga okusaasira, Pawulo yali ategeeza nti okwagala kw'omuntu eri abalala kuteekeddwa okukoppa okusaasira kwa Katonda n'ekisa kye gye tuli.

**3. *Kusanyukira wamu (synchairô) n'amazima.*** *Synchairô* kitegeeza obusobozi bw'okuwulira essanyu muli ng'olina omuntu omulala gw'oli naye *(Lukka 1:58; Lukka 15:6, 9; 1 Kol. 12:26; Baf. 2:17, 18)*.

**4. *Kugumiikiriza (stegô) byonna.*** Abanoonyereza bakubagana empawa oba nga *stegô* kitegeeza "okubikka," kwe kugamba, okubikkirira ekintu (nga ate nakyo kirimu engeri y'okwekisiza), oba "okugumira," nga mulimu ekirowoozo ky'okuguminkiriza. Ensonga y'okugumiikiriza mu butangaavu erabikira mu 1 Bakkolinso 9:12, ne kireetera abatapusi abasinga obungi n'abavvuunuzi ba Bayibuli okutwala amakulu ag'okubiri nga agasinga okwekuusa.

**5. *Kukkiriza (pisteuô) byonna.*** *Pisteuô* kino kiva mu mulandira gwe gumu nga ekigambo ky'Oluyonaani ekitegeeza okukkiriza (*pistis*). Mu makulu ga 1 Bakkolinso 13, okukkiriza ebintu byonna kitegeeza kwezibiikirizagananga.

**6. *Kusuubira (elpizô) ebintu byonna.*** Mu Ndagaano Empya, ekigambo ekikozi kino, *elpizô* bulijjo kisonga ku kukkiriza oba okusuubira nti ekintu ekirungi kijja kubaawo.

**7. *Kugumira (hypomenô) ebintu byonna.*** Kirabika tewali njawulo wakati w'ebigambo ebikozi *stegô* ne *hypomenô* mu 1 Bakkolinso 13:7. Bitegeeza ky'ekimu, naye nga wano kitegeeza okuguminkiriza wakati mu kukaluubirizibwa. Pawulo akozesa *hypomenô* ku nkomerero y'olunyiriri okwewala okuddiŋŋana *stegô*. Mu kuddiŋŋana ensonga eno wadde ng'akozesa ekigambo kya njawulo, asika obuwuffu bwaffe eri okukkiriza n'okusuubira ng'ekinyusi eky'okusimbako amakanda. Mu bigambo ebirala, okwagala kugumiikiriza nga kukkiriza era nga kusuubira.

**Geraageranya 1 Bakkolinso 13:4–7 ku Baggalatiya 5:22, 23. Birowoozo ki ebifaanana by'olaba wakati mu bitundu bino byombi? Tuyinza tutya okulaga ekika ky'okwagala kino mu bulamu bwaffe naffe?**

# Okwagala bye Kutakola

**Ddamu osome nate 1 Bakkolinso 13:4–7. Lwaki Pawulo ayogera ebintu ebibi ku kwagala mu kifo ky'okwogera ebirungi byokka?______**

Eggulo amakanda twagasimbye ku bintu musanvu okwagala bye kukola; olwa leero tujja kutunula ku bintu munaana okwagala bye kutakola. Okwagala .

1. ***Tekuba na buggya (zeloô).*** *Zeloô* kisobola okukozesebwa mu bulungi nga bwe kiri mu "kwegomba *[zeloô]* ebirabo ebya waggulu" *(1 Kol. 12:31)*, "okwegomba *[zeloô]* ebirabo eby'omwoyo" *(1 Kol. 14:1)*, ne "okwegomba *[zeloô]* okubuulira" *(1 Kol. 14:39)*. Wabula wano, nga bwe guli ne mu Bikolwa 7:9, kiri mu bubi. Kirungi okwegomba ebirabo eby'omwoyo, wabula n'otakwatirwa buggya abo abaweereddwa ebirabo bino. Kino kireetawo okwesalaasalamu *(1 Kol. 3:3)*.

2. ***Tekwekulumbaza (perpereuomai).*** Ekigambo ekikozi *perpereuomai* kireeta endowooza ey'ettitimbuli n'okwegomba oba okunoonya okutenderezebwa abalala. Wabula, okwagala tekwetunuulira kwokka mu ngeri eyo. Kino kisinga nawo obutangaavu mu kiddako.

3. ***Tekwegulumiza (physioô).*** Ekigambo ekikozi *physioô* kirabikira mu 1 Bakkolinso 8:1 mu bigambo bya Pawulo eby'omuggundu, " 'Okutegeera kwegulumizisa, naye okwagala kuzimba." Kisonga ku muntu eyeewanika nga alowooza wa muwendo nnyo.

4. ***Tekukola bitasaana (aschçmoneo).*** Ekigambo ekikozi *aschçmoneo* kiyinza okubeera n'amakulu agawerako. Wabula, okutwalira awamu, kitegeeza kukola ng'okoonagana n'emitendera egy'abantu awamu n'empisa oba nga bwe kyandirowoozeddwa mu byonna mu ngeri etaliimu kitiibwa, ey'ensonyi, eswaza, oba etasaana. Kyandiba nga Pawulo asonga ku nneeyisa ey'ettitimbuli n'eyettima ey'abo "ab'amaanyi" eri abo "abanafu" mu kkanisa y'e Kkolinso *(1 Kol. 4:10, 1 Bakkolinso 8)*.

5. ***Tekunoonya (zçteo) byakwo.*** Kino ky'ekimu n'ekyo Pawulo ky'agamba mu 1 Bakkolinso 10:24: "[24]Omuntu yenna tanoonyanga bibye yekka, wabula ebya munne." Okwagala kuleekayo olukisa lwakwo olw'okubeera abalala *(laba Eky'okuyiga 5)*. Mu mbeera nga buli omu anoonya olukisa lwe, bonna bafunamu.

6. ***Tekunyiiga (paroxynô).*** Ekigambo ekikozi *paroxynô* kiringa ekyogera ku mbeera ey'omunda ey'okukyamuka amangu, nga omuntu akyankalana mangu bw'omutambaala. Kino kitegeeza nti okwagala ssi kwa kasunguyira, ssi kwa ttumbiizi.

7. ***Tekusiba bubi ku mwoyo (logizomai).*** Ekigambo ekikozi *logizomai* kirimu engeri y'okukuuma ebitabo wano, nga kitegeeza nti okwagala tekukuuma bibi bya muntu kubijjukira. Mu bigambo ebirala, okwagala era kutegeeza kusonyiwa.

8. ***Tekusanyukira (chairô) bitali bya butuukirivu.*** Okwagala ssi kyokka nti tekukuuma bikyamu bya muntu naye era tekubisanyukiramu. Bwe twagala abalala mu butuufu, tetusanyukira mu nsobi zaabwe, wabula, ekitali ekyo, tunoonya kubayamba.

## Ekifaananyi kya Yesu

Nga tusoma 1 Bakkolinso 13:4–7, tuyinza okuwulira nga tumaliddwamu essuubi bwe tukitegeera nti, mu bungi oba mu butono, tetutuukiridde mu kulaga ebyo byonna ebigendera ku kwagala. Mu ngeri y'emu, kirabika Pawulo yalina omuntu Yesu mu birowoozo bye bwe yali awandiika 1 Bakkolinso 13. Mu butuufu, Kristo yekka y'eyayolesa ebintu ebyo byonna ebikwata ku kwagala mu kutuukirira kwabyo. Bwe kityo, oluvannyuma lwa byonna, endaga ya Pawulo ey'okwagala ky'ekifaananyi kya Yesu.

**Soma Yokaana 13:1, 34; Yokaana 15:9, 12; 1 Timoseewo 1:14; 2 Timoseewo 1:7, 13; 1 Yokaana 3:16; ne 1 Yokaana 4:7–12, 19–21. Kiki kye tuyinza okuyiga ku kwagala okuva mu bitundu bino?**_________

Katonda kwagala *(1 Yok. 4:8)*. Atwagala nnyo nti yawa nayo Omwana we omu bw'ati *(Yok. 3:16)*. Yesu kwe kulaga okujjuvu okw'okwagala kwa Katonda *(Beb. 1:3)*. Bwe tuba nga twagala okumanya engeri okwagala gye kweragamu, tuteekeddwa okutunuulira Yesu enkaliriza. Bwe twetegereza bulungi endaga ya Yesu mu Ndagaano Empya, tujja kukiraba nti ebyo byonna ebirungi ebikwata ku kwagala mu 1 Bakkolinso 13 bimulabikiramu.

***Yesu mugumiikiriza.*** "[16]Naye kye nnava nsaasirwa Yesu Kristo alyoke alabisize mu nze ow'olubereberye okugumiikiriza kwe [*makrothymia*]" (*1 Tim. 1:16*).

***Yesu alina ekisa.*** Bayibuli egamba nti "Mukama wa kisa" *(1 Peet. 2:3)*. Ekigambo "Mukama" mu kitundu kino kisonga ku Yesu. Ennyingo "wa kisa" esonga ku kigambo ky'Oluyonaani *chrçstos*, ekisibuka awamu n'ekigambo ekikozi *chrçsteuomai* ("okulaga ekisa") mu 1 Bakkolinso 13:4.

***Yesu asanyukira amazima.*** Yesu yalega ku ssanyu bwe yagobereranga okwagala kwa Kitaawe era n'awulira okwagala kwe gy'ali *(Yok. 15:9–11, Yok. 17:12–14)*.

***Yesu agumira ebintu byonna.*** Bebbulaniya 12:2, 3 wagamba nti Yesu "eyagumiikiriza omusalaba. . . . oyo eyagumiikiriza empaka embi ezenkana awo ez'abakola ebibi ku bo bennyini." Tewali muntu yenna yali aguminkirizza nga Yesu bwe yakola *(Baf. 2:8)*. Kino yakikola olw'essanyu eryali limulindiridde mu maaso!

***Yesu akkiriza ebintu byonna.*** Ananiya bwe yabuuza obwesimbu bw'okukyuka kwa Pawulo *(Bik. 9:13, 14)*, Yesu yayanukula, "kubanga oyo ky'ekibya ekironde gye ndi" *(Bik. 9:15)*. Yesu alaba abantu si nga bwe bali wabula nga bwe balibeera okuyita mu maanyi ge.

**Ngeri ki endala Yesu gy'atulagamu okwagala okutuufu kye kuli ddala?**

## Okukkiriza, Okusuubira, n'Okwagala

We tutuuse kati, tuyize nti okwagala kugumiikiriza, kwa kisa, kusanyuka, kugumiikiriza, kukkiriza, kusuubira, era kulemerako kubanga Yesu ye bintu bino byonna. Bwe tulaba ebintu bino byonna mu Yesu, eddaala eriddako lya kumufaanana. Okwo kwe kwali okwegomba kwa Pawulo eri Abakkolinso. Wabula, singa tuggyawo ennyingo "te" mu bintu biri omunaana byonna ebibi ku kwagala, "tufuna ennyinyonnyola ennungi okuzaama ey'empisa y'Abakkolinso mu njuyi z'ekkanisa yaabwe: obuggya, okwekulumbaza, obubambaavu, ettima, okwenoonyeza ebibyo, okunyiizibwa amangu, n'okunoonya okulaba ensobi abalala ze bakola. Pawulo agatta ebigambo ebikozi by'akozesa wano eri embeera y'Abakkolinso."—Verlyn D. Verbrugge, "1 Corinthians," in *The Expositor's Bible Commentary: Romans–Galatians*, revised edition (Grand Rapids, MI: Zondervan, 2008), omuko 372.

Abakkolinso baalina bingi nnyo eby'okuyiga. Naffe bwe tutyo. Oluvannyuma lw'okulambulula okwagala bye kukola ne bye kutakola, Pawulo awunzika akkaatiriza ekikula ky'okwagala eky'olubeerera okulaba nga azuukusa obusimu bw'okwagala okwannamaddala.

Olunaku lumu, obunnabbi bujja kuba tebukyetaagisa; tujja kuba twogera lulimi lumu; n'okumanya kuno okw'obuntu okw'ensobi okutagambika kujja kusegulira okumanya kwa Katonda okuggya *(1 Kol. 13:12)*. Ebirabo eby'Omwoyo Omutukuvu bijja kukoma kasita ekigendererwa ekyabiteesawo kirituukirizibwa *(1 Kol. 13:10)*. ""Naye okwagala tekuliggwaawo emirembe gyonna!" *(1 Kol. 13:8)*.

Mu ngeri y'emu, Kristo bw'alikomawo, okukkiriza kujja kusegulira okulaba *(2 Kol. 5:7)*, era ekyo okumala ebbanga eggwanvu kye tubaddenga tusuubira kijja kutuukirira *(Bar. 8:24)*. Era, ekisinga mu byonna, okwagala kujja kugumiikiriza nga ekifaananyi ky'empisa ya Katonda nnabasatwe. So nga waliwo ekirowoozo mu kyo okukkiriza n'okusuubira nabyo we bijja okubeerawo olubeerera. Okukkiriza kwe tufuna mu bulokozi *(Bar. 4:3)*, n'okusuubira ebisanyusa ebiggya mu nsi empya, bijja kubeera ku banunule emirembe gyonna. Kyokka okwagala, okwagala kwa Katonda, kwo kujja kubaawo lubeerera.

Mangu nnyo, tujja kulaba Mukama waffe maaso ku maaso *(1 Kol. 13:12)*. Okutuusa ku lunaku olwo, tuteekeddwa okulambika obulamu bwaffe n'empisa zino ssatu: okukkiriza, okusuubira, n'okwagala. Bino byonsatule bikiikirira okutuukirira kw'obulamu Obukristaayo okuyita mu Mwoyo. Ky'ekyo lwaki entakera byasongebwangako nnyo Abakristaayo *(Bar. 5:1–5; Bag. 5:5, 6; Bef. 1:15, 18; 4:1–5)*. Wabula, okwagala, kwe kubisinga byonna; ndaba era, y'empisa yokka ekozesebwa okulaga ekikula kyennyini ekya Katonda *(1 Yok. 4:8)*.

**Sigala ku bigambo "Katonda kwagala." Tuteekeddwa kutegeera tutya ekyo kye kitegeereza ddala? Era wadde tusobola okukwata ensonga eno mu bitundutundu, lwaki ebigambo ebyo mawulire malungi gye tuli?**

## Okwongera Okulowooza:

Ellen G. White, "The Need of Love," emiko 545, 546, *Review and Herald*, August 28, 1888.

"Ssi nsonga okwatula kwa waggulu kutya, oyo omutima gwe ogutajjuziddwa kwagala Katonda ne bantu banne taba muyigirizwa wa Kristo mutuufu. Ne bw'abeera nga alina okukkiriza kunene era nga alina n'amaanyi okukola eby'amagero, naye awatali kwagala ng'okukkiriza kwe kufudde. Asobola n'okwolesa obukkakkamu obw'amaanyi; naye singa amala n'akozesa ekigendererwa ekirala mu kifo ky'okwagala, okugeza, n'aleeta ebibye byonna okuliisa abaavu, ekikolwa ekyo tekimusaanyiza kusiimibwa Katonda. Mu bunyiikivu bwe asobola n'okufa okufa kw'omujulizi, so nga bwe kitaba nga kisuukundwa kwagala, omuntu oyo asobola okulabibwa Katonda nga omuntu eyeenyumiriza obwenyumiriza oba omunnanfuusi alina bye yeenoonyeza nga ye."—Ellen G. White, *The Acts of the Apostles*, emiko 318, 319.

"Tulina okubuulira kungi. Ekintu ekisinga okwetaagibwa. . . kwe kwagala eri emyoyo egizikirira, okwagala okujjira mu mayengo amanene okuva ku nnamulondo wa Katonda. Obukristaayo obutuufu bulaga okwagala mu bulambirira bw'omuntu yenna. Bukwata ku bitundu eby'ensonga ennyo, obwongo, omutima, emikono emiyambi, n'ebigere, okusobozesa abantu okuyimirira nga banywevu awo Katonda w'abeetaaga okuyimirira, okubeera nga tebakola makubo gakyamyekyamye eri ebigere byabwe, si kulwa nga abalema bawubisibwa ne bava mu kkubo. Okwagala kwa Kristo okwokya, okusenkenya emyoyo egizikirira bwe bulamu obw'ekyetippu ky'Obukristaayo."—Ellen G. White, *Lift Him Up*, omuko 134.

"okwagala okwo kwokka okuyiika nga kuva mu mutima gwa Kristo kwe kusobola okuwonya. Oyo yekka okwagala okwo gwe kuyiikamu, nga amasanda bwe gabeera mu muti oba omusaayi mu mubiri, kwe kusobola okuzzaawo emmeeme efumitiddwa ebiwundu."—Ellen G. White, *Education*, omuko 114.

**Ebibuuzo eby'Okukubaganyaako Ebirowoozo**

**1. Olowooza olukangaga lwa Pawulo olw'ebintu biri ebirungi ku kwagala lwe lwokka oluliyo? Bwe kitaba kityo, bintu ki ebirala bye wandigasseeko?**

**2. Olowooza Pawulo kiki kye yategeeza mu kiragiro "'Mugobererenga okwagala"** ***(1 Kol. 14:1)*****? Kino kikwatagana kitya n'ekyo ky'ayogera mu 1 Bakkolinso 13:4–7?**

**3. Mpisa ki ey'okwagala gy'osinga okwetaaga okugezesa mu bulamu bwo obwa bulijjo? Ziri wa ezisinga okwetaagisa mu kkanisa y'omu kitundu kyo? Ate ng'ebyo bikyali awo, lwaki Pawulo ageraageranya okwagala ku birabo nga okubuulira (obunnabbi), ennimi, n'okumanya** ***(1 Kol. 13:8)*****?**

**4. Pawulo akikoonako nti okwagala ky'eky'okuddamu eky'enkomeredde eri okubulwa obumu mu bammemba b'omu Kkolinso. Lwaki? Kino kikola amakulu ne mu makanisa gaffe olwa leero?**



# Amaanyi g'Okuzuukira *kwa* Kristo

Ssabbiiti olw'Eggulo

**Soma olw'Eky'okuyiga kya Wiiki Eno:** *1 Bakkolinso 15; Lukka 24:44–47; Kubik. 20:5, 6; Bakol. 2:12; 2 Tim. 1:12; 1 Basess. 4:13–17.*

**Olunyiriri olw'Okujjukira:** "[14]Era oba nga Kristo teyazuukizibwa, kale okubuulira kwaffe tekuliimu, so n'okukkiriza kwammwe tekuliimu. [17]...Era oba nga Kristo teyazuukizibwa, okukkiriza kwammwe tekuliiko kye kugasa; mukyali mu bibi byammwe!" *(1 Bakkolinso 15:14–17).*

Nga kyewuunyisa ate nga kinyuma okumanya nti mu kiseera kino Pawulo yali ayolekaganye n'abo abaali bawakanya ensonga y'okuzuukira kw'abafu. kituufu, n'emabega eyo abantu baalabanga okufa kye kwakolanga omubiri gw'omuntu. Baali bamanyi bulungi engeri omulambo gye gufungalalamu, ne gukalira mu nfuufu, n'oluvannyuma ne guggweerawo ddala kumpi. Era baakimanya nti abantu basigadde bafu okumala ekiseera ekiwanvu, era. Mu butuufu, abasinga obungi ekiseera kye baakamala bukyanga bakkirira e Kaganga kiwanvu nnyo okusinga ekiseera kye baamala wano ku nsi enkuyege we zaabakubiriranga enduulu [nga balamu].

Okuzuukira kw'abafu tekwalabikanga ng'ekintu ekisanyukirwa emabega eyo era nga bwe guli na kati, waakiri mu ndaba y'obuntu. Era kino kiteekwa okuba nga y'ensonga Pawulo gy'aliko wano.

Mu butuufu yali nkulu nnyo. Kristo bw'aba nga teyazuukira, kale tali ekyo kye yagamba nti ali, Omusaalaba tegwalina makulu, era n'ebibi byaffe tebyasasulibwa. Okusoberwa kye kyokka kye twandibadde nakyo. Kye twandisigazza. Naye Mukama waffe yazuukira, n'agenda mu ggulu, era ajja kudda atutwale eka! Amiina!

Wiiki eno tujja kutunuulira 1 Bakkolinso 15 n'okuyigiriza kwayo ku kuzuukira kwa Kristo. Nga bagendera ku ndaba y'ensi enkaafiiri eyali ebeetoolodde, abamu mu Kkolinso baali bagamba nti teriiyo kuzuukira. Mu kwanukula, Pawulo akkaatiriza okuzuukira kwa Kristo nga essuubi ly'obulokozi bwaffe lyokka.

**Yiga eky'okuyiga kya wiiki eno weetegekere Ssabbiiti nga Muwakanya 22.*

## Okulangirira Okuzuukira kwa Kristo

Pawulo atandika 1 Bakkolinso 15 ng'asimba amakanda ku njiri. Ayogera ku njiri: (1) eyo gye yabuulira Abakkolinso; (2) *gye baafuna*; (3) gye baayimiriramu; era (4) eyabalokola *(1 Kol. 15:1, 2)*. Ennyanjula eno eteekateeka omusomi olw'ekyo ekiddako mu ssuula yonna era eraga okuzuukira kwa Kristo bwe kwetaagisa ennyo olw'obulokozi bwaffe *(laba ne Bar. 10:9, 10)*. Okuzuukira Kwe kitundu kikulu nnyo eky'obubaka bw'enjiri nti okukugaana kuba kukontanira ddala n'okukkiriza kw'omuntu mu Kristo.

**Soma 1 Bakkolinso 15:1–4; Lukka 24:44–47; ne Baruumi 1:1–4. Ebitundu bino biki bye bifaananya?** ______________________________

Mu 1 Bakkolinso 15:1–4, oli asobola okusanga ekifunze ky'obubaka bwa Pawulo. Oba ebigambo "ng'Ebyawandiikibwa bwe byogera" bitegeeza ebitundu by'Endagaano Enkadde ebimu oba Ndagaano Enkadde yonna wamu, ssi nsonga. Okufa kwa Yesu n'okuzuukira kwe bituukiriza ebisuubizo bya Katonda ebisangibwa mu Ndagaano Enkadde.

**Soma 1 Bakkolinso 15:2, 11. Lwaki ennyiriri zino ziteeka ensonga z'okukkiriza n'okubuulira nga zeeriraanye? Nkolagana ki eri wakati w'ebibiri bino?** ______________________________

Bonna ababuulira nti Kristo yazuukira bateekeddwa okusooka okukkiriza nti okuzuukira Kwe kintu ekyabeererawo ddala mu byafaayo. Mu ngeri eno, 1 Bakkolinso 15:5–8 wazannya ekitundu kikulu nnyo mu Ndagaano Empya. Ekitundu kino kiwa obukakafu bw'Ebyawandiikibwa nti Kristo yalabibwa abantu bangi ddala oluvannyuma lw'Okuzuukira, abangi ku bo abaali bakyali abalamu ne mu kiseera Pawulo we yawandiikira ebbaluwa eno *(1 Kol. 15:6)*.

Okutwaliza awamu, Pawulo agamba, *Mugende mubeebuulize mmwe bababuulire kye baalaba.* Bw'atyo bwe yali omukakafu mu ky'amazima ky'Okuzuukira kwa Kristo.

Abantu bano baali beerabirako n'agaabwe. Baali ekyo Yesu kye yagamba nti baali ba kubeera, kweggamba, "abajulirwa b'ebintu bino" *(Lukka 24:48)*.

**Nsonga ki ze tulina olw'okukkiriza Okuzuukira kwa Kristo? N'ekirala, bintu ki ebirala, eby'Omwoyo oba eby'ensi, bye tukkiriza ne bwe tuba nga tetubyerabiddeeko n'agaffe?**

## Kristo Eyazuukira, Essuubi Lyaffe Lyokka!

Mu 1 Bakkolinso 15:9–19, Pawulo annyonnyola obubi era omutawaana gw'ebyo ebiva mu kugaana okuzuukira. Awatali kuzuukira, abakkiriza tebaba na kukkiriza mu biriwo kati, ate na ddala mu by'omu maaso.

**Soma 1 Bakkolinso 15:9–19. Kiki kye tufiirwa oba nga Kristo teyazuukizibwa?** ____________________

Okutwaliza awamu, abakaafiiri ab'edda tebakkiririzanga mu kuzuukira, na ddala mu nsi y'Abayonaani, eyo gye bakkiririzanga mu kwawukana kw'omubiri n'omwoyo (ku kufa omwoyo gubuuka ne gugenda eyo emyoyo gy'abafu gye giteekeddwa okugenda). Pawulo atandika ekiba kya 1 Bakkolinso 15:12–19 n'ekibuuzo eky'okusaagirira ekiraga okusoberwa kwe okw'ebuziba: "*Ekiki? Muyinza mutya abamu ku mmwe okwogera nti teriiyo kintu nga kuzuukira kw'abafu?" (1 Kol. 15:12, nkyusa ya muwandiisi)*. Eri Pawulo, obutakkiririza mu kuzuukira tekirowoozeka nako, n'okusingira ddala kubanga waaliwo bangi ddala abeerabirako n'agaabwe *(1 Kol. 15:5–8)*. Naye n'ekisingako obubi, awatali kuzuukira kuno, ng'olwo essuubi lyabwe lizimbiddwa ku bulimba, era nga bakyali mu bibi byabwe.

Agamba, mu butuufu, nti bwe watabaayo kuzuukira kwa bafu, kale (1) ne Kristo teyazuukizibwa *(1 Kol. 15:13. 16)*; (2) kale okubuulira kwaffe nga tekuliimu *(1 Kol. 15:14)*; (3) so n'okukkiriza kwaffe nga tekuliimu (*1 Kol. 15:14)*; (4) tulabika ng'abajulirwa ab'obulimba *(1 Kol. 15:15)*; (5) okukkiriza kwaffe tekuliiko kye kugasa *(1 Kol. 15:17)*; (6) tukyali mu bibi byaffe *(1 Kol. 15:17)*; n'ekitegeeza nti, (7) n'abo abeebaka mu Kristo baabula *(1 Kol. 15:18)*.

Awatali kuzuukira, byombi okubuulira n'okukkiriza biba byereere *(1 Kol. 15:14)*. Ekigambo ky'Oluyonaani ekitegeeza "obutabaamu kintu" kiri *kenos*. Kino kikyuse kirungi, wabula kigazi nnyo. Abatapusi bakubagana empawa oba nga ddala *kenos* kitegeeza "butabaamu" mu makulu g'obutabaamu mazima (nga temuli mazima yadde") oba obutabaamu bivaamu (kale, "nga temuli kavaamu") oba obutabaamu kigendererwa (kale, "kwokya musota").

Amakulu gennyini kye gali ssi nsonga, embeera okuzuukira mwe kutali, okukkiriza kulagibwa ng'okutabaamu makulu, okuva mu ky'Oluyonaani *mataios (1 Kol. 15:17)*. Wadde nga *mataios* si kya njawulo nnyo okuva ku *kenos*, ensonga eri nti oba nga Yesu ssi mulamu, okukkiriza olwo nga tekuliiko bibala, kuwubisibwa, kubanga ebibi byaffe tebyasonyiyibwa *(1 Kol. 15:17)*. Twandibadde bajulizi ba bulimba, nga tulimba ate ng'eno bwe tulimbibwa *(1 Kol. 15:15)*.

**Oli ategeera atya amakulu ga 1 Bakkolinso 15 oba nga abafu babuuka ne bagenda mu ggulu (oba mu ggeyeena) bunnambiro? Lwaki, kale, okutegeera nti abafu beebaka kya nsonga nnyo?**

## Kristo, Ebibala Ebibereberye

Yesu aba kuba nga ssi mulamu, okusuubira kwonna okukwata ku biseera eby'omu maaso kwandibadde kwa kwewuddiisa *(1 Kol. 15:12–19)*. "[20]Naye kaakano Kristo yazuukizibwa mu bafu" *(1 Kol. 15:20)*. Okuzuukira kintu ekyabeererawo ddala mu byafaayo. Ng'ekivaamu, tuyinza okubeera abakakafu nti bonna abaafiira mu Kristo bajja kuzuukizibwa bw'alijja *(1 Kol. 15:20–23)*.

**Soma 1 Bakkolinso 15:20–23. Kitegeeza ki okwogera nti Yesu ye "bibala ebibereberye"? ______________________**

Enkomerero y'omulembe guno oguliko omubi bwe guti ejja kulambibwa na kuzuukira kw'abo abaafiira mu Kristo *(1 Kol. 15:24; Kubik. 20:5. 6)*. Nga Adamu asembayo, Kristo ajja kwekebakkeba obwakabaka abuzzeeyo ewa Taata nga aleeta obufuzi bw'ensi eno okubuzzaayo gy'Ali *(1 Kol. 15:25–28)*. Okwewaayo kwa Kristo eri Katonda *(1 Kol. 15:28)* kuteekwa okutegeerwa mu makulu g'engeri Adamu ne Kristo bwe balagibwa mu nkolagana buli omu ne munne. Nga Adamu ow'enkomeredde mu nteekateeka y'Obununuzi *(1 Kol. 15:45)*, Yesu yeewaayo bulekwe eri Kitaawe by'ayagala, ekintu Adamu omubereberye kye yakootakootera mu ga lumonde (kyamulema).

Mu 1 Bakkolinso 15:29–34, Pawulo akomyawo nate ekirowoozo kye ku busirusiru bw'okugaana okuzuukira kwa Kristo. Akozesa eky'okulabirako ky'okubatizibwa kubanga nakwo kwennyini kabonero bubonero ak'okwegatta kw'omukkiriza ku Kristo mu kufa kwe awamu n'okuzuukira kwe *(Bar. 6:3, 4; Bakol. 2:12)*; Tekikola makulu gonna okugaana obutuufu bw'okuzuukira. Wabula, ekintu ekizibu ennyo okukwata wano, ky'ekyo Pawulo kye yali ategeeza n'ebigambo "ababatizibwa ku lw'abafu" *(1 Kol. 15:29)*.

"Ebirowoozo eby'enjawulo biweereddwa, naye kisingako okutaputa ebigambo bino ng'ebisonga ku kusalawo kw'abamu okubeera nga babatizibwa olwo balyoke babeere nga basobola okugattibwa awamu nate n'abafu baabwe ku lunaku olw'okuzuukira. Era kisoboka n'okuba nti okusalawo okw'okubatizibwa kwali kwanukulira obulamu bw'eky'okulabirako obwa bano abaafiira mu Kristo. Kino kyandisonze ku bantu obutabatizibwa mu kifo ky'abafu naye olw'okubeera abafu."—Carl P. Cosaert, "1 Bakkolinso," *Andrews Bible Commentary: New Testament* (Berrien Springs, MI: Andrews University Press, 2022), omuko 1652.

Kya kubiri, okweteeka mu katyabaga k'okufa tekwandibadde na makulu teba kubaayo kuzuukira *(1 Kol. 15:30–32)*. Kyandibadde kirungiko, waakiri, okusanyukira mu masanyu g'ensi eno *(1 Kol. 15:32)*.

**Lowooza ku bigambo bya Pawulo mu 2 Timoseewo 1:12. Yayinza atya okubeera omukakafu ennyo bw'atyo ku biseera eby'omu maaso? Ffe tuyinza tutya?**

## Omubiri Oguzuukizibwa

Mu 1 Bakkolinso 15:35–39, Pawulo akyukira emboozi ennyimpimpi ku mubiri oguzuukizibwa. Atandika akanyomero kano ng'abuuza ebibuuzo bibiri: " "[35]Naye…abafu bazuukizibwa batya? era mubiri ki gwe bajja nagwo?' " *(1 Kol. 15:35)*. Ebibuuzo bino byanukulwa mu 1 Bakkolinso 15:36–49.

**Soma 1 Bakkolinso 15:36–41. Ekitundu kino kyanukula kitya ebibuuzo ebiri mu 1 Bakkolinso 15:35? ____________________**

Pawulo akozesa okugereesa kwa mirundi esatu okuyamba abasomi be okutegeera kiki ekibeerawo ku kuzuukira. Okugereesa okusooka *(1 Kol. 15:36–38)* kugamba nti omubiri gulinga ensigo eteekeddwa okusooka okufa (oba okulekera awo okubeera ensigo) okusobola mu ngeri ey'eky'amagero okufuukamu ekimera. Enjigiriza eno ntangaavu: Okuzuukira kya magero kya Katonda. Eky'okubiri, ensonga y'emibiri *(1 Kol. 15:39, 40)* wakiggyayo nti, mu nsi eno, Katonda yatuwa ebika by'emibiri eby'enjawulo; eri ebisolo n'eri abantu ebituukanira ddala obulungi mu mbeera eriwo. Mu ngeri y'emu, emibiri gyaffe gijja kusaanyizibwa mu mbeera empya mu nsi y'eggulu. Ensonga eno, bw'etwalibwayo eddaala eddala limu mu maaso mu kirowoozo ky'omubiri ogw'ekitiibwa *(1 Kol. 15:40, 41)*, ekkaatiriza nti ekitiibwa ky'omubiri oguzuukizibwa mu ngeri ey'amaanyi kisukka nnyo ekyo eky'omubiri ogwasooka, egyo gye tulina wano ku nsi eyagwa.

Ekirowoozo kino era kisobola okulabibwa okuyita mu kukontanya kwa mirundi ena wakati w'omubiri gwaffe ogw'oku nsi wano era kati, n'omubiri ogulizuukizibwa. Ogusooka gwa ku nsi, guvunda era munafu ate nga gwa butonde. Ku ludda luli, ogw'okubiri gwa ggulu, teguvunda, gwa maanyi era gwa mwoyo *(1 Kol. 15:40–44)*. Kino tekitegeeza nti teriiyo kugenda mu maaso wakati waagyo ebiri. Enkozesa ya Pawulo ekigambo ky'Oluyonaani *sôma* ("omubiri") ku gyombi omubiri oguziikibwa n'ogwo oguzuukizibwa eraga okugenda mu maaso. Ku ludda luli, okukontanya okw'emirundi ena egyo waggulu era kulaga obuteeyongerayo. Emibiri gyaffe emiggya (Mukama yeebazibwe) tegijja kubeera ky'ekimu nga gino egivunda gye tulina kati.

Pawulo takwataganya kigambo "omwoyo" ku mbeera ya bulamu etalina mubiri. Awalala, agamba nti Yesu "[21]Aliwaanyisa omubiri ogw'okutoowazibwa kwaffe okufaananyizibwa ng'omubiri ogw'ekitiibwa kye" *(Baf. 3:21)*. Tujja kuba n'emibiri egya ddala, wabula ggyo tegijja kukaddiwa yadde okuvunda. Kubanga kye tumanyi kyokka kuvunda, kulwala, na kufa, kizibu okuteebereza obulamu obutaliimu bintu bino, naye ekyo kye tusuubizibwa mu Yesu.

**Okukakasibwa nti emibiri gyaffe gijja kufuusibwa gibeere egituukiridde kituyamba kitya okubeera nga tugumiikiriza obulemu bwonna obuliwo bwe tuyinza okubaamu leero?**

## Obuwanguzi obw'Enkomeredde ku Kufa

**Soma 1 Bakkolinso 15:54–57. Ekitundu kino kitubuulira ki ku buwanguzi bwaffe obw'enkomeredde ku kufa?** ________________

Pawulo atandika ekiba ekisembayo mu 1 Bakkolinso 15 n'ebigambo ebyewuunyisa: "[50]...Omubiri n'omusaayi tebiyinza kusikira bwakabaka bwa Katonda" *(1 Kol. 15:50)*. Abasomi ba Bayibuli bangi bakozesa okulangirira kuno okwogera nti Pawulo awagira eky'okubeera omulamu awatali mubiri mu ggulu. Naye amakulu gaakyo googera kirala. Obutakwatagana obuli mu 1 Bakkolinso 15:50 bulinga obulaga nti "omubiri n'omusaayi" tebikwatagana na "kuvunda," nga "obwakabaka bwa Katonda" bwe buli ne "butavunda." Nga bwe kyali mu 1 Bakkolinso 15:42–49, na wano Pawulo akontanya omubiri (oba kale omulambo) ku mubiri oguzuukizibwa. Omubiri oguziikibwa gulambibwa kwonoonebwa na kufa, so nga ate omubiri oguzuukizibwa gwo gumanyiddwako butavunda awamu n'obutafa *(1 Kol. 15:50, 53, 54)*. Mu kukyogera amangu, Pawulo ky'agamba kiri nti emibiri gyaffe gyetaaga okuyita mu kufuusibwa okw'omuggundu okusobola okusikira eggulu.

Mu bimpimpi, Pawulo akozesa ensonga z'okuvunda n'okufa okusonga ku butonde bwaffe obw'ekibi. Mu biwandiiko by'Abayudaaya, "omubiri n'omusaayi" bigambo bya buntu obwagwa, era ky'ekyo lwaki emibiri gyaffe giteekeddwa okufuusibwa era giggybwemu obutatuukirira bwonna ku madda ge.

Awo wokka nga obuzaaliranwa bwaffe obw'ekibi buggiddwaawo *(1 Kol. 15:54)* ne tuyita ne mu mbeera y'okuweeba ekitiibwa *(1 Kol. 15:51–53, 1 Basess. 4:13–17)* okulangirira " 'Okufa kumiriddwa mu kuwangula' " *(1 Kol. 15:54)* lwe kulituukirira. Olwo, oluyimba olw'essanyu luyimbibwe nti: " '[55]Ggwe okufa, okuwangula kwo kuli luuyi wa? Ggwe okufa, okuluma kwo kuli luuyi wa?' " *(1 Kol. 15:55)*. Bino byonna bijja kubaawo ku kujja kwa Kristo omulundi ogw'okubiri *(1 Kol. 15:51, 52)*.

Kirowoozeeko: tuzibiriza amaaso gaffe bwe tufa, nga ekintu kye tuliddamu okulaba kwe kujja kwa Yesu okw'omulundi ogw'okubiri, bw'alituzuukiza okuva mu bafu. Ssi nsonga ddi omukkiriza lwe yafa, ne bwe giba myaka nga lukumi egiyise, "[52]mangu ago, nga kutemya kikowe" ajja kuzuukizibwa "akagombe ak'enkomerero bwe kalivuga: kubanga kalivuga, n'abafu balizuukizibwa obutavunda, naffe tulifuusibwa" *(1 Kol. 15:52)*.

**Ani ateewuunyangako olw'engeri obulamu gye buyita amangu? Mu kulaba kwaffe kwennyini, bwe kutyo okujja kwa Yesu bwe kulibeera oba bwe kulirabika. Mpozzi ekirowoozo kyaffe ekisooka kijja kuba "Ee, Mukama, ng'okujja kwo kwanguye!" Ekirowoozo kino kituyamba kitya okukkiriza mu ngeri esingako obulungi ekyo ekirabika nga "okulwa"?**

## Okwongera Okulowooza:

Ellen G. White, "God's People Delivered," ku miko 635–652, mu *The Great Controversy*.

"Obwakatonda bwa Kristo bwe bukakafu bw'omukkiriza obw'obulamu obutaggwaawo. 'Oyo akkiriza nze,' Yesu bwe yagamba, 'ne bw'aliba afudde, anaaba mulamu: era buli omulamu era n'akkiriza nze talifa. Okikkiriza ekyo?' Kristo wano atunula mu maaso mu kiseera ky'okudda kwe. Kw'olwo abafu abatuukirivu lwe balizuukirira obutafa, n'abalamu abatuukirivu lwe balikyusibwa okugenda mu ggulu nga tebalozezza ku lukuusi. Eky'amagero Kristo kye yali anaatera okukola, mu kuzuukiza Laazaalo okuva mu bafu, kyali kya kusonga ku kuzuukizibwa kw'abatuukirivu bonna abaafa."—Ellen G. White, *The Desire of Ages*, omuko 530.

"Ensi yakankana nnyo n'amaanyi eddoboozi ly'Omwana wa Katonda bwe lyakoowoola abatukuvu abaali beebaka. Baayanukulirawo okuyita okwo era ne bavaayo nga bambadde obutafa obw'ekitiibwa, nga baleekaanira waggulu nti, 'Okufa kumiriddwa mu kuwangula. Ggwe okufa, okuwangula kwo kuli luuyi wa? Ggwe okufa, okuluma kwo kuli luuyi wa?' (Laba 1 Kol. 15:55.) awo abatukuvu abalamu n'abo abazuukiziddwa ne balyoka basitula amaloboozi gaabwe mu kuleekaana okw'obuwanguzi. Emibiri egyali gyakka wansi mu magombe nga giriko obubonero bw'okulwala awamu n'okufa givaayo mu bulamu obutafa, mu maanyi. Abatukuvu abalamu bakyusiba nga mu kutemya kikowe, era ne basisinkanira wamu n'abazuukiziddwa, era bonna wamu basisinkane Mukama waabwe mu bbanga. Yii, laba ensisinkano ey'ekitiibwa ng'eno! Emikwano okufa gye kwe gyayawula giddamu ne gisisinkana, nga tegiriddamu nate kwawukana."—Ellen G. White, *The Story of Redemption*, emiko 411, 412.


**Ebibuuzo eby'Okukubaganyaako Ebirowoozo:**

**1. Lowooza kw'abo abeerabirako n'agaabwe okuzuukira kwa Kristo** *(Bik. 1:22, Bik. 2:32, Bik. 3:15, Bik. 4:33, bik. 5:30–32)*. **Tuyinza tutya ffe, kumpi emyaka enkumi bbiri oluvannyuma lw'ekyo ekyabaawo, okubeera "abajulirwa" b'okuzuukira kwe?**

**2. Okuzuukira kwa Kristo kitundu kikulu nnyo mu bubaka bw'enjiri** *(1 Kol. 15:1–4)*. **Awatali kuzuukira, okulangirira okufa kwa Kristo tekwandibadde na makulu yadde** *(1 Kol. 15:14)*. **Okufa kwa Kristo kwennyini nakwo tekwandibadde na makulu. Lwaki? Eky'okuddamu kyo kikugamba ki ku maanyi g'okuzuukira kwa Kristo?**

**3. Lowoozaako katono ku bigambo bya Pawulo ebitabula "Oba ng'abafu tebazuukizibwa, tulye tunywe, kubanga tufa enkya!' "** *(1 Kol. 15:32)*. **Nsonga ki eri wano?**

**4. Mu kibiina, mwogere ku mbeera y'abafu. Lwaki 1 Bakkolinso 15 tekola makulu kiba kuba nga, ku kufa, abalokole batwalirwawo butereevu mu ggulu?**



# Obuweereza Obutambulira ku Kwagala

SSABBIITI OLW'EGGULO

**Soma olw'Eky'okuyiga kya Wiiki Eno:** *2 Kol. 1:3–14, 2 Kol. 2:17, 2 Kol. 4:2, 1 Kol. 16:5–7, 2 Kol. 7:5–13, 2 Kol. 2:5–17.*

**Olunyiriri olw'Okujjukira:** "Kubanga mu kubonaabona okungi n'okulumwa omutima nnabawandiikira n'amaziga amangi, si lwa kubanakuwaza, naye mutegeere okwagala kwe nnina eri mmwe bwe kuli okungi" *(2 Bakkolinso 2:4).*

Omutume Pawulo tebyamwanguyiranga musajja wattu. Ng'oggyeeko amakomera n'embeera ezaabulako akatono okumumiza omusu ze yasisinkananga, ono era yawandiika nti: "[24]Eri Abayudaaya nnakubibwa emirundi etaano emiggo amakumi asatu mu mwenda. [25]Emirundi esatu nnakubibwa enga, omulundi gumu nnakasuukirirwa amayinja, emirundi esatu eryato lyamenyeka, nnasula ne nsiiba mu buziba; [26]mu kutambulanga emirundi emingi, mu bubi obw'emigga, mu bubi obw'abanyazi, mu bubi obuva eri eggwanga lyange, mu bubi obuva eri ab'amawanga, mu bubi obw'omu kibuga, mu bubi obw'omu ddungu, mu bubi obw'omunnyanja, mu bubi obw'ab'oluganda ab'obulimba; [27]mu kufuba n'okukoowa, mu kutunulanga emirundi emingi, mu njala n'ennyonta, mu kusiibanga: emirundi emingi, mu mpewo n'okubeera obwereere. [28]Obutassaako bya bweru, waliwo ekinzitoowerera bulijjo bulijjo, okweraliikiriranga olw'ekkanisa zonna" *(2 Kol. 11:24–28).*

Kye tulaba mu bbaluwa ze eri Abakkolinso y'emu ku nsonga ez'ebuziba ze yalina olw'ekkanisa eno. Kyokka, wakati mu byonna, okwagala kwe gye bali tekwakeewa, era nga okwagala kwa Kristo bwe kutakikola gye tuli. Mu butuufu, ku Yesu Pawulo kwe yayigira okwagala amakanisa mu ngeri eggyayo okwagala Kristo kw'alina gye tuli *(2 Kol. 5:14; laba 1 Kol. 11:1).*

**Yiga eky'okuyiga kya wiiki eno weetegekere Ssabbiiti nga Muwakanya 29.*

## Okwebaza

**Soma 2 Bakkolinso 1:3–7. Nsonga ki eweebwa olw'enneeyisa ya Pawulo ey'okwebaza wano? ____________________**

Okubeera kwa Pawulo nga yeebaza kusonga ku kubeesabeesebwa Katonda kw'awa eri abo ababonaabona. Mu kitundu kino, ekigambo ekikozi (verb) *okusanyusa (parakaleô)* n'erinnya (noun) *essanyu (paraklçsis)* bitambulira wamu *emirundi kkumi.* Kino kikola ekitundu kimu kya kusatu eky'emirundi gyonna ebigambo bino gye birabika mu 2 Bakkolinso (emirundi 29). Katonda alagibwa nga "Kitaffe ow'okusaasira era Katonda ow'okusanyusa kwonna" *(2 Kol. 1:3, 4)*.

Okusanyusibwa omuntu kw'afuna okuva eri Katonda ssi kwa kukukulira *(2 Kol. 1:4, 5)*. Omutima ogwo gwokka ogwalumizibwa, oluvannyuma ne gufuna okusanyusibwa kwa Katonda gwe gusobola okusanyusa mu ngeri ekolera ddala eri abo abalumwa nabo.

Pawulo yali asobola okusanyusa abalala kubanga naye kennyini, mu kubonaabona kwe, yafuna okubeesabeesebwa okuva eri Katonda. "'Naye bwe tubonaabona, tubonaabona olw'okusanyusibwa n'okulokoka *kwammwe*; era bwe tusanyusibwa, tusanyusibwa olw'okusanyusibwa *kwammwe*" *(2 Kol. 1:6; okukkaatiriza kuweereddwa)*. Kuno kwe kwagala!

**Kiki Pawulo kye yeebaliza wano mu 2 Bakkolinso 1:8–11?**

____________________

Pawulo ayogera ku buzibu "obusinga amaanyi gaffe" obwamuleetera ye ne banywanyi be okutya nti enkomerero yali ebajjidde *(2 Kol. 1:8)*. Okumala akaseera, baalowooza nti okuzuukira ly'eryali essuubi lyabwe lyokka. Wabula, Katonda yabanunula, era embeera n'ekyuka *(2 Kol. 1:10)*. Okuva mu kutya kw'okufa *(2 Kol. 1:8)*, bagolokokera essuubi erirabikirawo nti Katonda yali wa kubanunula nate omulundi omulala *(2 Kol. 1:10)*. Obuwanguzi bwa Katonda mu biseera ebyayita butuwa obukakafu nti ajja kukola ky'ekimu ne mu biseera eby'omu maaso. Katonda akozesa okulumizibwa okutuyigiriza okumwesiga. Okukaluubirirwa kusobola okutuleetera okukula mu by'omwoyo, waakiri ku ssa we tukukkiririza okutusembeza okumpi ne Katonda. Okwebaza kwa Pawulo era kulaga amaanyi g'essaala ezisabirwa abalala awamu n'okusiima kwe tufuna olw'okununula kwa Katonda *(2 Kol. 1:11)*.

**Kiki ky'osanze nga kiyamba nnyo mu kubonaabona kwo, ate nga, mu ngeri emu oba endala, ffenna tukusisinkana?**

## Obutukuvu n'Amazima

Eggulo twayize nti okwagala kwa Pawulo eri Abakkolinso kwalagibwa bwe yasobola okubabeesabeesa mu kukaluubirirwa kwabwe, mu ngeri y'emu nga naye bwe yabeesebwabeesebwa Katonda, naye bwe yali mu kukwe *(1 Kol. 1:1–11)*. Leero, tujja kulaba nti okwagala kwe gye bali era kwalagibwa okuyita mu kitiibwa ye ne banywanyi be kye bassanga mu bammemba b'ekkanisa y'e Kkolinso.

**Soma 2 Bakkolinso 1:12–14 mu musana gwa 2 Bakkolinso 2:17 ne 2 Bakkolinso 4:2. Obwesimbu bwa Pawulo bubikkula butya okwagala kwe eri Abakkolinso? ____________________________________**

Bakkolinso Eky'okubiri 1:12–14 wanjula omulamwa Pawulo gw'ajja okwongerako mu kitundu ekisigadde eky'ebbaluwa eno. Obwesimbu bwe n'obutume bwe bwabuusabuusibwa abamu ku bantu b'omu Kkolinso. Baalowooza nti Pawulo yalina empisa ey'obutasalawo, eyeegayaaza, eyali tesaana mu buweereza bwa butume. Mu kubaanukula, Pawulo akkaatiriza nti ye ne banywanyi be beeyisanga mu kitiibwa ekisingayo okuba ekya waggulu gye bali.

Ebigambo bibiri biggyayo enneeyisa ya Pawulo ne banne: mu butukuvu ne mu mazima *(2 Kol. 1:12)*. Ekigambo "amazima" kiva mu kigambo eky'Oluyonaani *haplotçs*. Wano kikozesebwa okwogera ku mpisa y'omuntu mu kwogera oba mu nneeyisa; mu bimpimpi, kibikkula obulongoofu bw'ebigendererwa *(Bef. 6:5, Bakol. 3:22)*. Ekigambo kino ky'ekimu "amazima" (ekiva mu ky'Oluyonaani *eilikrineia*) era kisonga ku kitiibwa awamu n'obulongoofu bw'ekigendererwa.

Abakkolinso baali tebasaanye kubuusabuusa obutangaavu bw'ebigendererwa bya Pawulo. Akitangaaza bulungi nti obutukuvu bwe n'okubeera kwe ow'amazima obuvo bwabyo buli mu Katonda. Ensonga eno eggibwayo bulungi mu kikyuse eky'Olungereza ki New English Translation Bible [kye tuvvuunudde obutereevu], ekyogera ku "'butukuvu n'amazima" *ebiva eri Katonda*" *(2 Kol. 1:12, okukkaatiriza kuweereddwa)*. Mu lunyiriri lwe lumu, Pawulo ayongera okukkaatiriza nti ebisaanyizo bino eby'obuweereza bituweebwa "lwa kisa kya Katonda."

Kirabika abalabe ba Pawulo baataputa bubi ebigambo bye, mu mabaluwa ge agaasooka *(2 Kol. 1:13, 14)*. Pawulo akakasa nti ebigendererwa bye byali bitangaavu era nga bitegeerekeka bulungi. Yali mukakafu nti okutuukirira kw'ebigambo bye, ebigendererwa bye, awamu n'ebikolwa bye byali bya kutangaazibwa okusingawo "'ku lunaku lwa Mukama waffe Yesu" *(2 Kol. 1:14)*.

**Ggwe wawulira otya ebigendererwa oba ebiruubirirwa byo, wadde nga byali birungi bitya, lwe byabuusibwabuusibwa era ne biwakanyizibwa? Ekyo kigwanye kukubuulira ki ku ngeri gy'olina okubeera omwegendereza nga obuusabuusa ebigendererwa by'omuntu omulala?**

## Okukyusa mu Nteekateeka olw'Okwagala

Twalabye nti [abantu] abamu mu Kkolinso baabuusabuusa ebigendererwa bya Pawulo n'okwagala kwe. Leero, tujja kutunula ku nsonga emu yokka: enteekateeka ze ez'okutambula ezaakyukakyuka *(2 Kol. 1:15–2:4)*.

**Soma 1 Bakkolinso 16:5–7. Enteekateeka y'okutambula kwa Pawulo eyasooka yali etya?** ________________________________

Pawulo yali yabeerako mu Kkolinso emabega. Okusinziira ku 1 Bakkolinso 16:5, 6, yali yateekateeka kuyita mu Makedoni ng'akomawo e Kkolinso era, mpozzi, asigale mu Kkolinso okuyita mu biro eby'empewo. Okuva e Kkolinso, yali wa kugenda Judea atwale n'ekiweebwayo ekyakuuŋaanyizibwa mu Makedoni olw'okuyamba ku baavu abaali mu Yerusaalemi. Wabula, yakyusa enteekateeka ze olw'okubeera alipoota embi eyamuleeterwa Timoseewo ng'ava e Kkolinso *(1 Kol. 4:17, 1 Kol. 16:10, 2 Kol. 1:1)*.

Pawulo yali egenderedde kugenda butereevu okuva mu Efeso okutuuka mu Kkolinso era eyo akole ku nsonga ezaamubuulirwa Timoseewo. Entambula empya yali ya kuva Efeeso—Kkolinso—Makedoni—Kkolinso—atuuke e Judea *(2 Kol. 1:15, 16)*. Yava mu Efeeso n'agenda e Kkolinso, naye era oluvannyuma n'adda mu Efeeso. Enteekateeka ze zaakyukamu. Teyaddayo Kkolinso nga bwe yali yateekateeka, waakiri ssi mangu ago, kubanga olukyalo lwe olwali lwasembayo terwatambula bulungi. Bw'atyo, yaddayo mu Efeeso n'afundako okubawandiikiira obuwandiikizi. Yandifunzeeko okuweereza ebbaluwa mu kifo ky'okwessa mu bulwa bw'okwongera okusajjula embeera eyali mu lukyalo olwasooka *(2 Kol. 2:1, 3)*.

Ebigendererwa bya Pawulo ku lukyalo olwasembayo byataputibwa bubi. Waliwo mu Kkolinso abaagamba nti yali teyeesigika era nti yali tabaagala kimala *(2 Kol. 1:17)*. Mu kwanukula kwe eri okunenyezebwa kuno, yatambuza amaaso g'Abakkolinso n'agazza ku njiri ya Kristo. Yali mwesimbu eri ebigendererwa bye mu kukyala e Kkolinso mu mukisa ogusinga obulungi, mu ngeri y'emu nga ne Katonda bwe yali omwesigwa mu kutuukiriza ebisuubizo bye gye bali okuyita mu Kristo *(2 Kol. 1:18–22)*.

"[20]Kubanga mu byonna byonna Katonda bye yasuubiza, mu oyo mwe muli weewaawo: era oyo ky'ava aleeta Amiina, Katonda atenderezebwe ku bwaffe" *(2 Kol. 1:20)*.

Bw'atyo okwanukula kwe tekwali katogo akabuzaabuza aka "Weewaawo" oba "nedda" okusinziira ku mbeera, nga bwe baagamba, wabula kyali nga "bulijjo weewaawo," era nga omulimu gwa Katonda mu Kristo bwe guli "bulijjo weewaawo" *(2 Kol. 1:19)*.

N'olw'ekyo, ensonga Pawulo gye yawandiikira ebbaluwa eri Abakkolinso mu kifo ky'okubakyalira kwali kwagala kwe okwesimbu gye bali, so ssi ekyolekagana na kino *(2 Kol. 2:4)*. Okukyala okulala amangu ddala oluvannyuma lw'olukyalo olwalimu obulumi lwali lwa kubaleetera bulumi kweyongera, so ssi ssanyu lye yagenderera okubaleetera olw'okubeerawo kwe *(2 Kol. 1:24, 2 Kol. 2:3)*. Laba ebigendererwa ebirungi bwe byataputibwa obubi!

## Okusonyiwa n'Okuddamu Okuggumiza Okwagala

Mu kifo ky'okukyalira Abakkolinso omulundi ogw'okubiri, Pawulo oluvannyuma lw'okukomawo mu Efeeso, yaweereza ekyajja ne kimanyibwa ennyo nga "ebbaluwa enkaawu" *(laba 2 Kol. 2:3, 4; 2 Kol. 7:8, 12)*.

**Soma 2 Bakkolinso 7:5–13. Kiki ekyava mw'ebyo bye yabawandiikira, era Pawulo kiki kye yakolawo mu kwanukula?**

---

Pawulo ne Tito oluvannyuma baasisinkana e Makedoni, eyo Pawulo gye yawulirira okuva eri Tito amawulire amalungi ennyo nti ebigambo bye ebigumu byaleetawo enkyukakyuka ennungi, ekintu ekyaleetera omutume ono essanyu eritayogerekeka. Bwe kiba nti emabega, abamu mu Kkolinso beeteekawo okulwanyisa Pawulo, kaakano ekkanisa yali ku ludda lwe. Nga kikulu nnyo ffe okuyamba abakulembeze baffe. Nga bammemba b'ekkanisa, tusobola okufuula omulimu gwabwe omwanguko okusinga bwe guli.

**Soma 2 Bakkolinso 2:5–11. Ensonga enkulu wano eri ki?**

---

Ekitundu kino kikwata ku nsonga ya 'kusiba' mu kkanisa. Abanoonyereza bakubagana empawa oba nga ono omusobya wano ye musajja kaggwensonyi owa 1 Bakkolinso 5:1–5 oba muntu mulala, omuntu eyakulemberamu abalala mu kunenya Pawulo nti yali tanywerera ku mulamwa era mbu yali tabafaako kiri awo na ddala mu kusalawo eŋŋendo ze. Embeera mwe kyogererwa erabika nga ewagira endowooza ey'okubiri. Kyonna kye kiri, enjigiriza esinga okubeera enkulu mu kitundu kino eri ku ngeri ekkanisa gy'erina okukwatamu omuntu ali mu kwonoona.

Ekitundu kino kiyigiriza nti ekigendererwa ky'ekkanisa okusiba omuntu kwe kumuzzaawo okuyita mu kusonyiwa era okuyita mu kuddamu okuggumiza okwagala eri omwonoonyi oyo *(2 Kol. 2:6–8, 10)*. Ekitundu kino era kikikoonako nti 'okusiba' kw'ekkanisa kuyinza okubeera okw'obulumi, naye kwetaagisa. Kwe kugamba, wadde nga bayinza okuba nga baagenderera bulungi era nga baagala okubeera nga bavugibwa kisa, ekkanisa ezimu nga tezivumirira oba nga tezikola ku nsonga ya kibi kya mu lwatu oba eky'omu lujjudde. Ku Mukono guli, abamu basobola okubeera abazibu ennyo okukyusibwa, nga tebasonyiwa, era nga bakambwe nnyo. Ekibi kyetaaga okukolwako, naye mu kwagala. Bw'atyo Pawulo yakubiriza ekkanisa okuddamu okukkaatiriza okwagala kwayo eri oyo asobya *(2 Kol. 2:8)* kubanga naye kennyini yayagala nnyo ekkanisa *(2 Kol. 2:4)*!

**Ekkanisa mu Kkolinso yali esobola okwagala omusobya *(2 Kol. 2:8)* kubanga yo kennyini ky'ekyali ekifaananyi ky'okwagala kwa Katonda okuyita mu kwagala kwa Pawulo. Kino kituyigiriza ki ku kwagala?**

# Obuwanguzi mu Kristo

**Soma 2 Bakkolinso 2:12, 13. Pawulo yalaga wa oluvannyuma lw'okubawandiikira "ebbaluwa enkaawu"? Kiki kye yakolayo?**

---

Omutima gwa Pawulo tegwatebenkera bwe yali ng'akyalinda Tito *(2 Kol. 7:5, 6)*. Kyokka wadde nga kyali bwe kityo, teyasobola kulekera awo kwogera ku Yesu *(2 Kol. 2:12)*. Yali ayagala nnyo Yesu ekyenkanidde awo. Mu kiseera ekyo, yali tannamanya byava mu bbaluwa ye. Yali yeesunga okulaba Tito era awulire ku ngeri Abakkolinso gye beeyisaamu bwe baafuna ebbaluwa eyo.

Okukola kwa Pawulo e Tulowaasi kwalaba omukisa, naye "yali tasobola kulwayo. 'Obulabirizi bw'amakanisa gonna,' ate na ddala ekkanisa y'e Kkolinso, bwamutuula ku mutima. Yali asuubira okusisinkana Tito e Tulowaasi era awulire okuva gy'ali engeri ebigambo by'okubuulirira n'okunenya bye yaweereza Abakkolinso abooluganda bwe byali byatwalibwa, wabula mu kino yayokya musota. 'Ssaalina kuwummula mu mwoyo gwange,' bwe yawandiika ku mbeera eno, 'kubanga muganda wange Tito ssaamusangayo.' Kale bw'atyo n'ava e Tulowaasi n'asomoka n'adda e Makedoni, eyo, e Firipi gye yasisinkana Timoseewo."—Ellen G. White, *The Acts of the Apostles*, omuko 323.

**Soma 2 Bakkolinso 2:14–17. Enneeyisa ya Pawulo yali etya bwe yasisinkana Tito e Makedoni n'okuwulira ku nnyanukula ennungi Abakkolinso gye baakola ku bbaluwa ye?**

---

Nga yenna abugaanye essanyu, Pawulo ayatula nti Katonda "atutwala bulijjo ng'abawanguzi mu Kristo" *(2 Kol. 2:14)*. Laba ebigambo ebinyuvu nga bino! Omutima ogujjuziddwa okubaawo kwa Kristo gusaasaanya "evvumbe ery'okumutegeera ye mu buli kifo" *(2 Kol. 2:14)*.

Pawulo asanyukira mu Kristo kubanga ebbaluwa enkaawu oba ey'obulumi yabala ebibala bye yagenderera okukungula *(2 Kol. 7:5–9)*. Buno bwali buwanguzi bwa maanyi nnyo. Ng'ebyo bikyali awo, mu 2 Bakkolinso 2:17, Pawulo addamu n'aggumiza obwesimbu bwe nga omutume wa Kristo *(2 Kol. 2:17, 2 Kol. 1:12)*. Okusinziira ku kitundu kino, ekyawula omuweereza wa Kristo omwesigwa/omutuufu ku w'obulimba kiri nti nga ono asembayo abuulira njiri ya kweyagaliza, asooka ye abuulira Kigambo kya Katonda mu kwagala kwa Kristo okw'omutima gwonna.

**Kiki ekikuzzaamu amaanyi mu byonna by'okola, na ddala ng'obikolera mu linnya lya Yesu?**

# Okwongera Okulowooza:

Ellen G. White, "The Message Heeded," emiko 323–334, mu *The Acts of the Apostles*.

"Abo abalabye ennaku ezisinga obungi emirundi mingi b'ebo abakola okubeesabeesa okusinga obunene eri abalala, nga baasa omusana buli gye bagenda. Abo abaanyigirizibwa era ne babonaabona ebitagambika; tebaasuula bwesige bwabwe mu Katonda obuzibu bwe bwabajjira, wabula beenywereza ku kufaayo kwa Katonda okugonvu."—Ellen G. White, *God's Amazing Grace*, omuko 122.

"Obulamu Obukristaayo obwewaddeyo bulijjo bubeera bumulisa ekitangaala n'okubeesabeesa awamu n'emirembe. Ebikwawula bibeera bulongoofu, obwegendereza, obwangungu, n'okugasa. Bufugibwa okwagala okwo okuteerowoozaako okutukuza amaanyi agakozesa abalala. Bubeera bujjudde Kristo, era buleka omukululo gw'omusana yonna oyo abulina gy'agenda."—*God's Amazing Grace*, omuko 122.

"Omutume Pawulo yakisanga nga kyetaagisa okunenya obubi mu kkanisa, wabula teyasuula eri kwefuga kwe ng'omuntu mu kunenya ensobi. Mu ssanyu, annyonnyola ensonga y'ebikolwa bye. Nga yali mwegendereza nnyo ng'akikola okutegeeza nti yali mukwano gw'abo abasobya! Yabaleetera okutegeera nti kyamulumanga nnyo okubalumya. Yaleka endowooza ku mutima gwabwe nti okwegomba kwe kwali kumu n'okwabwe."—Ellen G. White Comments, in *The SDA Bible Commentary*, vol. 6, omuko 1094.

**Ebibuuzo eby'Okukubaganyaako Ebirowoozo:**

**1. Mu 2 Bakkolinso 2:1–14, Pawulo akkaatiriza obwesimbu mu buweereza bwe. Lwaki ekisaanyizo kino mu buweereza kikulu nnyo?**

**2. Eky'amazima nti Pawulo yakyusa enteekateeka z'entambula ze kitubuulira ki ku bwetaavu bw'okubeera nga tokaluba nnyo mu buweereza obw'Ekikristaayo? Lwaki kikulu nnyo okubeera omuggule eri enkyukakyuka bwe ziba zeetaagisizza?**

**3. Pawulo yalaba okunyolwa awamu n'okunyiiga mu buweereza bwe. Kino kiragira ddala mu butangaavu nti abakulembeze b'ekkanisa nabo bantu abeeruddwa eri okusoberwa n'okwennyika mu mutima. Bammemba b'ekkanisa kiki kye bayinza okukola okugonzaamu ku mulimu gwabwe?**

**4. Pawulo asonga ku butawummula bwe** ***(2 Kol. 2:13)*** **mu Kristo** ***(2 Kol. 2:14)*****. Yali ayinza atya okwogera ku bunafu bwe ate ne ku maanyi ge mu kiseera ky'ekimu? Ffe tusobola tutya?**



# Obuweereza *obw'*Ekikristaayo Obutuufu

Ssabbiiti Olw'Eggulo

**Soma olw'Eky'okuyiga kya Wiiki Eno:** *2 Kol. 3:1–9, 2 Cor. 4:7–18, 2 Kol. 5:11–15, Bakol. 1:19–23, Bef. 2:13–16, 2 Kol. 6:11–7:1, 2 Bakkolinso 7.*

**Olunyiriri olw'Okujjukira:** "ˇTutaayizibwa eruuyi n'eruuyi, naye tetunyigirizibwa; tweraliikirira, so si kweraliikiririra ddala: ˇtuyiggayizibwa, naye tetulekebwa; tumeggebwa, naye tetuzikirira; ¹⁰bulijjo nga tutambula nga tulina mu mubiri okuttibwa kwa Yesu, era obulamu bwa Yesu bulyoke bulabisibwenga mu mubiri gwaffe" *(2 Bakkolinso 4:8–10).*

Wiiki ewedde twalaba nti Pawulo mu kukkaatiriza obutukuvu bwe ko n'amazima ge, yasobola okwewozaako olw'okunenyezebwa okwamussibwako mbu yali tanywerera ku nsonga era mbu nga tayagala Bakkolinso bano. [Kyokka, ng abwe tulabye], bulijjo yakolereranga ebyo ebisinga obulungi eri abaana be ab'omwoyo. Alina endowooza gye yatandika mu 2 Bakkolinso 2:12–17 egendera ddala ppaka ku 2 Bakkolinso 7. Ng'akola ekyo, ayogera ku buweereza obutuufu eri Kristo bwe bufaanana. Tusobola okufuna eby'okuyiga bingi ddala okuva mu birowoozo bya Pawulo mu mbeera eyo.

Wiiki eno, tujja kutunulako mu 2 Bakkolinso 3–7, eyo Pawulo gy'ayogerera ku buweereza bwe obw'okuwangula emyoyo eri Kristo. Ellen G. White agamba, "Okukyuka kw'aboonoonyi n'okutuukirizibwa kwabwe okuyita mu mazima bwe bukakafu obusinga okuba obw'amaanyi omuweereza bw'ayinza okuba nabwo nti Katonda yamuyita mu buweereza. Obukakafu bw'obutume bwe buwandiikibwa ku mitima gy'abo abakyusibwa, era ne bujulizibwa mu bulamu bwabwe obuzziddwa obuggya. Kristo abatondebwamu, essuubi ery'ekitiibwa. Omuweereza mu ngeri ey'amaanyi ddala anywezebwa n'envumbo zino ez'obuweereza bwe."—Ellen G. White, *The Acts of the Apostles*, omuko 328.

**Yiga eky'okuyiga kya wiiki eno weetegekere Ssabbiiti nga Mutunda 5.*

## Ebibala by'Obuweereza Obutaliiko Kabuuza

**Soma 2 Bakkolinso 3:1–9. Mu ngeri ki mwe tuyinza okubeerera ebbaluwa ya Kristo?** ______________________

Amabaluwa ag'okuwaanibwa gaakozesebwanga nnyo mu nsi y'Abayonaani n'Abarooma. Wabula, Pawulo teyalina yadde n'emu ku bbaluwa ezo. Amaanyi ga Mwoyo agakyusa agaali mu bulamu bw'Abakkolinso bwali bukakafu bw'obutuufu bw'obuweereza bwe. So nga Pawulo yali mukakafu nti tekyali kuyita mu kutegeera kwe oba kufuba kwe nti ekkanisa e Kkolinso yafuuka kye yafuuka *(2 Kol. 3:4–6)*. Ye teyeetabanga mu kwewanika *(2 Kol. 3:5, 1 Kol. 2:2)*.

Pawulo ayogera ku buweereza bwe nga mu bufunze akubaganya ebirowoozo ku ndagaano zino ebbiri: enkadde eyakiikirirwa Musa n'empya eyakiikirirwa ye mwene ko ne banywanyi be. Omusomi apapirira ayinza n'okulowooza nti Endagaano Enkadde teyaliimu ssuubi lyonna lya bulokozi, naye kino ssi kituufu. Obulokozi bwalimu mu Ndagaano Enkadde, wewaawo nga bwe buli mu Mpya. Endagaano Enkadde y'enjiri eyasooka okubuulirwa. "'N'ekyawandiikibwa bwe kyalaba edda Katonda bw'aliwa amawanga obutuukirivu olw'okukkiriza, ne kibuulira olubereberye Ibulayimu enjiri nti 'Mu ggwe amawanga gonna mmwe galiweerwa omukisa'" *(Bag. 3:8)*.

Mu 2 Bakkolinso 3:1–4:6, tulaba nti Endagaano Enkadde ekozesebwa ng'akabonero okutegeeza embera ey'oluteekateeka ey'abo abeesigamanga ku bikolwa byabwe bo bennyini eby'obuwulize okubeera engeri y'okusanyusaamu Katonda. Endagaano Empya, wabula, eraga embeera ey'abo mu bulambirira abeesigamira ddala ku kisa kya Katonda okukola ebyo byonna Katonda bye yasuubiza okukola ku lwabwe era mu bo.

Pawulo wano ayogera ku nnyanukula bbiri ez'enjawulo, ezaava mu bakkiriza ne mu bakaafiiri, eri enjiri. Wano tayogera ku njiri za njawulo, emu mu Ndagaano Enkadde, n'endala mu Mpya—kubanga mu butuufu waliyo enjiri emu yokka, etuweebwa Katonda, "'eyatulokola n'atuyita okuyita okutukuvu, si ng'ebikolwa byaffe bwe biri, wabula okumalirira kwe ye n'ekisa bwe biri, kye twaweerwa mu Kristo Yesu emirembe n'emirembe nga teginnabaawo" *(2 Tim. 1:9)*.

Kino ssi kya kugaana nti 2 Bakkolinso 2:14–4:6 waliwo kko ebyaliwo mu byafaayo. Wabula akozesa ebyafaayo ebyo okuggyayo ensonga ye nti abantu abamu mu bo "balokoka" ate nga abalala "babula" *(2 Kol. 2:15)*. Olw'okubeera kino kye baakola, eky'obutakkiriza buweereza bwa musa, obubwe buyinza okulabibwa nga obuweereza obw'okusalirwa omusango n'okufa. Kubanga ekkanisa e Kkolinso yakkiriza, obuweereza bwa Pawulo mu bo bwejjeerera ne bulabika ng'obuweereza obw'obutuukirivu, obuweereza obw'Omwoyo agaba obulamu.

Embeera eno ey'obulokozi bw'ekkanisa mu kkolinso bwe bukakafu bw'obutuufu bw'obuweereza bwa Pawulo.

## Okubonaabona n'Ekitiibwa

**Soma 2 Bakkolinso 4:7–18. Kola olukalala lw'ebibonoobono bya Pawulo. Yaguminkiriza atya okubonaabona kwe?** ____________

John Huss, omuzzi w'obuggya omukulu mu Bohemia ey'edda, lumu yayogera ku Yesu: "Oyo ye Mukama w'ensi, ffe tuli abalyammere abateesigika—kyokka ye yabonaabona! Kale lwaki naffe tetusaana kubonaabona, na ddala nga okubonaabona kuno kwa kulongoosebwa kwaffe?"—Ellen G. White, *The Great Controversy*, omuko 105.

Omutume Pawulo yalaga ebyasa bingi emabega obweteefuteefu bwe bumu okubonaabona olw'okubeera Kristo. Yakimanya nti teyali kintu okusinga ku nsaka ennafu eyabumbwa mu bbumba *(2 Kol. 4:7)*. Mu ngeri ey'olutentezi yawulira ng'anyigirizibwa, ng'asobeddwa, ng'ayigganyizibwa era nga akubiddwa, so nga era teyamalwawo, mu kweraliikirira *(2 Kol. 4:8, 9)*. Yali mweteefuteefu okusitula "*10*mu mubiri okuttibwa kwa Yesu, era obulamu bwa Yesu bulyoke bulabisibwenga mu mubiri gwe" *(2 Kol. 4:10, 11)*.

Mu kwogera ku "kufa kwa Yesu," Pawulo yandiba nga kye yali ategeeza kwali kubonaabona kwe yayogerako mu nnyiriri ez'emabegako. Ku ludda luli, mu makulu ag'okumpi awo, ebigambo "obulamu bwa Yesu" birabika okuba nga bitegeeza okununulibwa okuva mu kufa oba amaanyi ag'omwoyo ag'obulamu buno obwa kati. Naye, oluvannyuma lwa byonna, kino kisonga ku kuzuukira *(2 Kol. 4:12)*.

Ekinyuma, bino byombiriri "okufa n'obulamu" birabika emirundi esatu mu 2 Bakkolinso 4:10–12. Mu kino tujjukizibwa nti, mu kiseera kino, obulamu butabuddwamu okufa. Wabula, mu kitiibwa eky'ebiseera eby'omu maaaso, tujja kulaba obulamu obutaliimu kufa *(Kubik. 20:14, Kubik. 21:4)*.

N'ekisinga obukulu, 2 Bakkolinso 4:7–18 walaga nti enjiri ebuulirwa okuyita mu bantu abanafu ekiseera kyonna okulaba nti ekitiibwa kigenda eri Katonda yekka *(2 Kol. 4:15)*. Ekitabuusibwabuusibwa namu kye kino nti abaminsani babonaabona bwe baba nga bakola omulimu gwabwe ogw'obuminsani. Wabula, okulumizibwa kwaffe wano kutono era kwa kaseera bw'okugeraageranya ku kitiibwa eky'olubeerera ekitulindiridde *(2 Kol. 4:17)*. Omukkiriza abeera mulamu lwa kukkiriza, ssi lwa kulaba *(2 Kol. 4:18, 2 Kol. 5:7)*.

Essuubi lino mu biseera eby'omu maaso lyakwata obwongo bwa Pawulo nnyo ddala nti asigala akiddiŋŋana mu kitundu kino nga kitambula *(2 Kol. 5:1–10)*. Asonga ku mubiri ogufa bw'akozesa ekifaananyi eky'enju ey'oku nsi. Ku ludda luli, "eyazimbibwa eva eri Katonda" nakyo kifaananyi eky'omubiri oguzuukizibwa *(2 Kol. 5:1)*, essuubi eddene eri abakkiriza ab'emirembe gyonna.

**Lwaki kikulu nnyo nti, mu massekkati ga byonna bye tuyitamu kati, bulijjo twekuumire essuubi ly'okuzuukira, okuzuukira kwaffe?** *(1 Kol. 15:52)*

## Obuweereza bw'Okutabaganya Obwetooloolera ku Kristo

**Soma 2 Bakkolinso 5:11–15. Ekitundu kino kiraga kitya nti obuweereza bwa Pawulo bwetooloolerangaku Kristo? ____________**

Pawulo yakimanya nti yalina okuwaayo embalirira y'obuweereza bwe eri Kristo *(2 Kol. 5:10)*. Yamanya "okutya Mukama" era n'anoonya okusikiriza abantu eri enjiri ya Kristo *(2 Kol. 5:11)*. Okutya kuno ky'ekitiibwa kye tuba nakyo eri Kristo era, bwe kityo, kugattibwa wamu n'okwagala kwa Pawulo eri Kristo n'obwesige mu kwagala kwe gy'ali. Mu Ndagaano Enkadde, okutya Mukama kitegeeza kutambulira mu makubo ge, okumwagala, n'okumuweereza n'omutima gwonna awamu n'emmeeme yonna *(Ma. 10:12)*.

Obuweereza bwa Pawulo tebwetunuulira wabula butunuulira Kristo. Ye teyeenyumiriza. Ensonga y'okwenyumiriza kwe kuno ye Kristo *(2 Kol. 12:9)*. Yagamba, "[14]Naye nze ssaagala kwenyumirizanga, wabula ku musalaba gwa Mukama waffe Yesu Kristo" *(Bag. 6:14)*. Bwe kityo omukisa gw'Abakkolinso okumwenyumiriza *(2 Kol. 5:12)* kitegeeza kubeera nga beenyumiriza mu buweereza bwe obutunuulira Kristo mu kukukontanya n'obuweereza bw'abo abaalinga bamuwakanya.

**Soma 2 Bakkolinso 5:16–21, Bakolosaayi 1:19–23, ne Befeeso 2:13–16. Kiki Pawulo kye yali ategeeza mu bigambo "obuweereza bw'okutabaganya"? ____________**

Kristo ye muweereza w'okutabaganya *omusukkulumu*. Na bwe kityo, oyo "y'atuwa ffe okuweereza okw'okutabaganya" *(2 Kol. 5:18)*. Ensonga y'okutabaganya erabika emirundi n'emirundi mu 2 Bakkolinso 5:16–21. Eno nsonga nkulu nnyo eri Pawulo, era bw'eteekeddwa okuba ne gye tuli, naffe.

Katonda yatabaganya omuntu naye ng'ayita mu kufa kw'Omwana we okutangirira. Bano abatabaganyizibwa ne Katonda babeera kitonde kiggya *(2 Kol. 5:17)*. Kaakano, bateekeddwa okutwala mu maaso "obubaka bw'okutabaganya" nga babuulira enjiri ya Kristo *(2 Kol. 5:19)*. Mu makulu gano, "[20]Kye tuva tubeera ababaka mu kifo kya Kristo, Katonda ng'afaanana ng'abeegayirira mu ffe" *(2 Kol. 5:20)*.

**Lowooza kw'ekyo Kristo kye yakukolera. Lowooza ku kulumirizibwa omusango, ekibi, okunenyezebwa bye wandibadde nabyo singa ekyo kye yakukolera ku musaalaba tekyabaawo. Eky'amazima kino kigwanye kulagirira kitya bwe tukolagananamu ne bannaffe, na ddala abo abatamanyi Mukama?**

# Okuyitibwa eri Obutukuvu

Mu 2 Bakkolinso 6:3–10, Pawulo agenda mu maaso n'okukubiriza Abakkolinso okubeera nga batabaganyizibwa ne Katonda. Awa olukalala oluwanvu olw'ebizibu n'obuwanguzi okulaga kye kitegeeza okubeera omugoberezi wa Kristo era omuweereza wa Katonda. Mu bumpimpi, amenya embeera enzibu *(2 Kol. 6:4, 5)*, engeri z'empisa *(2 Kol. 6:6)*, eby'okukozesa mu buweereza *(2 Kol. 6:7)*, awamu ne'enkyukakyuka ezibeera mu buweereza *(2 Kol. 6:8–10)*. Oluvannyuma lw'okulagira bammemba b'ekkanisa mu Kkolinso okubeera nga batabaganyizibwa ne Katonda, Pawulo abeegayirira okubeera mu bulamu obw'obutukuvu, era nga kino bakikola okuyita mu kweyawula okuva eri okukyamizibwa kw'abatakkiriza n'okuva mu bintu ebitali birongoofu *(2 Kol. 6:14–17)*.

**Soma 2 Bakkolinso 6:11–7:1. Okusinziira ku kitundu kino, obulamu obw'obutukuvu bulabika butya?** ______________

Pawulo akkaatiriza mu kitundu kino obukulu bw'omukwano n'okwagala mu kkanisa *(1 Kol. 6:11–13)*. Obukakafu nti abantu batabaganyiziddwa ne Katonda buli nti banoonya okutabaganyizibwa buli omu ne munne. Mu butuufu, bafuuka, nga bwe kyali, ababaka ab'okutabganyizibwa kw'abantu [abalala].

Ekiddako, okuyitibwa eri obutukuvu kukolebwa okuyita mu kukoowoola kwa mirundi mukaaga, gye gino: (1) "'*Temwegattanga* na batakkiriza" *(2 Kol. 6:14)*; (2) " 'Kale muve wakati w'abo' " *(2 Kol. 6:17)*; (3) " 'Mweyawule' " *(2 Kol. 6:17)*; (4)" 'So *temukomanga* ku kintu ekitali kirongoofu;' " *(2 Kol. 6:17)*; (5) "'Twenaazengako obugwagwa bwonna obw'omubiri n'obw'omwoyo" *(2 Kol. 7:1)*; (6) *Mutuukirize obutukuvu* mu kutya Katonda" *(2 Kol. 7:1)*. Okukoowoolwa kuno kulaga nti Katonda omutukuvu yeetaaga obulamu obutukuvu n'okwekutula okuva mu kusinza ebifaananyi.

Ku Mukono guli, ekitundu kino era kireeta ebisuubizo musanvu ebiggyayo omulimu gw'ekkanisa y'Obukristaayo nga yeekaalu entukuvu: (1) " 'Nnaabeeranga wamu nabo' "; (2) " 'Nnaatambuliranga wamu nabo' "; (3) " 'Nnaabeeranga Katonda waabwe' "; (4) " 'Nabo banaabeeranga bantu bange' "; (5) " 'Nnaabasembezanga' "; (6) " 'Nnaabeeranga Kitammwe' "; (7) " 'Nammwe munaabanga baana bange ab'obulenzi n'ab'obuwala' " *(2 Kol. 6:16, 17, 18)*.

Weetegereze nti ebisuubizo ebina mu 2 Bakkolinso 6:16 gwe musingi gw'ebikulu ebisatu ebiri mu 2 Bakkolinso 6:17 *(laba ekigambo "kale" ku ntandikwa ya 2 Bakkolinso 6:17)*. Kino kiraga nti obutukuvu buva mu kufuba kw'omuntu, wabula omulimu guno gukolebwa Mwoyo Mutukuvu mu mutima [gw'omuntu oyo]. Wadde obutukuvu buva wa Katonda, abakkiriza bateekeddwa okukola ekitundu kyabwe era beewale okusinza ebifaananyi na buli kikolwa kyonna ekitaliimu bulongoofu.

**Ebisuubizo bya Katonda mu 2 Bakkolinso 6:16–18 bitubuulira ki ku ekyo obutukuvu kye butegeeza?**

## Okusanyuka n'Essanyu

**Soma 2 Bakkolinso 7. Pawulo awulira atya bw'ategeezebwa nti Abakkolinso baali beenenya?_________________________________**

Kwagala kwenkana wa okukulukuta okuva mu bigambo "muli mu mitima gyaffe" *(2 Kol. 7:3; laba ne 2 Kol. 6:11)*. Mu kwegomba kwe okw'ebuziba okubeera nga okwagala kwe naye kumuddizibwa, Pawulo ayogera nti, "Mutukkirize mu mitima gyammwe" *(2 Kol. 7:2)*. Wadde nga ebigambo "mu mitima gyammwe" tebiriiyo mu lunyiriri lw'Oluyonaani, ebikyuse by'Olungereza ebisinga obungi bibikozesa, ekitundu ekinene kubanga amakulu gaabyo gabiwagira.

Mu butuufu Abakkolinso bano baggula emitima gyabwe eri Pawulo ne bakozi banne. Ky'ekyo lwaki olunyiriri 4 ssanyu jjereere. Ebigambo bya Pawulo biggyayo engeri gye yali yeewulira obulungi mu kiseera kino: "Njogera n'obuvumu bungi eri mmwe, nneenyumiriza nnyo ku lwammwe: njijudde nnyo essanyu, nsukkiridde okujaguza mu bibonoobono byaffe byonna" *(2 Kol. 7:4)*. Pawulo ajjudde essanyu n'okujaguza. Kusanyuka n'okujaguza byenkana wa amakanisa gaffe bye gayinza okuleeta eri emitima gy'abaweereza baago nga mu bwesigwa geeweerayo ddala eri Kristo?

Mu 2 Bakkolinso 7:5–16, Pawulo yeeyongerayo n'annyonnyola ensonga emuleetera essanyu n'okujaguza. Ensonga zino ebbiri ziwamba ekitundu kino kyonna. Ekigambo ekikozi *parakaleô* ("okusanyusa") oba ekigambo erinnya *paraklçsis* ("essanyu") birabikira wamu emirundu egiwerera ddala musanvu mu 2 Bakkolinso 7. Akanyomero kano ak'ebbaluwa kafundikira mu ngeri emu gye kaatandikamu, kwe kugamba, n'okusanyuka kungi nnyo mu Katonda *(2 Kol. 1:3–7)*. Okusanyuka kwa Pawulo mu 2 Bakkolinso 7 kuva mu kuweweera kwe yafuna olw'ebbaluwa enkaawu eyali efunye ekyagigendererwamu.

Newankubadde okuweweera kuno kwava mu alipota ya Tito ennungi, oluvannyuma, Katonda ye mubaka w'okusanyuka Pawulo kwe yafuna *(2 Kol. 7:6)*. Katonda mu butuufu ye "Kitaffe ow'okusaasira era Katonda ow'okusanyusa kwonna mu bibonoobono byonna" *(2 Kol. 1:3, 4)*.

Ekinyuma nno ate, wadde nga Pawulo "yajjula essanyu," "yeeyongera nnyo okusanyuka" *(2 Kol. 7:4, 7, 13)*. Wadde nga ebbaluwa ye ey'obulumi yali yaleetawo okunakuwala kungi nnyo, okwo kwali kunakuwala okusinziira ku kwagala kwa Katonda n'okwenenya okwagigendererwamu *(2 Kol. 7:9–11)*. Abakkolinso "baanakuwala eri Katonda" *(2 Kol. 7:11)*, okunakuwala okuleetawo ""okwenenya okw'obulokozi" *(2 Kol. 7:10)*. Kirala ki ekyandireese essanyu erisinga wano eri omutima gw'omuweereza wa Katonda omwesigwa?

**Wali olabyeko ennaku eri Katonda mu bulamu bwo? Wamanya otya nti yali nnaku okusinziira ku kwagala kwa Katonda okukuleetera okwenenya?**

## Okwongera Okulowooza:

Ellen G. White, "The Message Heeded," emiko 323–334, mu *The Acts of the Apostles*.

Wiiki eyayita twasoma ekitundu kino ekinokoddwa waggulu mu kitabo *The Acts of the Apostles*. Kigwana mazima okuddamu okusomebwa. Ku mulundi guno, nga osigalako kko katono ku bitundu ebisinga ku bbaluwa ya Pawulo enkaawu, ennewulira ye bwe yali nga agiwandiika, awamu n'essanyu lye yafuna bwe yawulira amawulire amalungi ag'okwenenya okwesimbu okwava mw'abo be yagiwandiikira. Oluvannyuma, lowooza ku ki ky'etubuulira ku butuufu bw'obuweereza bwa Pawulo na bya kuyiga ki bye tuyinza okwetwalira mu mulimu gwaffe ku lwa Kristo.

"Tulina okwolesa eri obutonde bwonna, eri ensi ezaagwa n'ensi ezitaagwa, nti waliwo okusonyiyibwa mu maaso ga Katonda, nti okuyita mu kwagala kwa Katonda tusobola okutabaganyizibwa ne Katonda. Omuntu bwe yeenenya, ne yeetukuza mu mutima, n'akkiriza Kristo nga ssaddaaka ye etangirira, era n'ategeera nti Katonda atabaganyizibwa mu ye."—Ellen G. White, *Special Testimonies On Education*, omuko 223.

"Ng'ekkanisa, twaweebwa omusana mungi. Omusana guno Mukama agutwesigisizza olw'okugasa n'okuweesa ensi omukisa. Ffe twaweebwa Obuweereza obw'okutabaganya. Nga tukozesa amaanyi agava waggulu, tulina okukubiriza abantu okutabaganyizibwa ne Katonda."—Ellen G. White, Letter 32, 1903.

Nga batabaganyiziddwa ne Katonda, abantu bateekwa okunoonya obutukuvu. Ng'aliko by'ayogera ku 2 Bakkolinso 7:1, Ellen G. White akoona ku ekyo Pawulo kye yategeeza bwe yayogera ku "kutuukiriza obutukuvu mu kutya Katonda" *(2 Kol. 7:1)*. Agamba nti Pawulo yanoonya okuyamba abakyufu abaggya "okubeera nga basobola okweyimirizaawo, ng'abakristaayo abakulu era abanywevu mu kukkiriza, nga banyiikira era nga beewaayo n'omutima gwonna eri Katonda mu kukola omulimu ogw'okutwala mu maaso obwakabaka bwe."—Ellen G. White, *The Acts of the Apostles*, omuko 201.

**Ebibuuzo eby'Okukubaganyaako Ebirowoozo**

**1. Pawulo atwogerako nga "ebibya eby'ebbumba" ebirimu eky'obugagga ky'enjiri *(2 Kol. 4:7)*. Eky'amazima nti embeera y'obuntu nnafu, njebefu, era ejjudde okulemererwa, n'okukomezebwa kyongeramu kitya amaanyi—mu kifo ky'okufeebya—okubuulira kwaffe enjiri?**

**2. Kitegeeza ki okubeera "ekitonde ekiggya" *(2 Kol. 5:17)*? Kino kikosa kitya obulamu bwaffe obwa buli lunaku? Kristo akufudde atya ekitonde ekiggya?**

**3. Mu 2 Bakkolinso 6:4, 5, Pawulo atuwa olukalala oluwanvu oluliko ebizibu olw'okubeera enjiri. Yayanukulira atya okubonaabona kwe *(laba 2 Kol. 6:6, 7)*? Kino kikuyamba kitya ggwe okwanukulira okukwo?**

**4. Pawulo akontanya okunakuwala eri Katonda n'okunakuwala eri ensi *(2 Kol. 7:10)*. Mu ngeri ki okunakuwala gye kuyinza okukwatagana n'okwenenya? Wandinnyonnyodde otya okunakuwala eri Katonda ng'okukontanya n'okwo eri ensi?**



# Obuwanika *n'*Omulimu

**Ssabbiiti olw'Eggulo**

**Soma olw'Eky'okuyiga kya Wiiki Eno:** *2 Bakkolinso 8–9; Yok. 3:16; Yok. 17:5; Lukka 9:58; Kubik. 13:8; Bar. 12:8; Bar. 15:26, 27.*

**Olunyiriri olw'Okujjukira:** "Kubanga mutegeera ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo, nti bwe yali omugagga, naye n'afuuka omwavu ku lwammwe, obwavu bwe bulyoke bubagaggawaze mmwe" *(2 Bakkolinso 8:9).*

Bakkolinso Eky'okubiri 8 ne 9 ziraga nti Pawulo yawa Abakkolinso omukisa okuweereza Baganda baabwe ne bannyinaabwe abaali mu Judea. Ekitundu kino kiraga nti okugaba mukisa Katonda gw'atuwa, tulyoke tukoppe empisa ya Kristo ey'okwegaba. Olulimi lw'eggulu lwa kugaba. Weetegereze ebigambo bino ebikulu, "Kubanga Katonda bw'atyo bwe yayagala ensi n'okuwaayo n'awaayo omwana we eyazaalibwa omu" *(Yok. 3:16; okukkaatiriza kuweereddwa).*

N'ekirala, Yokaana 3:16 mu butangaavu aggyayo ekigendererwa kya Katonda mu kuwa Yesu, olwo buli muntu "amukkiriza aleme okubula naye abeere n'obulamu obutaggwaawo." Obuwanika n'omulimu bitambulira wamu mu kitundu kino. Bino tebyawulika, kkovu na ssonko! Kye kiva kiteewuunyisa kale nti Pawulo yeeraga ye ne bakozi banne nga "abawanika b'ebyama bya Katonda" *(1 Kol. 4:1).* Naffe, tuli bawanika mu makulu ge gamu.

Wiiki eno tujja kulaba nti ensonga z'obuwanika n'obuweereza bisimba emirandira mu buziba mu ky'okulabirako kya Yesu. Mu butuufu, obuwanika n'omulimu tebyawulikika. Obuwanika buwa ekkanisa ebikozesebwa eby'ensimbi ko n'abantu okusobola okutuukiriza omulimu gwa Katonda.

**Yiga eky'okuyiga kya wiiki eno weetegekere Ssabbiiti nga Mutunda 12.*

## Eky'okulabirako kya Yesu

Amakulu ga 2 Bakkolinso 8 ne 9 gali ku Pawulo kukubiriza bammemba b'omu Kkolinso okumaliriza okukubiriza ensimbi ezaali ez'okuyamba ku makanisa agaali amaavu lunkupe mu Buyudaaya. Kirabikirawo nti kino baali baakyeyama dda okukikola *(2 Kol. 8:10, 11; 2 Kol. 9:5; ne 1 Kol. 16:1–4)*, naye ensonga z'enkolagana wakati waabwe ne Pawulo zaali zikalubizzaamu ebintu. Oluvannyuma lw'okukola ku nsonga zino *(2 Bakkolinso 1–7)*, Pawulo kaakano akyukira enfundikira y'omulimu ogwo *(2 Bakkolinso 8–9)*.

Mu kusooka Paulo asonga ku ky'okulabirako ky'Abamakedoni *(2 Kol. 8:1–7)*, abo obwavu bwabwe obwali buwunya n'okuwunya obutaabalobera "mu bugagga obw'obugabi bwabwe" *(2 Kol. 8:2)*. Weewaawo, obwavu n'obugabi bisobola okutambulira awamu. Wabula, obugabi buno obwegombesa obw'Abamakedoni yali ndaga ya bugabi bwa Yesu mu kwewaayo ku lwaffe *(2 Kol. 8:8–15)*.

**Soma 2 Bakkolinso 8:9. Ekitundu kino kitubuulira ki ku ky'okulabirako kya Yesu? ________________**

Ebigambo bya Pawulo mu 2 Bakkolinso 8:9 ky'ekimu ku bitundu mu Bayibuli yonna ebisinga okwewuunyisa, eby'amaanyi, era ebitutumufu. Pawulo anyumya olugero lw'omulimu gwa Yesu, wabula nga akozesa ebigambo ebironde n'obwegendereza. Wano waliwo eddiini nnyingi. Luno lwe lugero lw'obununuzi, wabula mu lunyiriri lumu lwokka.

N'ekisinga okunyuma kiri nti olugero luno lubuulirwa mu lulimi lwa bya nfuna. Weewaawo, Yesu yali mugagga. Obugagga bwe busonga ku kusooka kwe okubaawo emabega eyo mu ggulu *(Yok. 17:5)*. Yasalawo okufuuka omwavu nga yeggyako ekitiibwa ky'eggulu n'ajja ku nsi eno ejjudde ennaku. Yafuuka mwavu mu kwogera okwa bulijjo *(Lukka 9:58)*. Wadde yali yenkanankana ne Katonda, "yeggyako ekitiibwa, bwe yatwala engeri y'omuddu, n'abeera mu kifaananyi ky'abantu" *(Baf. 2:7)*. "Era bwe yalabikira mu mutindo ogw'obuntu, ne yeetoowaza, nga muwulize okutuusa okufa, era okufa okw'oku musalaba" *(Baf. 2:8)*.

Yesu yawaayo obulamu bwe kennyini ffe tulyoke tubeere abalamu emirembe gyonna awamu naye. Ekiweebwayo kye kyalina ekigendererwa: obulokozi bwaffe. Obuwanika n'omulimu bigendera wamu. Bakkolinso Eky'okubiri 8–9 waatugamba olugero lumu olw'ekiweebwayo ekya ssente, naye olugero luno nga lwesigamizibwa ku Yesu. Okuyita mu wiiki eno, tujja kulaba emisingi gy'enjigiriza y'eddiini egyekuusa ku kikolwa ky'okuwaayo ebirabo nga Kristo kennyini bwe yeewaayo gye tuli.

**Sinziira ku kuzaalibwa, obulamu, okufa n'okuzuukira kwa Yesu. Bw'okitegeera nti bino byonna byakolerwa ggwe osobole okubeera n'essuubi ly'ekintu ekiri waggulu ennyo okusukka obulamu buno obw'ennaku, wandyanukudde otya ensonga eno?**

# Ekituwa Amaanyi

**Soma 2 Bakkolinso 8:1, 5 ne 2 Bakkolinso 9:7, 9, 13, 15. Bubaka ki obukulu obuli mu bitundu bino? ________________________**

Olulimi lw'okugaba lujjudde mu 2 Bakkolinso 8 ne 9: "Ekisa kya Katonda ekyaweebwa" *(2 Kol. 8:1)*; "Baasooka okwewaayo bokka" *(2 Kol. 8:5)*; "Buli muntu akolenga nga bw'amaliridde mu mutima gwe...kubanga Katonda ayagala oyo agaba n'essanyu" *(2 Kol. 9:7)*; "Yagabira abaavu" *(2 Kol. 9:9)*; "Batendereza Katonda...olw'obugabi bw'okugabana kwammwe" *(2 Kol. 9:13)*; "Katonda yeebazibwe olw'ekirabo kye ekitayogerekeka!" *(2 Kol. 9:15)*. Bakkolinso Eky'okubiri 8 ne 9 watandika era ne wafundikira n'olulimi olw'okugaba *(2 Kol. 8:1 ne 2 Kol. 9:15)*. Tuteekeddwa okusoma essuula zino zombiriri nga muffe mulimu ekirowoozo ky'okugaba. Zituwa waakiri ensonga nga nnya enkulu ennyo lwaki twandiwaddeyo ebiweebwayo byaffe.

***Okwebaza ekisa kya Katonda (2 Kol. 8:1; 2 Kol. 9:14, 15).*** Bakkolinso Eky'okubiri 8–9 watandika n'okusonga okukolebwa ku "kisa kya Katonda" *(2 Kol. 8:1)*. Mu maaso ko katono. Pawulo ayogera, "'Kubanga mutegeera ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo" *(2 Kol. 8:9)*. Ekisa kya Katonda ne Kristo kireetebwa wano ng'ensonga enkulu eri omuntu okuwaayo ebiweebwayo. Katonda yatukolera kinene nnyo bwe yatuwa Kristo. Mu kuwaayo ebirabo byaffe, tubeera tulaga okusiima kwaffe ekisa kya Katonda mu bulamu bwaffe.

Nga bwe guli ku nsonga y'okuwaayo, ekigambo "kisa" (mu Luyonaani, *charis*) era kirabika emirundi egy'omuddiriŋŋanwa mu 2 Bakkolinso 8–9. Mu ngeri y'emu, ekigambo *charis* kirabikira ku ntandikwa ne ku nkomerero y'ekitundu kino *(2 Kol. 8:1; 2 Kol. 9:14, 15)*. Pawulo akozesa ekigambo kino ng'agattako amakulu ag'enjawulo okukkaatiriza nti ekisa kya Kristo mu bulamu bwaffe kivaamu kisa eri abalala awamu n'okwebaza.

***Okwagala okugoberera eky'okulabirako kya Yesu (2 Kol. 8:9).*** Yesu yali mugagga n'afuuka omwavu (jjukira nti buno bubonero bubonero obw'okubeerawo kwe okwasooka). Waliyo engeri emu yokka ekyo gye kiyinza okusoboka: Yawaayo byonna. Bwe tutyo, naffe bwe tuwaayo, tussaawo engeri abalala nabo gye basobola okumanyaamu Kristo.

***Okwagala okugabana emikisa gya Katonda (2 Kol. 9:10, 11).*** Tugabira abalala lwa nsonga kubanga naffe twaweebwa kuva eri Katonda. Atugaggawaza olwo naffe tulyoke tusobole okubeera abagabi.

***Okwagala okwesimbu (2 Kol. 8:8, 24).*** Okugaba ky'ekigezo ky'okwagala okwesimbu era okwa nnamaddala. Ky'ekisinga okulabibwa nti okwagala kutuula mu mutima gw'omuntu. Okukozesa ekigambo ekitera okukozesebwa mu Lungereza/Luganda "teeka ssente zo omumwa gwo we guli."

**Ggwe oli mugabi kyenkana wa? Mu musana gw'Omusaalaba, ogaba kyenkana wa okukontanya ekyo [mu butuufu] kye wandiwaddeyo?**

## Okuteekateeka

**Soma 2 Bakkolinso 9:7. Ekitundu kino kyogera ki ku kikolwa ky'okuwaayo?** ______________________________

Okusalawo kwa Katonda okulokola ensi kwabaawo mabega eri nga n'ensi tennagwa mu kibi. Okujja kwa Kristo okutufiirira kyali kitundu ku nteekateeka ey'edda *(Kubik. 13:8)*. Katonda teyazinduukirizibwa. Yali yakola dda enteekateeka okwewaayo yennyini okuyita mu Yesu. Mu 2 Bakkolinso 8 ne 9, okuteekateeka musingi gwa ddiini omukulu ennyo ogukwata ku kikolwa ky'okugaba. Kino kisobola okulabibwa mu ngeri nga bbiri:

Esooka, ***okuteekateeka kubaamu okusalawo okwasooka okukolebwa.*** Pawulo agamba nti "Buli muntu akolenga nga bw'amaliridde mu mutima gwe" *(2 Kol. 9:7)*. Ekigambo ky'Oluyonaani ekikyusibwa nga "okumalirira" ky'ekigambo ekikozi *prodireō*. Ekigambo kino kikozesebwa mu ngeri ya kusukkiriza. Kyogera ku kintu ekyaliwo "emabega okusooka," ne *aireō* kitegeeza mu makulu gano "okusalawo." Bwe kityo, *proaireō* kisonga ku kusalawo okwakolebwa emabega edda. Era, ng'atandika ebigambo bye nti "buli muntu," Pawulo akiraga nti omuwendo oguweereddwa tegujja kuba gwe gumu eri buli omu. Ensonga ye wano yali nnyangu nti ekintu kyonna abantu kye basalawo okuwaayo, basaanye bakikole mu kwefumintiriza okw'obwegendereza. Bagwanye baweeyo ekyo kye bakkiriza nti gwe muwendo omutuufu gwe bagwanye okuwaayo.

Eky'okubiri, ***okuteekateeka kubaamu ensonga y'okugeraageranya.*** Pawulo agamba nti Abamakedoni "baagaba
bokka nga bwe baayinza" *(2 Kol. 8:3)*. Ekiddako, akozesa omusingi gw'okugeraageranya eri Abakkolinso nabo. Ng'abakubiriza okumaliriza omulimu gwe baali beewaayo edda okukola, abakubiriza okumaliriza omulimu ogwo nga bakozesa eby'obugagga bye baalina *(2 Kol. 8:11)*. Afundikira ekirowoozo kino ng'ayogera nti ekirabo kiweebwayo "[12]ng'omuntu bw'alina, si nga bw'atalina" *(2 Kol. 8:12)*. Yadde nga Bayibuli ennyonnyola okugeraageranya kw'ebitundu by'ekkumi, okugeza nga, ekimu eky'ekkumi, ekyo tekikola ne ku biweebwayo/ebirabo "Buli muntu akolenga nga bw'amaliridde mu mutima gwe" *(2 Kol. 9:7)* ng'akozesa etteeka ly'okugeraageranya. Mu bigambo ebirala, buli omu asalawo kitundu ki eky'ebyenfuna ye ky'anaawaayo ng'ekirabo. Buli omu ateekeddwa okuwaayo ekitundu ku ebyo by'alina. Kino tekisobola kukolebwa awatali kuteekateeka.

**Ggwe oli mwesigwa kyenkana wa n'ebitundu eby'ekkumi awamu n'ebiweebwayo, ssi nsonga oli mugagga oba mwavu otya? Bya kwewolereza ki by'okozesa obutawaayo nga ate omanyidde ddala nti osobola okuwaayo ekisingawo?**

## Endowooza y'oku Mutima

**Soma 2 Bakkolinso 8:1–5. Nsonga ki eyinza okuba nga y'eyali emabega w'okugaba kw'Abamakedoni mu bugabi obufaanana bwe butyo?**

---

Endowooza ennungi ey'Abamakedoni esobola okulabibwa mu ngeri eziwerako.

Okusooka, ***baawaayo mu ssanyu eringi (2 Kol. 8:2)***. Pawulo agamba nti Abamakedoni "'essanyu lyabwe eryasukkirira, n'obwavu bwabwe obwayinga obungi byasukkirira mu bugagga obw'obugabi bwabwe" *(2 Kol. 8:2)*. Oluvannyuma akyogera nti "kubanga Katonda ayagala oyo agaba n'essanyu" *(2 Kol. 9:7)*. Ekigambo ky'Oluyonaani ekyogerebwa nga "essanyu" kirabika wano wokka mu Ndagaano Empya. Ekigambo ekiva mu lulyo lwe lumu ky'ekirabikira awalala: "Asaasira asaasirenga n'essanyu" *(Bar. 12:8)*. Ebigambo ebiva mu lulyo lw'ebigambo luno oluusi birabikira mu biwandiiko ebirala okuleka Bayibuli, mu makulu g'okusanyuka n'okujaganya. Mu 2 Bakkolinso 9:7, okubeera omugabi omusanyufu kitegeeza kuwaayo si mu ngeri y'a kutuusa mukolo.

Eky'okubiri, ***Baawaayo mu bugabi (2 Kol. 8:2)***. Nga Pawulo tannayogera ku bugabi bwa Bamakedoni, yasooka kusonga ku "bwavu bwabwe obwayinga obungi." Ekigambo "obugabi" (mu Luyonaani, *haplotçtos*) kirabika emirundi ebiri mu 2 Bakkolinso 8 ne 9. Pawulo agamba, "'Nga mugaggawazibwa mu byonna mukolenga obugabi *bwonna*" *(2 Kol. 9:11, okukkaatiriza kuweereddwa)*, ekitegeeza nti tuweebwa tulyoke tusobole naffe okuwa. Mu maaso ko katono, ayogera ku "*bugabi* bw'okugabana kwammwe" *(2 Kol. 9:13, okukkaatiriza kuweereddwa)*. Mu kitundu kino, okubeera omugabi mu kusonda ngeri ya kwatula njiri ya Kristo.

Eky'okusatu, ***"baagaba bokka nga bwe baayinza" (2 Kol. 8:3)***. Kino kitegeeza nti baawaayo nga beesiimidde. Kino kisinga nawo okwegombebwa nga oli akiraba nti tebaawaayo okuva ku nfissi, kubanga eby'obugagga byabwe byali bya munyoto ddala. Pawulo akozesa ekigambo ky'ekimu okwogera ku kwagala kwa Tito okukyalira Abakkolinso. Yagenda e Kkolinso nga yeesiimidde *(2 Kol. 8:17)*.

Eky'okuna, ***baagaba n'ekirowoozo nti okugaba mukisa (2 Kol. 8:4)***. Endowooza eno etegeerekekera nnyo mu kusaba kw'Abamakedoni okwetaba mu kusonda nabo. "'Nga batusaba n'okwegayirira okungi olw'ekisa ekyo n'okussa ekimu okwo mu kuweereza abatukuvu" *(2 Kol. 8:4)*.

N'ekisembayo, ***beetaba mu kusonda ng'ekikolwa eky'okweweeerayo ddala (2 Kol. 8:5)***. Pawulo agamba, "Naye baasooka okwewaayo bokka eri Mukama waffe, n'eri ffe mu kwagala kwa Katonda" *(2 Kol. 8:5)*. Omuntu okwewaayo eri Mukama kimuviiramu kwewaayo eri abalala. Abamakedoni baagaziyaamu ku mulimu gwabwe okusinga ku buyambi obw'ensimbi. Kwe kugamba, okugaba n'okubeera abagabi tekiri ku ssente zokka.

# Obumu

Tulabye nti Pawulo akubiriza bammemba mu Kkolinso okwenyigira mu kusonderako amakanisa amaavu ennyo mu Buyudaaya. Ekimu ku bigendererwa bye kwe kukoleeza omumuli gw'obumu. Ayagala beetabemu, babeere kitundu ku mulimu. Ayagala okulaga nti amakanisa g'Abannamawanga gali kitundu ku ffamire ya Katonda nga abakkiriza Abayudaaya ab'omu Yerusaalemi. Kwe kugamba, abantu bano, olumu abaali abalabe baabwe, kaakati, mazima, bammemba bannaabwe mu baasigalawo abaggya ab'endagaano ya Katonda. Pawulo ayagala okulaba ffamire yonna ey'Obukristaayo, Abayudaaya ne Bannaggwanga, nga beegasse mu ngeri ey'amaanyi esobola okuweera n'obujulirwa eri ekkanisa mu mirembe egiriddawo.

Tito n'abalala babiri baganda be be baali bavunaanyizibwa ku nsimbi zino. Katonda yassa okufaayo kuno eri ekkanisa mu mutima gwa Tito *(2 Kol. 8:16)*. Okuyita mu makanisa, Katonda era yalonda n'ab'oluganda bali abalala *(2 Kol. 8:18–23)*. Bayitibwa "babaka b'ekkanisa" *(2 Kol. 8:23)*. Oba "ekitiibwa kya Kristo" kyogera ku bano ababiri ab'oluganda abeesigwa, oba amakanisa gennyini, ssi nsonga. Okuwaayo ebiweebwayo oluvannyuma lwa byonna kabonero ka kubeera bawulize eri Kristo, Omutwe gw'ekkanisa *(Bef. 4:15)*.

Bakkolinso Eky'okubiri 8–9 walaga nti ebiweebwayo bisaanidde biweebwe eri abantu abalondeddwa Katonda okuyita mu kkanisa. Ebigambo "mu kkanisa zonna" *(2 Kol. 8:18)*, "yalondebwa ekkanisa" *(2 Kol. 8:19)*, ne "babaka ab'ekkanisa" *(2 Kol. 8:23)* ekyo kye bigambira ddala. Bwe kityo, okukubirizibwa kuno okuddirira tekwewuunyisa, "[24]Kale mubalage mu maaso g'ekkanisa ekiraga okwagala kwammwe" *(2 Kol. 8:24)*.

Okuleeta ebiweebwayo ku kkanisa—ekikozesebwa kya Katonda ekironde ku nsi—kireetawo obumu, kyokka ate nga mu kiseera ky'ekimu, [ekikolwa kino] kiva mu kubeera bumu *(2 Kol. 8:13, 14)*. Ensimbi zisobola okubeera entabaluganda enkulu. Ku Mukono guli, amaaso g'abantu bwe gatatunuulira kitiibwa kya Katonda kyokka, ssente zisobola era n'okuleetawo okweyawulayawula.

**Baruumi 15:26, 27 wabikkula watya okwegomba kwa Pawulo okw'obumu wano?** ______________________________

Oluvannyuma, Pawulo alaga okusolooza kuno nga obuweereza, era ng'ekikolwa eky'ekisa, nga omukisa, nga ekikolwa eky'okusinza, era ng'eky'okutabagana. Byonna ebyo okuva mu kiweebwayo? Kirowoooozeeko.

**Okugaba kwaffe eri amakanisa amalala awamu n'omulmu gw'emitala w'amayanja, mu bitundu eby'ebule n'ebweya, kuyamba kutya okuleetawo obumu mu kkanisa y'ensi yonna?**

## Okwongera Okulowooza:

Ellen G White, "A Liberal Church," emiko 335–345, mu *The Acts of the Apostles*.

"Abo emitima gyabwe egijjudde okwagala kwa Kristo, be bajja okugoberera eky'okulabirako ky'Oyo ku lwaffe eyafuuka omwavu, okuyita mu bwavu bwe ffe tugaggawale. Ensimbi, ebiseera, n'amaanyi—ebirabo byonna bye baafuna okuva mu mukono gwa Katonda, bajja kubirabamu omuwendo olw'okutwala mu maaso omulimu gw'enjiri. Bwe kityo bwe kyali mu kkanisa eyasooka, era mu kkanisa ya leero bwe kirabibwa nti olw'amaanyi ga Mwoyo bammemba baggye okwegomba kwabwe ku bintu by'ensi, era nti beeteefuteefu okukola ssaddaaka okulaba nti abantu bannaabwe basobola okuwulira ku njiri nabo, amazima agabuulirwa olwo nga ga kubeera n'amaanyi mangi eri abo abawuliriza."—Ellen G. White, *The Acts of the Apostles*, omuko 71.

"Mukama teyeetaaga biweebwayo byaffe. Tetusobola kumugaggawaza na birabo byaffe. Munnazabbuli agamba: 'Ebintu byonna biva gy'oli, era ku bibyo kwe tutoola ne tukuddiza.' Kyokka Katonda atukkiriza okulaga okusiima kwaffe okw'okusaasira kwe olw'okufuba kwaffe okukutuusa eri abalala. Eno y'engeri yokka mwe kisobokera ffe okulaga okusiima n'okwagala kwaffe eri Katonda. Tatuwaddeeyo ngeri ndala yonna."—Ellen G. White, *Counsels on Stewardship*, emiko 18, 19.

"Nga kyali kinene nnyo ekirabo kya Katonda eri omuntu, era okufaananako Katonda waffe naffe tuyinza okukikola! Mu mutima gw'okweyagalira okutayinza kusukkibwa, yagaba alyoke asobole okulokola abaana b'abantu abajeemu era abaleetere okulaba ekigendererwa kye, bategeere okwagala kwe. Ggwe, mu birabo byo n'ebiweebwayo, onoolaga nti olowooza nga tewali kintu kirungi nnyo ekitamugwana oyo 'eyawaayo omwana we eyazaalwa omu, buli amukkiriza aleme okuzikirira wabula afune obulamu obutaggwaawo'?"—Ellen G. White, in *The Advent Review and Sabbath Herald*, May 15, 1900.


**Ebibuuzo eby'Okukubaganyaako Ebirowoozo:**

**1. Yongera osigale ku 2 Bakkolinso 8:9. Lwaki eky'okulabirako kya Yesu kikulu nnyo mu nsonga y'obuwanika?**

**2. Yokaana 3:16 lukikoonako nti olulimi lw'eggulu lwa kugaba. Soma Yokaana 15:13; Befeeso 5:2, 25; Baggalatiya 2:19, 20; ne 1 Yokaana 3:16. Ebitundu bino ne Yokaana 3:16 birina ki ekibifaananya, era bubaka ki bwe tuyinza okubyeggiramu?**

**3. Okusinziira ku kusoma kwo 2 Bakkolinso 8–9, miganyulo ki egy'obuntu egiri mu kugaba?**

**4. Okugatta ku kugaba ebiweebwayo bino ebiteeketeeke, bintu ki ebirala by'oyinza okukola okukoppa eky'okulabirako kya Yesu eky'okwewaayo?**



# Okwaŋŋanga Abayigiriza Ab'obulimba

Ssabbiiti olw'Eggulo

**Soma olw'Eky'okuyiga kya Wiiki Eno:** *2 Kol. 10:1–17; Yer. 9:24; 2·Kol. 11:1–15, 22–28; 2 Kol. 12:20, 21; 2 Kol. 13:5.*

__Olunyiriri olw'Okujjukira__: "⁴Kubanga eby'okulwanyisa eby'entalo zaffe si bya mubiri, naye bya maanyi eri Katonda olw'okumenya ebigo" *(2 Bakkolinso 10:4).*

Gy'obeera Pawulo teyalina bizibu bimumala, waliwo ekirala ekyamerukawo nga nakyo alina okukikolako: abayigiriza ab'obulimba mu kkanisa. Abampembe bano baawakanyanga nnyo omulimu gwe awamu n'obuweereza bwe. N'ekisinga obubi kiri nti bano baali basenzesenze n'okusendasenda bammemba b'omu Kkolinso [okwekutula ku kkanisa]. Pawulo ayogera ku kulwana kuno nga akuyita olutalo olw'omwoyo.

Okwo kwali kusukkiriza? Nedda, yadde n'akatono. Pawulo yakimanya nti oluvannyuma abantu abo baali tebawakanya ye, wabula Kristo mwene. Teyali kika kya mukulembeze ateefiirayo nga ye akwatibwako bibye byokka ng'engeri y'okulaga amaanyi ge ko n'obuyinza ku be yali akulembera. Yakimanya nti obubaka bwe yatumibwa okubuulira bwali nsonga ya kufa na kuwona, nga ebibuvaamu bya lubeerera. Era yakimanya nti yali yatumibwa Katonda mwene okukola omulimu guno. "¹Paulo, eyayitibwa okuba omutume wa Yesu Kristo olw'okwagala kwa Katonda" *(1 Kol. 1:1).*

Bwe kituuka ku njigiriza enkyamu, ekkanisa eteekeddwa okuyimukiramu naye nga ekozesa kwagala ate nga nnyweevu, nga yeesigama ku buyinza bw'Ebyawandiikibwa. Obubaka bw'enjiri buteekeddwa okukuumibwa, nga tebwonooneddwa yadde okusaabululwa, nga bulongoofu, okusobola okuwa emyoyo essuubi ly'obutaliggwaawo.

**Yiga eky'okuyiga kya wiiki eno weetegekere Ssabbiiti nga Ntenvu 19.*

## Olutalo olw'Omwoyo

**Soma 2 Bakkolinso 10:1–11. Obwetoowaze bwa Pawulo mu kukolagana kwe n'Abakkolinso oluusi busobezebwa ne bulabibwa ng'obunafu. Bigambo ki mu kitundu kino ebibikkula obuvumu bwa Pawulo okukola ku kizibu kino eky'abayigiriza ab'obulimba mu Kkolinso?** ____

Pawulo atandika 2 Bakkolinso 10 mu ngeri ey'obuntu: "Naye nze kennyini Pawulo mbeegayirira" *(2 Kol. 10:1)*. Kino kiraga engeri Pawulo gye yali akwatibwako ennyo eky'enjigiriza enkyamu okusensera ekkanisa. Ebigambo bye mu 2 Bakkolinso 10:1 eky'ennaku bisonga ku kuvunaana kw'abalabe be nti [ye] yali ssajjabbi eryabakubanga entiisa bwe lyawandiikanga ebbaluwa nga lisinziira bunaayira so nga mutiitiizi asaasirwa bwe kituuka ku kugasimbagana n'abantu *(2 Kol. 10:10, 11)*. Ayanukula nti ekyo ekyalabika nga obunafu kisaanye kirabibwe nga obwetoowaze obw'amaanyi era obuwombeefu nga obwa Kristo.

Abayigiriza ab'obulimba bateekeddwa okwaŋŋangibwa n'obuvumu awamu n'okwekakasa *(2 Kol. 10:2)* naye nga bitabuddwamu obukkakkamu bwa Kristo *(2 Kol. 10:1)*. Yesu lumu yeeyogerako nti, "ndi muteefu era omuwombeefu mu mutima" *(Mat. 11:29)*. Wabula, Yesu era mu bugumu yeŋŋanga abaali bawaanyisa ssente mu yeekaalu bwe yavuunika emmeeza zaabwe era n'abayita abanyazi *(Mat. 21:12, 13)*. Ono era yayita n'Abafalisaayo abannafuusi, mbu malaalo agasiigiddwako langi enjeru ku ngulu *(Mat. 23:23–27)*. Okufaanana Yesu, Pawulo naye ekimanyi nti tuli mu lutalo lwa mwoyo olwetaagisa okukozesa eby'okulwanyisa bya Katonda byonna *(Bef. 6:12–17)*.

Olulimi lwa Pawulo mu 2 Bakkolinso 10 lwa kijaasi kubanga obulamu bw'abantu buli mu katyabaga *(2 Kol. 10:3–6)*. Luno ssi lutalo lwa bantu buntu wabula olutabaalo olw'obwakatonda olw'okuwangula abantu eri Kristo. Mu nkwatagana eyo, buli bigambo bya bulimba ebyogerebwa n'okuteesateesa okuwoomerevu kuteekwa okwaŋŋangibwa bunnambiro era kumementulwe, okusinziira ku Kigambo kya Katonda, olwo buli kirowoozo kiryoke kiwambibwe "era nga tujeemula buli kirowoozo" *(2 Kol. 10:5)*.

Mu Lutalo luno olw'eby'omwoyo, Pawulo akolera mu buyinza bwa Kristo. Wabula, obuyinza buno, bugenderera kuyamba, so ssi kuzikiriza *(2 Kol. 10:8)*. Kyangu nnyo abakulembeze ab'eby'omwoyo okukkaatiriza nti ddala bakolera mu buyinza bwa Katonda. Wabula nga wadde kiri kityo, bateekwa okujjukira nti obuyinza bwabwe bubaweebwa Kristo, era nti, okufaananako ye, bateekeddwa okubeera abeetoowaze era abakkakkamu mu mitima. Okwogera kwa Pawulo nga akozesa obuyinza obwamuweebwa Kristo buli ku kufaayo kwe nti Abakkolinso baali bawuliriza abantu abakyamu, nga bwe batyo bassa obuwulize bwabwe eri Kristo mu katyabaga.

**Tuyinza tutya okubeera ab'eggonjebwa ate nga mu kiseera ky'ekimu tuli bavumu mu kweŋŋanga abayigiriza ab'obulimba? Lwaki tuteekeddwa okubibeera byombi?**

## Okwenyumiriza mu Mukama

Olunaku lw'eggulo, twalabye nti Pawulo ne bakozi banne baddira obuweereza bwabwe ne babulaba nga olutalo olw'eby'omwoyo, era nga luno baalulwana bakozesa eby'okulwanyisa bya Katonda. Leero, tujja kulaba nti abayigiriza bano ab'obulimba baakola kusinziira ku ndaba ya buntu. Beenyumiriza mu ngeri etasaana. So nga ate ye Pawulo yeenyumiriza mu Mukama yekka. Nga bwe yawandiika: "[17] 'Naye eyeenyumiriza yeenyumirizenga mu Mukama waffe' " *(2 Kol. 10:17)*.

**Soma 2 Bakkolinso 10:13–17. Embeera ey'okuvuganya eyinza kukosa etya embuulira y'enjiri?** ______________________

Enkozesa ya Pawulo ey'olulimi olwenyumiriza etabudde nnyo abatapusi okuyita mu byasa. Wabula, okwenyumiriza mu by'osobola, kyali baana baliwo mu nsi ey'edda era kuno kwafugibwanga ntegeeragana z'abantu okwewala okunyiiza abalala. Pawulo yali amanyi entegeeragana ng'ezo, era yazigoberera. N'ekirala, Pawulo akitangaaza bulungi nti engeri ye ey'okwenyumiriza ya njawulo okuva kw'eyo ey'abayigiriza ab'obulimba. Ye yeenyumirizanga mu Mukama *(2 Kol. 10:17)*. Kino kisimbuddwa okuva mu Ndagaano Enkadde: " '[24] Naye eyeenyumiriza yeenyumirizenga olwa kino, ng'ategeera era ng'amanyi nze nga ndi Mukama akola eby'ekisa n'eby'ensonga n'eby'obutuukirivu mu nsi' " *(Yer. 9:24)*. Ng'asonga ku kitundu kino okuva mu Yeremiya, Pawulo alaga nti Kristo y'atunuuliddwa wano—okwagala kwa Kristo, obwenkanya awamu n'obutuukirivu bwe.

Mu bigambo ebirala, okwenyumiriza kwa Pawulo kutunuulira ebikoleddwa Katonda mu Kristo. Bwe kityo, okwenyumniriza kwe kwa mu Bayibuli era, bwe kityo, ssi kubi. Ku mukono guli, abalabe be baatuuka mu mbeera ey'okuvuganya nga beegeraageranya buli omu ku munne. Buno busirusiru! *(2 Kol. 10:12)*.

Mu 2 Bakkolinso 10:14–16, Pawulo akisiinyaako nti okubuulira enjiri gwe mulamwa omukulu ogw'obuweereza bwe, wombi mu Kkolinso ne mu bitundu ebirala ebyali byesuddewo. Okwagala kwa Pawulo eri Yesu kwamuleetera okwogera buli kaseera ku mawulire amalungi ag'obulokozi, agasangibwa mu kufa n'okuzuukira kwa Kristo.

Obutafaananako abayigirizwa ab'obulimba mu Kkolinso abeesiima bennyini, Pawulo yali yasiimibwa era n'akkirizibwa Katonda *(2 Kol. 10:12, 18)*. Ono yali "yayitibwa okubeera omutume wa Yesu Kristo olw'okwagala kwa Katonda" *(1 Kol. 1:1)*. Yali mwesigwa eri okuyitibwa kuno okutuusa ku nkomerero y'obulamu bwe *(2 Tim. 4:7)*.

**Ddamu osome 2 Bakkolinso 10:12–18. Abakulembeze b'ekkanisa, oba kale ne bammemba, basobola batya okwewala embeera y'okuvuganya? Lwaki kyangu nnyo okwesanga nga tumiriddwa mu bintu ebitaliimu makulu?**

## Abayigiriza ab'Obulimba Balagibwa

Endagaano Empya erimu okulabula kungi ddala eri abayigiriza ab'obulimba mu bibiina by'Abakristaayo. Yesu kennyini yalabula abayigirizwa be ku nsonga eno *(Mat. 7:15–20)*. N'abatume nabo baakirabulako *(Bag. 1:6–9, 1 Tim. 6:3–5, 2 Peet. 2:1–3)*.

**Soma 2 Bakkolinso 11:1–15. Pawulo alaga atya okusoomooza kw'ayolekedde n'abayigiriza bano ab'obulimba?** ________

Pawulo ayanika omulimu gw'abayigiriza bano ab'obulimba. Mu kiseera ky'ekimu, akiraga nti obuweereza bwe bwetooloolera ku Kristo. Ageraageranya ekkanisa y'omu Kkolinso ku mugole era ne yeeraga nga kitaawe w'omugole oyo, ng'alina obuvunaanyizibwa obw'okumuleeta eri Kristo *(2 Kol. 11:2)*. Akola bw'atyo kubanga ayagala ekkanisa *(2 Kol. 11:11)*. Kale, yali na mweteefuteefu obutabeera mugugu gye bali mu by'ensimbi, newankubadde nga yalina obuyinza okuvujjirirwa *(2 Kol. 11:7–12)*.

Ku Mukono guli, "abatume abasinga obwatiikirivu" (kino kisinga kuba nga kyali kisonga ku bayigiriza ab'obulimba eky'ennaku) bageraageranyizibwa ku musota ogwalimbalimba Kaawa *(2 Kol. 11:3)*. Okufaananako Setaani mu Lusuku Adeni, abayigiriza ab'obulimba mu Kkolinso ebibamanyiddwako bye bino; bulimba na kwonoona *(2 Kol. 11:3, 4)*. Ensonga ya Pawulo esinga obukulu yali nti baali basobola okukyamya Abakkolinso ne bava mu kwewaayo kwabwe okwesimbu awamu n'okugondera Kristo.

Ba byereeta bano baabuuliranga obubaka obw'enjawulo okuva kw'obwo Pawulo bwe yabuulira—Yesu ow'enjawulo awamu n'enjiri *(2 Kol. 11:4)*. Kino kiraga nti ssi buli muntu abuulira Yesu nti yayitibwa Katonda ng'ekikozesebwa kye. Mu ngeri eyo, Yesu kennyini yayogera nti, " '21 Buli muntu aŋŋamba nti Mukama wange, Mukama wange, si y'aliyingira mu bwakabaka obw'omu ggulu, wabula akola Kitange ali mu ggulu by'ayagala' " *(Mat. 7:21)*. Mu Baggalatiya 1:6–9, Pawulo agamba nti buli abuulira enjiri ey'enjawulo yeereetako ekikolimo, kyokka eky'ennaku, abamu mu Kkolinso baaguminkiriza obukyamu obw'engeri eno.

Pawulo ayanika abatume ab'obulimba ng'ayogera nti bano "13 bakozi ab'obukuusa, abeefaananya ng'abatume ba Kristo" *(2 Kol. 11:13)*. Beeraga okuba abatume ba Kristo, mu ngeri ddala nga bwe kiri nti "ne Setaani yeefaananya aga malayika ow'omusana" era "n'abaweereza be bwe beefaananya ng'abaweereza ab'obutuukirivu" *(2 Kol. 11:14, 15)*. Laba embeera ey'akatyabaga ng'eyo: abaweereza ba Kristo abaatufu nga bakola ng'ababaka ba Setaani. Pawulo awunzika agamba nti bano "enkomerero yaabwe eribeera ng'ebikolwa byabwe" *(2 Kol. 11:15)*.

Tunula ku ngeri gy'ayanukulamu n'amaanyi eri obubi obwali mu kkanisa! Ekyo kigwanye kwogera ki gye tuli naffe?

## Okubonaabona olw'Okubeera Enjiri

Oluvannyuma lw'okwanika abayigiriza ab'obulimba ng'ababaka ba Setaani *(2 Kol. 11:1–15)*, Pawulo kaakano "azannya" akazannyo kaabwe nga yeenyumirizaamu akatontono nga omusiru bwe yandikoze *(2 Kol. 11:16–21)* Abakkolinso balyoke basobole okulaba nga bwe kitaalimu makulu okussaayo amatu gaabwe eri okwogera kw'abayigiriza ab'obulimba. Bwe baba nga Abakkolinso bano baali babatwalira waggulu nnyo, nga babassaamu ekitiibwa, Pawulo yali yeetaaga ekisingirawo ddala. Okubonaabona kwe olw'okubeera enjiri kulaga nti ono yali muweereza wa Kristo omwesigwa *(2 Kol. 11:22, 23)*.

**Soma 2 Bakkolinso 11:22–28. Nsonga ki gy'aggyayo wano?**

---

Wadde nga ebyogera ku Pawulo eby'Ekiyudaaya bifaananira ddala n'ebyo eby'abayigiriza ab'obulimba *(2 Kol. 11:22)*, obuweereza bwe businga ddala obwabwe *(2 Kol. 11:23)*. "[23]Bo baweereza ba Kristo?" abuuza. Eky'okuddamu kiri nti "Nze mbasinga." Okukola kwe kwa muyiika okusinga okwabwe; okusibibwa kwe, kwa buli kaseera; okuyisibwako omutaka w'embuya kwali kukakali okusinga okwabwe.

Naye kino ssi kye byonna. Olukalala lw'ebibonoobono bye era luliko enfunda ttaano mwe yaweweenyulirwa embooko amakumi asatu mu mwenda *(2 Kol. 11:24)*, okukubibwa ebikoba, okukasuukirirwa amayinja, eryato okwabika, omuteeru mu mazzi ag'obuziba *(2 Kol. 11:25)*, emitawaana mu ngendo ze, obutyabaga mu migga, obwerinde okuva mu banyazi, obubi okuva mu bannansi banne, obubi okuva mu bannaggwanga, akabi okuva mu bibuga, obutyabaga mu byalo, obuzibu mu buziba bw'ennyanja, obubi okuva mu bakkiriza ab'obulimba *(2 Kol. 11:26)*, okukola ennyo okw'okwekaka, okutakabana ennyo, ebiro eby'obuteebaka, enjala, enkalamata, emmere okubeera ey'ekkekwa, empewo, okuyita obute *(2 Kol. 11:27)*. Gy'obeera ebyo byali tebimala, ono era yalina n'okukwasaganya obulumi bwe yali nabwo ku mutwe olw'okweraliikirira kwe okw'ebuziba eri amakanisa *(2 Kol. 11:28)*.

Omuweereza wa Kristo omutuufu ye yekka asobola okubeera omweteefuteefu okubonaabona bw'ati olw'enjiri. Pawulo mu butuufu aba kwenyumiriza mu kubonaabona kwe, yandibadde na bingi eby'okwogera. Wabula, akanyomero k'ebbaluwa eno akaddako kalaga nti ensonga y'okwenyumiriza kwe yali yeesigamizibwa ssi kw'ekyo kye yakola ku lwa Kristo, wabula kw'ekyo Kristo kye yamukolera ye. Pawulo yali amanyi nti amaanyi ga Katonda gasinga kwolesebwa mu bunafu bwaffe *(2 Kol. 12:9, 10)*. Mu kumuwa eriggwa mu nnyama ye *(2 Kol. 12:7)*, Katonda yakuuma Pawulo obuteenyumiriza nnyo mu buwanguzi bwe nga ye. Kino kyamukuumanga nga muwombeefu, ng'amanyi obunafu bwe we buli, nga yeesigamye ku maanyi ga Katonda, era ne mu mbeera y'okufuna ekisa kya Katonda ekisingawo awamu n'okusaasira kwe.

**Naawe wali obonyeebonyeeko olw'okubeera enjiri? Kiki kye wayiga okuva mu bino ebyakubaako? Engeri Pawulo gye yakwatamu okubonaabona kwe eyinza kukuyamba etya naawe okukola ku kukwo?**

## Omulanga eri Abateenenya

Mu 2 Bakkolinso 12:14–13:10, Pawulo ategeeza ekkanisa ku kukyala kwe okw'omulundi ogw'okusatu *(2 Kol. 12:14, 2 Kol. 13:1)*. Yali amaze okubalaga nti ssi wa kuttira ku liiso yaddr n'omu ku bano abatume ab'obulimba era yali mweteefuteefu okujja e Kkolinso nate agezeeko okuzzaawo bammemba abaali bateenenya. Mu butuufu, kino ky'ekimu ku bigendererwa bye ebikulu olw'okukyala kwe kuno. Byonna Pawulo bye yayogera ne bye yakola byali bigendererwamu kuyamba kkanisa *(2 Kol. 12:19)*.

**Soma 2 Bakkolinso 12:20, 21. Bibi ki ebyali byonoona embeera y'omwoyo ey'ekkanisa y'e Kkolinso?** ______________________

Olukangaga lw'ebibi mu 2 Bakkolinso 12:20, 21 lufaananira ddala n'endala ezisangibwa awalala mu bbaluwa za Pawulo era *(Bar. 1:29–31, Bag. 5:19–21)*. Ebibiri ebisooka birabikira ne mu 1 Bakkolinso 3:3, eyo Pawulo gy'asongera ku buggya n'entalo mu bammemba b'ekkanisa mu Kkolinso. Pawulo alina okutya nti ebintu biyinza obutabeera bya njawulo mu kiseera w'anaakyalira ogw'okusatu. Agamba, "20Kubanga ntidde, bwe ndijja, mpozzi okubasanga nga mufaanana nga bwe ssaagala, nange mmwe
muleme okunsanga nga nfaanana nga bwe mutayagala *(2 Kol. 12:20)*. Kino kitegeeza nti bano mu kifo ky'okubakolako "1olw'obukkakkamu n'obuwombeefu bwa Kristo" *(2 Kol. 10:1)*, ku luno yali "6yeeteeseteese okuwalana eggwanga ku butagonda bwonna" *(2 Kol. 10:6)*.

Ensonga ye enkulu yali nti bammemba abo baali beenyigira mu "21bugwagwa n'obwenzi n'obukaba" bandiremwa okwenenya *(2 Kol. 12:21)*. Ate era ebibi bwe bityo by'ebireeta okwawukanayawukana mu kkanisa.

Ekiddako, Pawulo amakanda agassa ku mulimu gw'okusiba kw'ekkanisa okuzzaawo oyo abeera mu kibi *(2 Kol. 13:1–4)*. Obunafu ssi nsonga ya kwewolereza olw'okubeera mu bulamu obw'ekibi. Amaanyi weegali eri abo abaagala okufuna obuwanguzi *(2 Kol. 13:4)*. Eky'amazima nti abamu mu Kkolinso baayonoonanga mu nsonga z'obwenzi, bwe bukakafu obulagira ddala nti amaanyi ga Katonda tegaali mu bulamu bwabwe. Pawulo yali ayagala beenenye era balabe ku maanyi agavaako obuwulize. Okubakangavvula ky'ekintu ekisembayo kye yandyagadde okukola. agamba, "7Era tusaba Katonda mmwe mulemenga okukola obubi.
Bwonna…wabula mmwe okukolanga obulungi…era na kino tukisaba, mmwe okutuukirira." *(2 Kol. 13:7–9)*. Laba essaala ennungi bw'etyo! Abasaba beekebere bokka na bokka balabe oba nga ddala bali mu kukkiriza.

**Soma 2 Bakkolinso 13:5. Kitegeeza ki okubeera mu kukkiriza? Oyinza kumanya otya nti kati oli mu kukkiriza?**

## Okwongera Okulowooza:

Ellen G. White, "The Laodicean Church," ku muko 125, mu *The Advent Review and Sabbath Herald, September 30, 1873.*

"Mukama atadde obukuumi ku bantu be baleme kuddamu ensobi ez'emabega. Wabaddengawo bulijjo abayigiriza ab'obulimba, abayigiriza ebintu ebikyamu n'ebikolwa ebitali bya butuukirivu, era nga bakolera ku matecka ag'obulimba mu ngeri esinga okuba ey'ekimoozo, ey'obulimba, bafubye nnyo okulimba, era lwe kisobose, n'abalonde ba Mukama bennyini."—Ellen G. White, mu *The Advent Review and Sabbath Herald, January 7, 1904.*

"Mukama yagera nti okuteesa kwaffe kujja kugezesebwa, tulyoke tulabe obwetaavu bw'okwekebera munda okulaba oba nga tuli mu kukkiriza oba nedda. Bangi abeeyogerako nga abakkiriza amazima batebenkedde mu kwanguyirwa, nga bagamba, "Ndi mugagga, nfunye ebirungi bingi, era siriiko kye mbulako."—Ellen G. White, *Counsels to Writers and Editors*, omuko 36.

"Abantu bagumiinkiriza ensobi, so nga amazima geeyoleka bulungi; era singa nno basobola okuleeta ebiyigirizibwa byabwe eri Ekigambo kya Katonda, so ne batakisoma nga basinziira ku njigiriza zaabwe bbo, okulaba oba nga endowooza zaabwe ntuufu, tebanditambulidde mu kizikiza n'obuzibe bw'amaaso, oba ne basanyukira ensobi. Bangi bawa ebigambo by'omu Byawandiikibwa amakulu agagya mu biteeso byabwe, era ne beewabya ng'eno bwe balimba n'abalala olw'entaputa zaabwe enkyamu ez'Ekigambo kya Katonda. Nga tugenderera okuyiga Ekigambo kya Katonda, tuteekwa okukikola n'emitima emiwombeefu. Okwerowoozaako kwonna n'okwagala kwonna bigwanye bissibwe ebbali. Enteesateesa ezimaze ebbanga eggwanvu nga zisuutibwa ziteekeddwa obutassibwako birowoozo era bireme kutunuulirwa nga ebitasobezebwa."—Ellen G. White, *Counsels to Writers and Editors*, emiko 36, 37.


**Ebibuuzo eby'Okukubaganyaako Ebirowoozo:**

**1. Soma 2 Bakkolinso 10:1–6 nate. Enteekateeka za Pawulo Okulwana "entalo" ez'omwoyo olw'amazima ga Katonda ze ziri wa, era tuyinza kuzikozesa tutya mu ntalo zaffe naffe [ez'omwoyo]?**

**2. Bayibuli egamba nti nga enkomerero tennajja, abayigiriza ab'obulimba bangi ba kugezaako okusendasenda abantu okuva ku mazima. Ekkanisa y'omu kitundu kyo eyinza kukola ki okuziyiza bammemba baayo obutadyekebwadyekebwa abayigiriza abakyamu abayinza n'okubeera mu kkanisa munda? Lwaki kino kikulu nnyo olw'okutuukiriza omulimu gw'ekkanisa?**

**3. Lwaki Pawulo yalaba nga kyetaagisa okwenyumiriza mu lukangaga lw'ebibonoobono oluwanvu lutyo** *(2 Kol. 11:16–33)*? **N'ekirala, kitegeeza ki "okwenyumiriza mu Mukama"?**

**4. Lwaki kikulu nnyo bammemba b'ekkanisa okwekeberakebera okusobola okulaba oba nga bali mu kukkiriza** *(2 Kol. 13:5)?* **Njawulo ki gye kikola?**



# Ekisa, Okwagala, *n'*Okukuuŋaana

Ssabbiiti olw'Eggulo

**Soma olw'Eky'okuyiga kya Wiiki Eno:** *2 Kol. 8:9; Bar. 16:20; 1 Yok. 4:8–11; 2 Kol. 13:11; Baf. 2:1, 2; Bag. 4:4–6.*

**Olunyiriri olw'Okujjukira:** "[14]Ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo, n'okwagala kwa Katonda, n'okusseekimu okw'Omwoyo Omutukuvu, bibeerenga nammwe mwenna" *(2 Bakkolinso 13:14).*

Pawulo afundikira 2 Bakkolinso ng'addamu okukkaatiriza ebintu ebikulu mu bbaluwa ze. Kino akikola kuyita mu biragiro bitaano *(2 Kol. 13:11).*

Ekiragiro ekisooka, "[11]musanyusibwe," kijjukiza ennyiriri ezaasooka mu bbaluwa zino.

Ekiragiro eky'okubiri, "Mutuukirire," kivvuunula ekigambo eky'omu Luyonaani (*katartizô*), ekirabikira wano ne mu 1 Bakkolinso 1:10.

Eky'okusatu, "Muzzeŋŋanemu amaanyi," kizza bupya 2 Bakkolisno 1:3–7. Pawulo atandika era n'afundikira ebbaluwa ye ey'okubiri n'okuzzaamu amaanyi. Tufuna okuzzibwamu amaanyi kwa Katonda okusobola okuzzaamu abalala amaanyi *(2 Kol. 1:4, 6).*

Ebiragiro eky'okuna n'eky'okutano, "mulowooze bumu; mubeere n'emirembe" *(2 Kol. 13:11)*, byo bikubiriza bumu. Embeera eno ey'okusanyuka, okutuukirira n'okuzzibwamu amaanyi, obumu n'emirembe y'embeera ey'okubeerawo kwa Katonda. "Katonda ow'okwagala n'emirembe" *(2 Kol. 13:11).* Kiva mu mirimu gya Katonda waffe ali mu busatu mu mitima gy'abantu *(2 Kol. 13:14).*

Ekisa, okwagala, n'okukuuŋaana biva mu kukola kwa Katonda nnabasatwe ku lwaffe. Ebintu bino ebisatu Ebikristaayo bisobozesa embeera ejjudde okubeerawo kwa Katonda okubukala.

**Yiga eky'okuyiga kya wiiki eno weetegekere Ssabbiiti nga Mutunda 26.*

## Ekisa kya Yesu

Kinyuma okumanya nti ku nkomerero ya 2 Bakkolinso, tulaba okusonga okukolebwa ku kisa kya Yesu, era nga bwe guli ku ntandikwa *(2 Kol. 1:2, 2 Kol. 13:14)*. Pawulo atandika era n'afundikira ebbaluwa ye n'okusonga ku kisa. Nga bwe twalaba ku ntandikwa ya *kwota* eno, yali tasobola kulekera awo kulowooza na kwogera ku Yesu.

"[9]Kubanga mutegeera ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo, nti bwe yali omugagga, naye n'afuuka omwavu ku lwammwe, obwavu bwe bulyoke bubagaggawaze mmwe" *(2 Kol. 8:9)*.

Nga kyegombesa era nga kisikiriza-ekisa kya Yesu. Yaleka obugagga bwe obw'omu ggulu n'abeera omwavu. Yatambula ku nguudo z'e Ggaliraaya ow'edda ezaali zijjudde akafuufu. "[8]Ne yeetoowaza,
nga muwulize okutuusa okufa, era okufa okw'oku musaalaba" *(Baf. 2:8)*. Kino yakikola okulaba nga ffe "tugaggawala," kweggamba, ffe okufuna akakisa ak'okubeera naye mu ggulu. Kizibu nnyo gye tuli, abamanyi ensi ey'ekibi yokka, awamu n'okufa awamu ko n'okubonaabona, okutandika yadddc okufumintiriza kye kyategeeza eri Yesu okuba nti yalekayo empya z'omu ggulu ye okusobola okujja wano atuweereyo obulamu bwe ku lwaffe.

**Soma Baruumi 16:20, Baggalatiya 6:18, Bafiripi 4:23, ne 1 Basessaloniika 5:28. Kuyigiriza ki okukulu kw'olaba mu bitundu bino?**

---

Pawulo asonga ku kisa kya Yesu emirundi mingi mu bbaluwa ze. Okugeza; "[15]N'ekirabo kya Yesu Kristo kyasukkirira okubuna abangi" *(Bar. 5:15)*. Abo abafuna omuyiika guno ogw'ekisa "[17]...balifugira mu bulamu ku bw'oyo omu Yesu Kristo" *(Bar. 5:17)*. Nga bwe kirabika mu 2 Bakkolinso, Pawulo atandika era n'afundikira n'ebbaluwa endala zonna ng'akoona ku kisa kya Yesu *(Bar. 1:7, Bar. 16:20, 1 Kol. 1:3, 1 Kol. 16:23, Bag. 1:3, Bag. 6:18, Baf. 1:2, Baf 4:23)*. Omulamwa guno gwefuga ebirowoozo bye, era bw'atyo yali ayagala abijjuze n'ebirowoozo by'Abakkolinso nabo.

Kuno kwe kwali okwagala kwe eri amakanisa gonna. Weetegereze ky'agamba Abefeeso: "[24]Ekisa kibeerenga n'abo bonna abaagala
Mukama waffe Yesu Kristo" *(Bef. 6:24)*. Yanditwagalizza okwagala Yesu okukkako wansi w'awo, okwagala okuteewaayo? Mazima nedda. Ndaba era, okwagala kwe kwali ku kisa kya Yesu "[15]kweyongera
olw'abangi" *(2 Kol. 4:15)* era kubeere nga kubamala mu ngeri y'emu nga bwe kyali gy'ali *(2 Kol. 12:9)*.

**Lowooza ku kisa kya Katonda gy'oli. Kiki ky'ogwanira olw'ebintu by'oyogera era by'okola? Wabula, kiki ekisa kya Katonda kye kikuwa mu kifo kyabyo?**

## Okwagala kwa Katonda

"[14]Ekisa kya Mukama waffe Yesu Kristo, n'okwagala kwa Katonda, n'okusseekimu okw'Omwoyo Omutukuvu, bibeerenga nammwe mwenna. Amiina" *(2 Kol. 13:14)*. Ng'akozesa olunyiriri luno, Pawulo afundikira ebbaluwa ye ey'okubiri. Weetegereze nti amenya abantu basatu ab'obwakatonda mu mutendera guno—Omwana, Taata, ne Mwoyo Mutukuvu. Kuyita mu mulimu gwa bonna abasatu bwe tusobola okutegeera mu ngeri esingako obulungi Katonda bw'afaanana n'ekyo kye yatukolera.

**Soma Yokaana 3:16, 17; Baruumi 8:37–39; ne 1 Yokaana 4:8–11. Ebitundu bino bitugamba ki ku kwagala kwa Katonda?** ____________

Yokaana Esooka 4:8 wagamba nti "Katonda Kwagala." Okwagala kintu kikulu nnyo ku Katonda. Yokaana akkaatiriza nti tuyinza okumanya okwagala mu ky'okuba nti Katonda yawaayo Omwana we Omu yekka atufiirire *(Yok. 3:16)*. Katonda yasindika Yesu ku mulimu ogw'okununula *(Yok. 3:17)*, era kino kyali kitundu ku *puloojekiti* y'obununuzi *(Bik. 3:20, 21; 1 Yok. 4:10, 14)*. Yesu yasonganga ku Kitaawe emirundi nkumu mu Njiri zonna nti y'eyamutuma *(Mat. 10:40, Makko 9:37)*.

Mu bigambo ebikulu ddala, Pawulo agamba, "[8]Naye Katonda atendereza okwagala kwe ye gye tuli, kubanga bwe twali nga tukyalina ebibi Kristo n'atufiirira" *(Bar. 5:8)*. Tusobola okuloza ku kwagala kwa Katonda mu nkolagana empoomerevu ebeera wakati w'omwami n'omukyala we, awamu ne wakati w'abazadde n'abaana baabwe mu butonde. Mu ngeri eyo, Ellen G. White agamba, "'Katonda kwagala' kiwandiikiddwa ku buli kawakatirwa, ku buli mutunsi gwa lusubi olufubutuka mu ttaka. Ebinyonyi ebirabika obulungi bijjuza olubaale n'amaloboozi g'ennyimba amalungi, ebimuli ebiwundiddwa mu bwegendereza mu kutuukirira kwabyo bikuba akawoowo mu bbanga, emiti gy'omu kibira emiwanvu emigoogofu n'amakoola gaagyo aga kiragala omulamu—byonna bijulira okufaayo kwa Taata okugonvu era n'okwegomba kwe okusanyusa abaana be."—*Steps to Christ*, omuko 10.

Wabula, tewali na kimu ku bino kisinga kya Katonda okuwaayo Yesu abeere ssaddaaka olw'ebibi byaffe. Bwe tutegeera nti Katonda yatwagala nnyo okutuuka ne ku ddala ery'okutuma Yesu aweeyo obulamu bwe ku lwaffe, okwanukula kwaffe bubeera bweteefuteefu nga "[16]…naffe kitugwanira okuwangayo obulamu bwaffe ku lw'ab'oluganda" *(1 Yok. 3:16)*.

Pawulo yali ayagala Abakkolinso okubeera obumu. Wabula, awatali kwagala, tewabaawo bumu. Ky'ekyo lwaki yabayigiriza nti "okwagala kuzimba" *(1 Kol. 8:1)* era nti awatali kwagala, buli kintu tekibeera na mugaso era kiba kikalu *(1 Kol. 13:1–3)*. Kale, byonna bye tukola biteekeddwa kukolebwa mu kwagala *(1 Kol. 16:14)*, okwagala okwongezaayo obwongeza okwagala kwa Katonda.

**Kiki kye twandifiiriddwa mu njiri Yesu kennyini taba kubeera nga mu bujjuvu ate olubeerera ye Katonda?**

## Katonda ow'Okwagala

Mu nsi enkaafiiri ey'edda, abantu tebakkirizanga nti bakatonda baalinga baagala abantu. Bakatonda baabanga ba mutawaana era nga bakambwe, era nga bateekeddwa okusanyusibwa. Ensonga ya Katonda ow'okwagala, nga bwe tulaba mu Bayibuli, lwali lufumo. Wadde nga ebigambo bino byali byewuunyisa mu kiseera kye, Pawulo ayogera ku Katonda waffe nga "Katonda w'okwagala n'emirembe" *(2 Kol. 13:11)*.

**Soma 2 Bakkolinso 13:11. Oyinza kuggya otya essuubi mu ekyo ekyogerebwa wano? Oyinza kulaba otya mu ngeri esingako obulungi ekyo olunyiriri luno kye luyigiriza?** ____________________

Ebigambo "Katonda w'okwagala n'emirembe" bisobola okutaputibwa mu ngeri bbiri ez'enjawulo. Ku Mukono ogumu, Katonda alabibwa nga ensibuko y'okwagala n'emirembe. Ku Mukono omulala, Katonda ayogerwako kwagala na mirembe. Wabula, tekyetaagisa okusalawo wakati w'ebibiri. Kubanga okwagala n'emirembe by'ebintu ebikwata ku Katonda mu kikula kye kyennyini, Atuwa okwagala awamu n'emirembe.

Awalala, Pawulo asonga ku Katonda nga "Katonda w'okugumiikiriza n'okusanyusa" *(Bar. 15:5)*; "ow'essuubi" *(Bar. 15:13)*; "ow'emirembe" *(Bar. 15:33, Bar. 16:20, 1 Kol. 14:33, Baf. 4:9, 1 Basess. 5:23)*, "Kitaawe w'okusaasira" *(2 Kol. 1:3)*, ne "Katonda w'okusanyusa kwonna" *(2 Kol. 1:3)*. Katonda y'ensibuko y'emikisa gino gyonna. Agituwa gyonna olw'okwagala kwe okutakoma.

N'ekirala, wadde nga ebigambo "Katonda ow'emirembe" biringa ebirabika ennyo mu Bayibuli, ebigambo "Katonda ow'okwagala" birabikira wano wokka *(2 Kol. 13:11)*, era, bwe kityo, bigwana okufumintiriza kwaffe okw'essimba.

Nga abatapusi abangi bwe bakiggyeeyo, okusonga kwa Pawulo ku Katonda ow'okwagala ennyiriri entonotono emabegako okukulembera okusaba kw'obwakatonda obusatu mu 2 Bakkolinso 13:14 kulinga okugamba nti alowooza ku Katonda ng'abantu abasatu. "Newankubadde akozesa ekigambo 'Katonda' wano ng'omu ku basatu, okutegeera kwe Yesu ne Mwoyo awalala mu bbaluwa ze . . . kutuwaliriza okulaba ebigambo bino ebirambirira ng'ebyogera ku Katonda omu oyo ekkanisa eyasookera ddala gwe yajja n'eraba mu kikula eky'engeri essatu. Kyatwala ebbanga erisukka ku kyasa ekiramba abayizi b'eddiini . . . ne balyoka batandika okukozesa ebigambo 'obusatu' ng'engeri ey'obufunze ey'okuggyayo ekyo Pawulo ky'amaze okunnyonnyola."—Tom Wright, *Paul for Everyone: 2 Corinthians* (London: Society for Promoting Christian Knowledge, 2004), omuko 148.

Tukkiririza mu Katonda omu, obumu bw'abantu abasatu ababeera abalamu emirembe gyonna mu nkolagana ey'okwagala. Katonda ono ow'obusatu atwagala era atukoowoola naffe okwagalananga mu ngeri eggyayo okwagala okuli wakati waabwe bonsatule.

## Okussa Ekimu okwa Mwoyo Mutukuvu

Ekisa kya Yesu ssi kyokka nti kitubikkulira okwagala kwa Katonda gye tuli, wabula era kuleeta n'okussa ekimu okwa Mwoyo Mutukuvu ng'ekintu ekirala ekiva mu kwagala okwo. Mu kiseera ky'ekimu, okussa ekimu kusibuka mu kwagala kwa Katonda. Era ekyo kiri kityo kubanga awatali kwagala, tewabeerawo kussa kimu. Nga Pawulo bw'awandiika: "'Kale oba nga waliwo okukubagiza kwonna mu Kristo, oba ng'okusanyusa kwonna okw'okwagala, oba ng'okussa ekimu kwonna okw'Omwoyo, oba ng'okusaasira n'ekisa, 'mutuukirize essanyu lyange mulowoozenga bumu, nga mulina okwagala kumu, omwoyo gumu nga mulowooza bumu" *(Baf. 2:1, 2)*.

Abantu abamu bagamba nti Omwoyo Omutukuvu maanyi bwanyi oba ekintu ekikuleetera okukola ekirala, naye ekyo tekisoboka kubeera kituufu. Ye ate, Pawulo lwaki yandyogedde ku bantu babiri—Kitaffe n'Omwana—n'agattako "amaanyi" obwanyi mu ntobeka y'obusatu? Ekyo tekyandikoze makulu gonna. Era nga Taata n'Omwana bwe balagibwa mu'nkolagana ey'obuntu *(2 Kol. 1:3, 2 Kol. 11:31)*, enkolagana ya Mwoyo awamu n'abantu etuleeta eri okufundikira nti ddala naye muntu *(Rom. 8:15, 16; laba ne Yok. 14:16, 17, 26; Yok. 15:26)*.

Ebigambo "okussa ekimu okwa Mwoyo..." *(Baf. 2:1)* biyinza okutegeerwa mu ngeri bbiri. Biyinza okutegeeza okukuuŋaana ne bannaffe okutuweebwa Omwoyo, oba okukuuŋaana ne Mwoyo kennyini. Abatapusi ba Bayibuli bangi bagamba nti bino ebibiri tebyawukana. Ndaba era, okutabagana ne bannaffe ky'ekiva mu kutabagana ne Mwoyo Mutukuvu.

**Soma 1 Bakkolinso 2:10, 11; 1 Bakkolinso 3:16; 1 Bakkolinso 12:11; ne 2 Bakkolinso 3:6, 17. Kiki Pawulo kye yayigiriza Abakkolinso ekikwata ku Mwoyo?** ______________________________

Pawulo alina bingi by'ayogera ku mulimu gwa Mwoyo. Mu 1 ne 2 Bakkolinso, waliwo ebisonga ebisoba mu makumi ana ku Mwoyo Mutukuvu. Omwoyo Omutukuvu agasa ekkanisa *(1 Kol. 14:12)* nga asobozesa abantu okukola omulimu *(1 Kol. 2:4, 5)*, atubikkulira ebyama bya Katonda eby'ebuziba *(1 Kol. 2:10, 11)* era n'abituyigiriza *(1 Kol. 2:13)*, atuula mu ffe *(1 Kol. 3:16, 1 Kol. 6:19)*, akolera wamu ne Kristo olw'okutuweesa obutuukirivu *(1 Kol. 6:11)*, assisaako ebirabo eby'omwoyo ku kkanisa *(1 Bakkolinso 12–14)*, atusibako envumbo olw'obulokozi *(2 Kol. 1:22)*, ateeka amateeka mu mitima gy'abantu *(2 Kol. 3:3)*, era n'awa obulamu obuggya mu Kristo *(2 Kol. 3:6)* awamu n'emirembe okuva mu kibi *(2 Kol. 3:17)*. Ebya ddala, tetuyinza kubeera balamu awatali Mwoyo Mutukuvu.

**Lwaki okutegeera obwakatonda bwa Mwoyo Mutukuvu kikulu nnyo olw'okutegeerera ddala okwagala kwa Katonda gye tuli?**

## Katonda Waffe Nnabasatwe

Ng'osoma 2 Bakkolinso 13:14, oyinza okulowooza nti Kristo yekka y'alina ekisa, Katonda [Taata] ye yekka alina okwagala, era nti ne Mwoyo Mutukuvu y'ensibuko yokka ey'okussa ekimu, naye kino kiba kikyamu nnyo.

**Soma 1 Bakkolinso 1:3, 4, 9; 1 Bakkolinso 10:16; 2 Bakkolinso 1:2, 12; Baruumi 8:35; Baruumi 15:30; Baggalatiya 2:20; ne Bafeeso 3:19. Ebitundu bino byogera ki ku kuteeka okwagala awamu n'okussa ekimu ng'obikwataganya ne bammemba abakola Obusatu?**

---

Taata, Omwana, ne Mwoyo Mutukuvu bakolera wamu olw'okulokolebwa kwaffe. Ekisa, okwagala, n'okussa ekimu tebiva mu omu yekka wabula mu bonna, bonsatule. Kyokka nga buli omu ku bo alinayo emirimu emitongole mu byafaayo by'obununuzi. Pawulo ekyo akimanyi era akkaatiriza enjigiriza eno mu bbaluwa ze. Okugeza, enteekateeka y'obulokozi ebuulirwa mu bigambo ebirondeddwa mu bwegendereza mu Baggalatiya 4:4–6, awamu n'okukola kwa bammemba abasatu bonna abakola obwakatonda. Katonda Kitaffe yatuma Yesu, ekitegeeza nti Taata y'eyasibukako enteekateeka eyo *(Bag. 4:4)*. Omwana ono n'azaalibwa omukazi *(Bag. 4:4)*, ekisonga ku Katonda okujja ng'omuntu, era kisonga ku kutuukirizibwa kw'ekisuubizo eky'edda *(Lub. 3:15)*. Omwana yatununula era n'atukomyawo mu nkolagana entuufu ne Taata, oyo Setaani gwe yawanda ebigambo mu kamwa *(Lub. 3:5)*. Ne Mwoyo Mutukuvu y'atukkirizisa okuyitibwa abaana ba Katonda *(Bag. 4:6)*.

Waliyo okusonga okulala kungi okukolebwa ku Busatu mu bbaluwa za Pawulo. Bonsatule bakolera wamu, nga basobozesa ekkanisa okukola omulimu *(1 Kol. 12:4–6)*, batuwa amaanyi ag'omwoyo *(Bef. 3:14–19)*, era ne batuwa obumu obw'essimba mu bammemba b'ekkanisa, obwo obulaga obumu obulamba bammemba b'obwakatonda obusatu *(Bef. 4:4–6)*. Mu kutegeera kwa Pawulo, ssi kyokka nti Katonda ali mu busatu, naye era nti abantu bano bonsatule bakolera wamu olw'okulokolebwa kwaffe *(Bef. 1:3, 13, 14)*. Mu Befeeso, Pawulo yeeyongerayo n'akyogera nti tuteekeddwa okujjuzibwa obujjuvu bwa Kitaffe *(Bef. 3:19)*, Omwana *(Bef. 4:13)*, awamu ne Mwoyo Mutukuvu *(Bef. 5:18)*.

Mu kufundikira ebbaluwa eno eri Abakkolinso *(2 Kol. 13:14)*, Pawulo yali tayinza kufunayo ngeri ndala nnyuvu kusinga eno nti bano abasatu, bannyini ggulu, ba kubeera naffe kaakano ne mu biseera byonna eby'omu maaso.

**Okusseekimu mu bammemba b'ekkanisa kusaanye kulage kutya enkolagana ey'okwagala eri mu bwakatonda obusatu?**

## Okwongera Okulowooza:

Ellen G. White, " 'Let Not Your Heart Be Troubled,' " emiko 662–680, mu *The Desire of Ages*.

"Ekisa kya Yesu Kristo kyokka ky'ekisobola okukyusa omutima ogw'ejjinja ne gufuuka ogw'ennyama, era ne kigubeesa omulamu eri Katonda. . . . abantu tebalina buyinza kusonyiyisa Mwoyo, okutukuza omutima. Endwadde ey'empisa teyinza kuwonyezebwa okuggyako nga Omusawo Omukulu y'agijjanjabye. Ekirabo ky'eggulu ekisinga obukulu, oyo eyazaalibwa Kitaffe yekka, ajjudde ekisa n'amazima, ye yekka asobola okununula ekyo ekyabula."—Ellen G. White, mu *The Signs of the Times, May 2, 1892.*

" 'Katonda kwagala.' 1 Yok. 4:16. Ekikula kye, Amateeka ge, kwagala. Bwe kityo bwe kibaddenga bulijjo; era bwe kiriba emirembe gyonna. '[15]Oyo ali waggulu omugulumivu atuula mu butaliggwaawo,' oyo 'engeri ze ezibeerera emirembe gyonna,' takyukakyuka. Awali ye 'tewali kusagaasagana, yadde ekisiikirize ky'okukyamizibwa.' Isaaya 57:15; Kaabakuuku 3:6; Yakobo 1:17. Buli njolesa y'amaanyi amatonzi y'enjolesa y'okwagala okutakoma. Obusukkulumu bwa Katonda buzingiramu obujjuvu bw'emikisa eri ebitonde byonna ebyatondebwa. . . . Ebyafaayo by'olutalo olunene wakati w'obulungi n'obubi, okuviira ddala mu kiseera we bwatandikira okutuuka ku kuwangulwa okw'enkomerero okw'okujeema era n'okuwerera ddala ekibi, era kwe kwolesa kw'okwagala kwa Katonda okutakyuka."—Ellen G. White, *Patriarchs and Prophets,* omuko 33.

"Twetaaga okutegeera nti Omwoyo Omutukuvu . . . muntu era nga Katonda bw'ali omuntu. . . . Omwoyo Omutukuvu alina ekikula ky'obuntu, bwe kitaba kityo teyandibadde ng'asobola okujulira eri emyoyo gyaffe era awamu n'emyoyo gyaffe nti ddala tuli baana ba Katonda. Ono era ateekeddwa okubeera omuntu omutukuvu, ekitali ekyo teyandisobodde kunoonya ebyama ebikwekeddwa mu birowoozo bya Katonda."—Ellen G. White, *The Faith I Live By,* omuko 52.

"Waliwo abantu basatu abalamu ab'obusatu bw'eggulu; mu linnya ly'amaanyi ab'obuyinza bano abasatu—Taata, Omwana, ne Mwoyo Mutukuvu—abo abasembeza Kristo n'okukkiriza okulamu babatizibwa, era bano bakolaganira wamu n'abaddu baabwe abawulize mu kufuba kwabwe okubeera mu bulamu obuggya mu Kristo."—Ellen G. White, *Evangelism, omuko* 615.

**Ebibuuzo eby'Okukubaganyaako Ebirowoozo:**

**1. Oluyimba olw'Ekikristaayo olumanyiddwa ennyo luliko omutwe "*Amazing Grace—Ekisa Ekyewuunyisa.*" Kiki ekyewuunyisa ku kisa kya Yesu?**

**2. Endaga ennungi ey'okwagala kwa Katonda esobola okusangibwa mu lugero lw'omwana Omusaasaanya. Tumanya tutya Taata mu lugero luno nti yali mwagazi?**

**3. Amakanisa ag'omu bitundu gayinza gatya okulaga nti "okusseekimu okwa Mwoyo" mazima kubeerawo nga kwa ddala?**




# Ettendo

## THE ONLY ADVENTIST WORLDWIDE MUSIC & RESOURCES PLATFORM

- Adventist World Choirs' Music
- Spanish Mp3 Hymns
- English Mp3 Hymns
- Luganda Mp3 Hymns
- Swahili Mp3 Hymns
- Instrumental Mp3 Hymns
- Kinyarwanda Mp3 Hymns
- Adventist Books
- Shona Mp3 Hymns
- Adventist Church Locations

www.ettendo.org

Music | Sermons | Seminars | Books | Events | News

A Collection Of All Seventh-day Adventist® Content